



لیکی کی دعوت (Luganda)

Faizan-e-Sunnat Vol.2



Okukowoola eri Obulongoofu



Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila
Muhammad Ilyas
Attar Qadiri Razavi دامت برحمتهما المشائخ

نیکی کی دعوَت

Nayki ki Da'wat

OKUKOWOOLA ERI OBULONGOOFU

Shaykh-e-Tareeqat, Ameer-e-Ahl-e-Sunnat,
Founder of Dawat-e-Islami, 'Allamah Maulana Abu Bilal

Muhammad Ilyas Attar
Qaadiri Razavi

دامت برکاتہمُ العالیہ



Translated into Luganda by
Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Okukowoola eri Obulongoofu

Enzivvuunula mu Luganda eya 'Nayki ki Da'wat'



ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2016 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, stored in a retrieval system or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

1st Publication: Rabi'-ul-Awwal, 1438 AH (December, 2016)

Translated by: Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Publisher: Maktaba-tul-Madinah

ISBN: -

Quantity: -

SPONSORSHIP

Please feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or a booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah – Mahallah Saudagran, Purani Sabzi Mandi,
Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **E-mail:** maktabaglobal@dawateislami.net – maktaba@dawateislami.net

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93

💻 **Web:** www.dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعُلَمٰءِ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye:

اللّٰهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

Okuvvuunula

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma!

(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)

N.B: Saalira Nabbi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَلَمِيْنَ وَالصَّلوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطِنِ الرَّجِيمِ ۝
بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ ۝

Entaandikwa

Rasul Amnyiddwa ennyo era Ow'ekitiibwa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Ku lunaku lw'enkomerero, [abantu ba] Ummah yange bajja kubaera bangi okusinga aba ba Nabbi abalala bona.’ (*Sahih Muslim, pp. 128, Hadees 331*)

Ng'annyonyola Hadees eno, omunnyonyozi omukkenkufu amnyiddwa ennyo Mufti Ahmad Yar Khan صَحَّحَهُ اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ yagamba: Wajja kubaawo ennyiriri 120 ez'abantu b'omu Jannah ate nga 80 mu zzo zija kuva mu Ummah ya Nabbi Omwagalwa Muhammad Mustafa، صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ ate 40 zija kuva mu z'aba Nabbi abalala.

(*Jami' Tirmizi, vol. 4, pp. 245, Hadees 2555*)

Mufti ow'ekitiibwa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ yayongera nagamba, ‘Nga Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ ye kabaka w aba Nabbi bona balala، عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ Ummah ye nayo ye Kabaka wa Ummah zonna endala..

Obukadde n'obukadde obw'okwebaza budde eri Allah عَزَّوَجَلَ eyatutoonda nga tuli baantu ate natufuula abasiraamu okuva mu Ummah Nabbi we Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ. Ezimu ku nsonga ez'obunene n'obuwanguzi, ekitiibwa n'etuttumu, okusitulwa n'okuwaanibwa okwaweebwa Ummah eno ku nsi ne mu Akhirah nga kuva eri Allah kiri nti Ummah eno etuukiriza ekiragiro ekya (i.e. أَمْرٌ بِالْمَعْرُوفِ وَنَهْيٌ عَنِ الْمُنْكَرِ، عَزَّوَجَلَ okukowoola eri obulongoofu n'okuziyiza ebibi). Wano waliwo ayaa eya 110 eya Surah Aal-e-'Imran, ekitundu 4 n'enzivunnula yayo okuva ku lupapula 129 olw'ekitabo *Kanz-ul-Iman* ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Allah عَزَّوَجَلَ agamba:

كُنْتُمْ خَيْرًا أُمَّةً إِذْ جَعَلْتُ لِلنَّاسِ تَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَتَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَتُعِمَّلُونَ بِاللّٰهِ ۝

Mmwe abasing obulungi mu bibinja byonna ebyaali bajjiddwa okuva mu bantu – mulagira okukola ebirungi ate nemuziyiza ebibi era mukkiriza mu Allah.

[*Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)*] (Part 4, Surah Aal-e-'Imran, Ayah 110)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Buli musiraamu mubulirirzi – kabeera mumanyi oba tuyizi, Imam wa Masjid oba Muazzin, Murshidi oba Mureedi, omusuubuzi oba omuguzi, omukozi oba akozesa, akola mu yaafeesi oba apakasa, omufuzi oba omukopi – kabeere ng'akola mulimu ki kabeera wa ddaala ki mu bantu, alina okugenda mu maaso n'okusasaanya Sunnah, 'okukowoola eri obulongoofu' abantu bawangala nabo oba bakola nabo. Alina okulafubana okukola omulimu guno omunene ne Niyyah ennungi okusanyusa Allah ﷺ ng'akozesa obusobozi bwe bwonna bwalina mu ngeri esingayo okubeera eyawaggulu.

Eky'ennaku, abasiraamu b'ennaku zino babadde banafu nnyo mu kukola omulimu guno ogwa Madani ogwetagisibwa ennyo. Okusobola okufuala obunafu buno bufuukemu obwagazi bw'okukola ennyo, Dawat-e-Islami, ekibiina ky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekisomesa Quran ne Sunnah, emaze okutabdikawo emitenedera egikolera ddala ng'etegeka Ijtima'aat ezagazisa e Sunnah, Madani Qafilah, okulambuula ekitundu okukowoola abantu eri obulongoofu, emisomo gya Madani Tarbiyyat, emisomo gya Fard 'Uloom, Madani Channel ne Dars okuva mu *Faizan-e-Sunnat* etc. Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ, emiryango ettaano egya *Faizan-e-Sunnat*, i.e. (i) *Emikisa gya* ﴿بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ﴾ (ii) *Empisa z'obusiraamu ez'okulya* (iii) *Obulungi bw'enjala* (iv) *Emikisa gya Ramadan* and (v) *Okugeya – kookolo w'embeera zaffe*, kati gifulumye. Mu mikono gyaffe kati mwe muli omulyango ogw'omukaaga 'Okukowoola eri obulongoofu' ogulimu obulungi n'omuwendo ogw'obunya 'okukowoola eri obulongoofu' n'obubi obw'okukireka. (Guno omulyango munene nnyo. Nnina ekigendererwa eky'okuwandiika ku misomo eg;enjawulo nga ebyafaayo by aba Nabbi ﷺ, okwewaayo okwakolebwa ba Sahaba Ab'emikisa mu 'kukowoola eri obulongoofu', 'okukowoola eri obulongoofu' nga kuyitira mu Karamah [i.e. ebyamagero by aba Wali], 'okukowoola eri obulongoofu' nga kuyita mu mabaluwa, 'okukowoola eri obulongoofu' oluvannyuma lw'okufa n'ababulirizi abavubuka etc. Okufa kuyinza okujja essaawa yonna. Nsaba Allah ﷺ atekee omukisa gwe ku Madani Majlis 'Al-Madina-tul-'Ilmiyyah era agikuume'! Kulaama kwanga nti Majlis egende mu maaso okuwandiika ku misomo egyo n'oluvannyuma lw'okufa kwange, era bagiteeke mu *Faizan-e-Sunnat*.)

Ekitabo kino kirimu aaya za Quran 125, ebigambo 249 ebya Nabbi Omutukuvu حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ, ebyafaayo ebibulirira 113, ebyafaayo bya Madani 51 nenkumi z'enkumi ez'ebimuli bya Madani ku misomo eg'yenjawulo. Ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nnina essuubi nti ekitabo kino kijja kwongera n'okukumakuma obwagazi bw'okukola omulimu gwa Madani 'ogw'okukowoola eri obulongoofu' mu b'oluganda ne bannyina abasiraamu. Tugezezzaako nnyo nga bwetusobola okujamu ensobi n'obumogo obuyinza okubeera mu kitabo kino. Ba Mufti ba 'Dar-ul-Ifta Ahl-e-Sunnat' eya Dawateislami nabo bakikebedde nebaktunuulira mu ndaba eya Shar'i. Negendereza nnyo bwekituuka ku kukola ensobi. أَكَحَدَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ, njagala nnyo ebitabo byange n'obutabo bwange wamu ne Qaswiidah zange (ebitontome) bikeberebwe abamanyi nga tebinnaba kufuluma ku lw'okutya nti ennamula enfu bwefulumizibwa abantu nebagikolerako, nnyinza okuvunaanwa ku lunaku olw'enkomerero, مَعَاهُ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ. Mwattu, tukoze kyonna kyetusobola naye okuberawo kw'ensobi tekuyinza kusulibwa kulagibwa nti tekuliiwo ddala. Nolw'ekyo, bwosangamu ensobi yonna eya Shar'i mu kitabo kino, nkusaba ontegeeze ku yyo n'ebigenererwa ebirungi, era oobeere ng'osaana okufuna empeera. Sijja kuwakana awatali kulowooza mukwetaasa wabula njakukitereeza n'okwebaza, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

Okusaba kwa 'Attar

Kusaba kwange okwa Madani eri ab'oluganda ne bannyina abasiraamu okubuulira waakiri Dars bbiri (emu gu zzo ebeere ewaka) n'ebigenererwa ebirungi eby'okusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ. Kitegeeza, okusoma ebitundu ebimu eby'ekitabo kino eri abasiraamu mu biseera bibiri eby'enjawulo. Omuntu yenna, ng'abuniddwa nasikibwa mu kuwlira Dars eyo gyowadde natandika okugoberera ekkubo kya Quran ne Sunnah, naawee ojja kufuuka muwaanguzi, نَبِيٌّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ. Nabbi Ow'ekitiibwa يَأْتِي بِهِ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ yagamba, 'Allah عَزَّوَجَلَّ bwalungamya omuntu (yadde omu bwaati) ng'ayitira mu ggwe, kino kikusingira okubeera n'engamiya emyuufu.' (*Sahih Muslim*, pp. 1311, *Hadees* 2406)

Mu kunningonyola Hadees eyo waggulu, 'Allamah Yahya Bin Sharaf Nawavi عليه رحمة الله القوي yagamba, 'Engamiya emyuufu zaali zitwaalibwa ng'ekyobugagga eky'omuwendo ennyo mu Bawarabbu, era nabwekityo zayogerwakwo wano ng;ekyokulabirako. Kino kiriwo nga kya kunningonyola; naye, amazima gali nti n'akasirikitu¹ aka Akhira etagwaawo kasinga ensi ezigwaawo yadde tezibalikika.' (*Sharh Muslim lil-Nawavi*, vol. 15, pp. 178)

¹ i.e. akaantu akato ennyo.

Du'a ya Attar

Ya Allah عَزَّوَجَلَ! Oyo yenna asoma ekitabo ‘Okukowoola eri Obulongooffu (ekitundu 1)’ okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero yakyo mu nnaku 25 nasoma oba nawuliriza Dars bbiri buli kanaku okuva mu ‘Faizan-e-Sunnat’, muwe omukisa ogw’obunyweevu mu Iman, okulaba Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa ﷺ mu kiseera kye eky’okufa, okusoma Kalimah mu kiseera kye eky’okufa, obutbenkevu mu ntaana ye ne mu kuzuukira, okusonyiyizibwa awatali kubalibwa olw’okusasira kwo, n’ekifo mu Jannat-ul-Firdaus kumpi ne Nabbi Wo Omwagalwa ﷺ. Nasaba okusaba kuno kwanukulwe eri nze, amamanyi, abakebezi n’abo bona abenyigidde nebayamba mu kukungaaya ekitabo kino, omuli ba Nigran n’abakozi ba Majlis Maktaba-tul-Madinah, n’abakozi bona aba Maktaba-tul-Madinah. Ya Allah عَزَّوَجَلَ! Sonyiwa Ummah yonna.

Hay Tujh say Du'a Rab-e-Rahmat, maqbool ho Faizan-e-Sunnat

Ghar ghar Masjid Masjid perh ker Islami bhai sunata rahay

Translation: Kusaba kwange eri Ow’ekisa Allah عَزَّوَجَلَ nti ‘Faizan-e-Sunnat’ ebuna era nti etutumuka mu nsi yonna. Abantu bagisomeremu Dars mu maka, Masajid etc..!

أَمِينٌ بِحَاجَةِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ ﷺ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ	صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ	صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ
أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ	تُوبُوا إِلَى اللَّهِ

Muhammad Ilyas Attar Qaadiri

2 Ramadan-ul-Mubarak, 1432 AH (August 3, 2011)

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
 أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطَنِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ

Ebigendererwa 23 eby'okusoma ekitabo kino

Nabbi w'abantu, Emirembe eri omutima gwaffe n'ebirowozo byaffe, asinga Obugabi n'Ekisa نَيَّةُ الْمُؤْمِنِ خَيْرٌ مِّنْ عَمَلِهِ *Ekigendererwa (Niyyah)* ky'omusiraamu kisinga ekikolwaakye. (*Al-Mu'jam-ul-Kabeer*, vol. 6, pp. 185, Hadees 5942)

Ebimuli bya Madani bibiri

Awatali kigendererwa kirungi, tewali mpeera eweebwa olw'omulimu omulungi.

Gy'okoma okubeera n'ebigendererwa ebingi ebirungi, gy'okoma okufuna empeera.

Ebigendererwa

- 1-4. Buli lw'ensoma ekitabo kino, njakutandika n'okusoma Hamd¹, Salat², Ta'awwuz³ ne Tasmiyah⁴ (Oyinza okukolera ku bigendererwa bino ebina byonna ng'osoma alunyiriri oluli mu Luwarabbu oluli waggulu w'olupapula luno).
5. Njakusoma ekitabo kino okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero okusiimibwa Allah عَزَّوجَلَ.
- 6-7. Njakezaako nnyo nga bwensobola okukisoma nga nnina Wudu⁶, nga ntunudde mu Qiblah⁷.
8. Njakutunula ku ayaa za Quran,
9. ne Ahadees ez'emikisa
10. (Nga nsoma ekitabo kino) Buli lw'ensoma ekigambo eky'emikisa 'Allah', njakugamba 'عَزَّوجَلَ',
11. era blu lw'ensoma erinnya ery'emikisa erya Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa njakusoma 'صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ'.

12. Njakuyoga ennamula za Shar'i.
13. Bwemba nga sitegeera kulamula okumu, njakwebuuuzako ku bamanyi.
14. Nga nkolera ku kubuulirira okuli mu Hadees eno: ‘عِنْدَ ذِكْرِ الصَّالِحِينَ تَزَرُّ الرَّحْمَةُ’ Okusaasira kukka wansi mu kiseera ng'abalongoofu bajjukiddwa (oba nga bpgedwaako.)’ (*Hilyat-ul-Awliya, vol. 7, pp. 335, Hadees 10750*) Njakukungula emikisa eg'yokwogera ku balongoofu nga bwembuulira abalala ebyafaayo by'abo by'abalongoofu.
15. (Mu kkopi yange) Njakusala olunyiriri wansi w'ebyo ebintu eby'amakulu n'ebyetagisibwa ennyo era njakubilabisa n'okubiraamba ne nnooti.
16. (Mu kkopi yange) Njakuwanidiikamu ebikulu ku 'lupapula lw'ebiwandiiko.'
17. Okusobola okusoma ekitabo kyonna okukimalako n'ekigendererwa ky'okufuna okumanya kw'eddiini njakusoma empepula ezimu buli kanaku era nfune empeera (ez'okufuna okumanya kw'eddiini).
18. Njakukubirirza abalala okusoma ekitabo kino.
19. N'ekigendererwa ky'okukolera ku Hadees eno: ‘تَهَادَوْا تَحَابُّوا’ *Mugabe ebirabo wakati wammwe, kijja kuleetawo okwaagala wakati wammwe.*’ (*Muwatta Imam Malik, vol. 2, pp. 407, Hadees 1731*) Njakugula (kkopi emu oba enyingi nga bwensobola ez'ekitabo kino) era nzigabire abalala.
20. Ng'ammaze okuzigabira abalala, njakubasaba okuteekawo ttageti ey;okusoma ekitabo kino okukimalako kyonna (okugeza – mu nnaku 25)
21. Njakusomesa abo abatamanyi.
22. Njakukola Isal-e-Sawab ey;okusoma ekitabo kino eri Ummah yonna.
23. Bwensanagmu ensobi yonna eya Shar'i, njakutegeeza omufulumyi wakyo ku nsobi eyo mu kuwandiika (okutegeeza omufulumyi oba omuwandiisi ng'oyogera bwogez i ebiseera ebisinga tekiyamba).

Page of Notes

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَلَمِيْنَ وَالصَّلٰوٰةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ

OKUKOWOOLA

ERI OBULONGOOFU

Ijtima' y'okusonyiyizibwa

Sayyiduna Abu Hurayrah رضي الله تعالى عنه yagamba nti Nabbi Amanyiddwa ennyo era Ow'ekitiibwa صلى الله تعالى عليه وسلم yagamba: Waliyo malayika za Allah عز وجل ezimu ezirambula, Bweziyita kumpi n'ekungana za Zikr, zegamba, 'Tuula (wano).' Abo abakola Zikr (mu lukungaana) bwebasaba e Du'a, malayika zino zigamba ﴿أَمِين﴾¹ ku Du'a yabwe. Bwebasoma Salat-'Alan-Nabi, malayika nazo zisoma Salat nabo. Bwebasasaana [i.e ngabaawukana], malayika zagamba nti waliyo amawulire amalungi eri abantu bano abesiimye ennyo kubanga baddayo nga basonyiyiziddwa. (*Jam'-ul-Jawami' lis-Suyuti, vol. 3, pp. 125, Hadees 7750*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّدٍ

Ebirungi bisatu eby'okugenda mu Masjid

شَيْخُنَّ اللّٰهِ عَزَّ وَجَلَّ! Ng'enkunga za Zikr nungi nnyo! Jjukira nti Ijtima'aat ezagazisa eSunnah, Dars and Ijtima'-e-Zikr-o-Na'at nazo zitwalibwa ng'enkungaana za Zikr. Nga besiimye nnyo abo abasiraamu abetaba mu Ijtima'aat zino ez'emikisa n'emitima gyabwe gyonna, nga bafuna omukisa gw'okusonyiyizibwa olw'okusaasira kw'obwakatonda! Naye, si nti buli omu asobola okwetaba mu Ijtima'aat zino ez'okusonyiyizibwa; aboa abesiimye bokka bebaawebwa omukisa ogwo. Nga bweguli omulimu omulungi ennyo era

¹ i.e. kyebasaba bakifune.

ogufunisa empeera okwetaba mu nkungana za Madani eza Dars n'okubulirira okubeerawo mu Masajid, Sitaani nayo egezaako nnyo okuziyiza abantu okugenda mu Masjid. Tandikawo ‘kawefube w’okujuza Masjid’ Kunga abasiraamu okugenda mu Masjid era omegge Sitaani omusiinge omufuule awanguddwa.

Sayyiduna ‘Abdur Rahman Bin Ma’qil رضي الله تعالى عنه yagamba, ‘Twawulira (okuva ku bamanyi) i.e. *Masjid lugo lwamaanyi nnyo olw’okwekuuma okuva ku Sitaani.* (*Musannaf Ibn Abi Shay bah*, vol. 8, pp. 172)

Okukukumakuma, wano waliwo enigambo bisatu ebya Nabbi Omwagalwa صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ ku bulungi bwa Masjid:

1. Tewali kubusabusa, abo abagenda era nebateeka nabalala okugenda mu nnyumba za Allah عزوجل mazima be baddu ba Allah abatuufu.

(Al-Mu’jam-ul-Awsat, vol. 2, pp. 58, Hadees 2502)

2. Oyo ayagala Masjid Allah عزوجل amufuula Omwagalwa we.

(Ibid, vol. 4, pp. 400, Hadees 6383)

3. Omuddu bwasigala mu Masjid okukola Zikr oba okusaala e Salah, Allah عزوجل amutunuulira n’okusaasira, ng’abenganda b’oyo eyali abuze bwebasanyuka ng;akomyeewo. (*Sunan Ibn Majah*, vol. 1, pp. 438, Hadees 800)

*Woh salamat raha Qiyamat mayn
Perh liye jis nay dil say chaar Salam*

*Mayray Piyaray pay mayray Aqa per
Mayri janib say lakh bar Salam*

*Mayri bigri bananay walay per
Bhayj ay mayray Kirdgar Salam*

Okuvvunnula: *Oyo yenna eyasomako ku Salam entonotona ajjakusigala nga takoseddwa ku lunaku lw'enkomerero. Obukadde n'obukadde obwa Salam bubeere ku Mukama wange Omwagalwa ﷺ okuva ku nze! Owange Mutonzo wange (عَزَّوَجَلَ)! Sindika Salam eri Nabi Wo Omwagalwa ﷺ anzigyebo ebizibu n'emitawaana.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Allah عَزَّوَجَلَ talina gweyesigamirako

Abagalwa ab;oluganda abasiraamu! Allah عَزَّوَجَلَ yasinga Amaanyi. Allah عَزَّوَجَلَ talina gweyesigamirako yenna. Allah عَزَّوَجَلَ yatoonda ensi eno, nagiwuunda n'ebintu eby; enjawulo, nagifuula ekifo abantu mwebawangalira, ngalaga amaanyi ge. Allah عَزَّوَجَلَ yayongera okusindika ba Rusul ne ba Ambiya Be ﷺ mu nsi eno mu biseera ebyenjawulo okulungamya abantu. Allah عَزَّوَجَلَ bwaba ng'ayagala, asobola okuteeka abantu ababi okufuuka mu abalongoofu awatali ba Ambiya ﷺ naye yayagala abaddu be bakowoole eri obulongoofu, bagumire ebizibu mu kkubo Lye era bafune empeera ennene n'amadaala mu maaso Ge. Nolw'ekyo, Allah عَزَّوَجَلَ yayongera okusindika ba Rusul ne ba Ambiya Be ﷺ kuno ku nsi okutuukiriza omulimu amutukuvu ogw'okukowoola eri obulongoofu' era nakkomekereza ng'asindika Omwagalwa We Nabi Muhammad ﷺ, naaleeta Nubuwah¹ ku nkomerero. Allah عَزَّوَجَلَ yamala naleka omulimu guno omunene era ogw'ekitiibwa ennyo eri Ummah gyeyayagala ennyo ya Nabi We Omwagalwa ﷺ basonbole okw'elongoosa sekinnoomu nga batuukiriza obuvunanyizibwa buno obunene.

Nolw'ekyo buli musiraamu mubulirirzi; kabeera mumanyi oba Imam wa Masjid, Murshidi oba Mureedi, omusuubuzi oba omuguzi, omukozesa oba omukozi, akola mu yafeesi oba omupakasi, omufuzi oba omukopi, kabeera ng'akola mulimu ki oba wa ddalaal ki mu bantu, alina okweyongera okusasanya Sunnah, 'okukowoola eri obulongoofu' abantu bawangala nabo ne bakola nabo. Alina okufuba ennyo okukola omulimu guno mu ngeri enungi ennyo nga bwasobola.

¹ i.e. eky'obwa Nabi

Mayn Muballigh banu Sunnataun ka

Ya Khuda Dars doon Sunnataun ka

Khoob charcha karun Sunnataun ka

Ho karam bahr-e-khak-e-Madinah

Okuvvunnula: *Nsaba mbulirire era nsasanye Sunnah. Owange Katonda! Mpa obusobozi okubulira Dars ya Sunnah olw'ettaka lya Madinah.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صلوا على الحبيب

Ekiragiro kya Quran ‘ek’okukowoola eri obulongoofu’

Allah Ow’ekisa yannyonnyola obulungi bw’okukowoola eri obulongoofu mu bifo eby; enjawulo mu Quran Entukuvu. Wano waliwo ayaa eya 104 eya Surah Aal-e-‘Imran, ekituundu 4, n’enzivunnula okuva ku lupapula 128 olwa *Kanz-ul-Iman* ne *Khaza’in-ul-Irfan* eyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Allah يَعْزَجَ يَعْزَجَ yagamba:

وَلَتَكُنْ مِنْكُمْ أُمَّةٌ يَدْعُونَ إِلَى الْخَيْرِ وَيَأْمُرُونَ
بِالْمَعْرُوفِ وَنَهَاوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ

Era waveeyo mu mmwe ekibinja ekiyita eri obulungi, nga kiragira okukola ebirungi ate nga kiziyiza okukola ebibi; abo nno bebwangizi.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 4, Surah Aal-e-‘Imran, verse 104)

Buli omu alina okukowoola eri obulongoofu okusinziira

ku buzobozi bwe

Ng’annyonyola ayaa eyo waggulu, omunnyonnyozi wa Quran, kakensa omunene ennyo mu kulowooza owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagmba mu kitabo *Tafseer-e-Na’eemi*, omuvuumbo 4, olupapula 72: Abange abasiraamu! Walina okubeerawo ekibiina mu mmwe, oba mulina okutandikawo ekibiina bwekityo ekiriwo

lubeerera nga kikowoola eri obulongoofu, abatakkiriza eri obusiraamu, abayonoonye eri obulongoofu, ababuyabuya eri okutegeera, n'abatamanyi eri okumanya kw'obusiraamu ne Allah ﷺ, abeyawulira eri obulungi bw'okusiinza n'abo abatafaayo eri okutegeera. Mu ngeri y'emu, ekibiina kino kirina okuggumiza enzikiriza entuufu, empisa enungi wamu n'emirimu emirungi nga bayitira mu kubuulirira, okuwandiika, omubiri, okukam buwala, mu busirise (omukulembeze w'abantu be) n'okukozesa amanyi mangi. Okwon gerako, ekibiina kino kirina okubeera nga kiziyiza abantu okubeera n'enzikiriza enkyaaamu, empisa embi, ebigendererwa ebikyaamu n'endowooza embi nga bakozesa olulimi n'omutima, okuwandiika oba ne mukuwandiika n'okukozesa amaanyi (ng'obuyinza bwo bwebusobola).

Buli omu mubuulirizi

Ye يَأْمُوْلُوكَهُ الْمُبَعَّدُ عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يَأْمُوْلُوكَهُ الْمُبَعَّدُ عَلَيْهِ وَسَلَامٌ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ يagamba: Abasiraamu babulirizi. Kiri Fard (kya tteka) eri bonna okulagira abantu okukola emirimu emirungi wamu n'okubaziyiza okukola ebibi.

(*Tafseer-e-Na'eemi*, vol. 4, pp. 72)

Mu kunnyonnyola kwe, Mufti Ow'ekitiibwa يَأْمُوْلُوكَهُ الْمُبَعَّدُ عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يَأْمُوْلُوكَهُ الْمُبَعَّدُ عَلَيْهِ وَسَلَامٌ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ naye yanokola Hadees eno okuva mu kitabo *Sahih Bukhari*. Rahmah wa Rahma, Omuwolereza wa Ummah ﷺ yagamba: ﴿بَلَّغُوا عَنِّي وَلَوْ أَيْنَ﴾ Tuusa okuva ku nze newankubadde ayaa emu yokka.

(*Sahih Bukhari*, vol. 2, pp. 462, Hadees 3461)

Mayn nayki ki da'wat ki dhoomayn macha doon

Ho taufeeq aysi 'ata Ya Ilahi

Okuvvunnula: Nsaba nsasanye era mbunye nnyo okukowoola eri obulongoofu.

Nsaba okuweebwa obusobozi buno, Ayi Katonda wange!

Ekikolwa ekigasa abalala kyekisiimbwa

Mufti Ow'ekitiibwa يَأْمُوْلُوكَهُ الْمُبَعَّدُ عَلَيْهِ yamala nagamba: Okubulirira obusiraamu kusinza Kunene nnyo. Emirimu emirala gyonna egy'okusiinza gigasa omusiinzi naye okubulirira tekugasa mubuulirirzi yekka wabula n'abalala. Ekikolwa ekigasa abantu okutali mukozi

wakyo kisiimibwa. (Kiwandikiddwa mu Hadis emu nti) omuntu omu yabuuza ‘Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa، ‘صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ Ani muddu asinga?’ Allah yaddamu, ‘(Omuddu asainga y’oyo) atya Allah ﷺ، eyeyisa obulungi n’abengada be, abulira abantu ebirungi ate n’abaziyiza ebibi.’

(Az-Zuhd-ul-Kabeer lil-Bayhaqi, pp. 327, Hadees 877)

Sayyiduna Hasan (Basri) يَحْمِلُ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ يagamba, ‘Oyo alagira abantu okukola ebirungi n’abaziyiza okukola ebibi ali musigire (kaliifu) wa Allah ﷺ ne Nabbi We ﷺ n’ekitabo Kye (i.e. Quran Entukuvu).’ Kigambiddwa mu Hadees emu nti abasiraamu bwebaleka okubulirira obusiraamu, abafuzi abatulugunya bajja kubafuga ate n’okusaba kwabwe tekujja kwanukulwa. (Ruh-ul-Ma’ani, vol. 4, pp. 326)

Mukulembeze w’abakkiriza, Sayyiduna Abu Bakr Siddeeq رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, ‘Abange mmwe abantu! Mulagire abantu okukola emirimu emirungi ate mubaziyize okukola ebibi, mujja kuwangaala obulamu obw’emirembe.’

Mukulembeze w’abakkiriza Sayyiduna ‘Ali-ul-Murtada كَرَمُ اللَّهُ تَعَالَى وَجْهُهُ الْكَرِيمُ yagamba, ‘Okubulirira obusiraamu ye Jihad esinga okubeera enungi.’ (Tafseer Kabeer, vol. 3, pp. 316) Okubulirira obusiraamu kusinza kulungi nnyo era okukireka musango mubi nnyo, era akireka ajja kuswaazibwa. (Tafseer-e-Na’eemi, vol. 4, pp. 72)

Mukulembeze w’abakkiriza, Sayyiduna ‘Ali-ul-Murtada كَرَمُ اللَّهُ تَعَالَى وَجْهُهُ الْكَرِيمُ era yagamba, ‘Omutima ogutatwaala kirungi nga kirungi ate ekibi ng’ekibi gujja kufuulibwa kikukujju, ng’ebintu ebiri mu nsawo, bwegufuulibwa kikukujju, gugwe era gumenyebwe.’

(Musannaf Ibn Abi Shaybah, vol. 8, pp. 667, Raqm 124, 125)

Okwejjusa obulamu obujjude ebibi

Abaagalwa ab’oluganda! Ennaku zino, ebibi bikolebwa buli wamu. Oluusi, n’abo abalabika okubeera abalongoofu n’abelekereza eby’oku nsi basangibwa nga benyigira mu nzikiriza enkyamu, okwogera nga tebafaayo, okutunula okutakkirizibwa n’empisa embi.

Banange! Ebibi biri buli wamu era bisasanye nnyo buli wamu! Kikkirizibwa nti abantu abalongoofu bakyaliyo mu nsi naye batono nnyo. Mu mbeera ezinakuwaza bweziti, okuberawo okw'ekibiina ekyagazisa e Sunnah ekya 'Dawat-e-Islami' tekiri kirala okujako ekyengera ekinene ennyo, **الحمد لله عَزَّ وَجَلَّ**.

Jangu wegatte ku mbeera ya Madani eya Dawat-e-Islami okukuumma obukkirirza bwo n'okulongoosa emirimu gyo. Wano waliwo ekyafaayo kya Madani okusobola okukukubiriza. Ow'oluganda omusiraamu okuva mu Keamari Bab-ul-Madinah (Karachi) yagamba: Nnali nvua era nga nnyomba n'abantu ku nsonga entonotono. Nnali ndaba nnyo firimu, emizannyo n'okuwuliriza ennyimba n'omuziki. Nnali nonyoonye ekitundu ekisinga eky'obulamu bwange mu bibi bino. Nnali nkola nga dureeva owa nannyina nnyuumba eya 'bangalo'. Ekyanteeka okwenenya kiri nti olunaku lumu bwennali mmaze okukola emirimu gyange natuula mu kisenge jyange mwennawuliriza okubulirira okwaali kwagazisa eSunnah okwaali kuli ku Madani Channel. Okubulirira okwo kwanteeka okukankana mu kutya, nekunteeka okuwulira ensonyi ku bibi byange. Nenenyeza ebibi byange ewa Allah **عَزَّ وَجَلَّ**, n'enkola ekigendererwa eky'okugoberera ekkubo lya Sunnah. Bwabalanga Tarbiyyati I'tikaf ey'ennaku 30 ey'omu mweezi gwa Ramadan ku Madani Channel n'okubirirza abasiraamu okujetaba mu, nasalirawo mangu ddala n'ennuirira anti njakwataba mu I'tikaf eyo, nga nnyanukula okusaba okwo. Nga nkolera ku kunuyirira kwange, kati ndi mukukungula emikisa gya I'tikaf mu Madani Markaz ey'ensi yonna eya Dawat-e-Islami, Faizan-e-Madinah, Bab-ul-Madinah, Karachi. Era njakutaambula ne Madani Qafilah ey'emyeezi 12 oluvannyuma lwa I'tikaf eyo, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى الْمُحَمَّدِ

Eddagala ly'ebibi

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye! Ku lw'emikisa gy'okulaba Madani Channel, omukozi w;ebibi teyakoma ku kufuna eddagala ly'ebibi bye, wabula yafuna n'omukisa ogw'okwetaba mu Tarbiyyati I'tikaf ey'ennaku 30 mu mweezi omutukuvu ogwa Ramadan Madani Markaz ey'ensi yonna eya Dawat-e-Islami, Faizan-e-Madinah, Bab-ul-

Madinah, Karachi. Yafuna omukisa ogw'okunuyirira okutambula ne Madani Qafilah eyagazisa eSunnah ey'emyeezi 12 oluvannyuma lwa I'tikaf eyo.

Buli omu alina okufuna eddagala ly'obulwadde bw'ebibi. Mu nzikirizemu! Bwetufa nga tetwenenyezza ng'ate tubadde tudiringana okukola ebibi, era Allah ﷺ bwatunyigira, tetujja kufuna kweggama kuva ku kunyiga Kwe. Ebitendo by'abaddu ba Allah abalongoofu byanjawulo. Newankubadde bakola emirimu emirungi, batya Allah ﷺ, era banonya eddagala ly'ebibi. Sayyiduna Hasan Basri رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti lumu yali awerekede omusiinzi omulongoofu omuto nga bagenda mu kitundu ekimu mu Basra nebalaba omusawo. Mu maaso g'omusawo waaliwo ekibinja ky;abantu bangi nnyo omwaali abakazi n'abaana nga balina amacupa g'amazzi mu ngalo zabwe, nga baliinze okufuna eddagala ly'endwadde zabwe. Omuziinzi omuto yabuuza omusawo, 'Olina eddagala ly'ebibi?' Omusawo yaddamu nti yye. Omuvubuka oyo yagamba, 'Nkusaba ombulire eddagala eryo.' Omusawo yamuddamu: Eddagala ly'obulwadde bw'ebibi buli mu bintu kkumi era byebino: Ddira omulandira okuva ku muti gw'obwaavu n'obuwombeefu.

- 1.** Gatta mu okwenekya.
- 2.** Biteeke mu bbakuli y'okugera kwa Katonda.
- 3.** Bisekule bulungi n'okunyiga kw'okwekkusa.
- 4.** Biteeka mu nsuwa y'obulongoofu n'okwesamba eby'oku nsi.
- 5.** Gatta mu amazzi g'obwetowaze.
- 6.** Oluvannyuma bifuumbe nomuliro ogw'okwagala Katonda.
- 7.** Oluvannyuma biyiwe mu bbakuli y'okwebaza.

8. Biwoze n'ekiwujjo ky'essuubi.
9. Oluvannyuma binywe n'ejiiko y'okutendereza Katonda.
10. Bwokola bino, olwo nno jjukira nti eddagala lino lijja kukuyamba okujjanjaba buli bulwadde na buli kizibu eky'oku nsi ne ku Akhira. (*Al-Munabbihat, pp. 111*)

Kab gunahaun say kanara mayn karun ga Ya Rab!

Nayk kab ay mayray Allah! Banu ga Ya Rab!

Kab gunahaun kay maraz say mayn shifa paoon ga

Kab mayn beemar, Madinay ka banu ga Ya Rab!

Okuvvunnula: *Naava ddi ku bibi, Ayi Mukama* (عَزَّوجَلَ)! *Naafuuka ddi omulongoofu, Ayi Muakama* (عَزَّوجَلَ)! *Naafuna ddi eddagala ly'obulwadde bw'ebibi!* *Naafuuka ddi omwagazi wa Madinah!*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Lya, nnywa era ojaganye

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Leero, abatali basiraamu balafubanye nnyo okuwanirira n'okusasaanya eddiini zabwe mu nsi yonna naye, eky'ennaku, abasiraamu betabye mu kukolerera byansi byabwe byokka. Eky'ennaku ennyo, kiringa abasiraamu b'ennaku zino basalawo okulya obuli, okunywa n'okujaganya nga byebigendererwa by'obulamu bwabwe. Ani afaaayo okubulirira abalala ku Salah ne Sunnah! Tebalina nabiseera kusaala Salah n'obuwombeefu okulungiya obulamu bwabwe obw'oluvan nyuma (Akhira). Basobola batya okusanga omutima nga gujjude obwagazi eri Sunnah! Leero,abantu abasiinga bafaayo ku bulamu bwabwe obw'oku nsi bwokka.

Kiwandikiddwa ku lupapula 103 olw'ekitabo ky'empapula 125 ekiyitibwa 'Shukr kay Fadaail' [i.e. Emikisa gy'okwebaza], ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Sayyiduna Imam Hasan Basri رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ

yagamba, ‘Oyo atwaala emmere, eby’okunywa n’engoye nti byebyengera byokka ebya Allah ﷺ, mazima alina okumanya kutono.’ (*Az-Zuhd li Ibn-ul-Mubarak*, pp. 134, Raqm 397)

*Dayta hoon Tujhay wasitah mayn piyaray Nabi ka
Ummat ko Khudaya rah-e-Sunnat pay chala day*

Okuvvunnula: *Ayi Mukama! Teeka Ummah eno etambulire ku kkubo lya Sunnah olwa Nabbi Omwagalwa era Oww’emikisa* ﷺ. (*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 100)

صلوا على الحبيب صلوا على الله تعالى على محمد

Ensonga esanyusa ey’okukyaawa ensi

Nga kyakwejjusa nnyo! Obwagazi bw’ensi bujjuppe mu mitima gyaffe. Toddukira eby’okwewunda n’ebiyokwejalabya eby’oku nsi ng’abata laba. Ku kyennyume kyakyo, baddu ba Allah abalongoofu n’abagoberezi ba Rasool abamazima bandibadde nga bebaza [Allah ﷺ] okubeera nti batasiddwa obwagazi bw’ensi n’ebiyengera bya yo. Wuliriza ekyafaayo ekibulirira, kijiddwa okuva ku lupapula 68 olw’ekitabo ‘*Shukr kay Fadaail*’ era yigamu omusomo: Sayyiduna Majma’ Ansari عليه سخمة الله الباقي yagamba nti Wali (omulongoofu) omu عليه سخمة الله تعالى عليه yagamba, ‘Ekyengera ky’okutasibwa okuva ku by’okwewunda n’okwejalabya eby’oku nsi ebimpereddwa okuva ewa Allah ﷺ kisinga obulamu obw’okwejalabya kubanga Allah ﷺ yatamya ensi eri Nabbi We Omwagalwa ﷺ. Nolw’ekyo, mbitwaala nga bya bbeyi nnyo ebyengera ebyo Allah ﷺ byeyayagalira Nabbi We Omwagalwa ﷺ okusinga ebyo Allah ﷺ byeyatamya eri Nabbi We Omwagalwa ﷺ.’

(*Shu’ab-ul-Iman*, vol. 4, pp. 117, Hadees 4489; summarized)

Okubeera n’ebiyobugagga bw’ensi n’ebiyokwejalabya nga bingi mazima kyengera naye okubyewala kyengera kinene nnyo.

*Peechha mayra dunya ki mahabbat say chhura day
Ya Rab! Mujhay diwanah Muhammad ka bana day*

Okuvvunnula: *Ayi Allah عَزَّوَجَلَ! Nsobozesa nesambe okuva ku kwagla ensi era nfuula omwagazi wa Muhammad ﷺ.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obusiraamu – mu linnya lyokka

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Embeera egenda eyononeka ng'eva ku mbi ng'edda mu mbi nnyo. Kiringa obusiraamu bubaddewo mu linnya lyokka. Kya nnaku nnyo! Enneyisa y'abasiraamu abasing eringa ey'abo abatali basiraam. Wuliriza Hadees eno nobwegendereza nga bwokulukusa amaziga n'omutima omunakuwavu, bwekiba kisoboka. Sayyiduna 'Ali-ul-Murtada كَرَمُ اللَّهُ تَعَالَى وَجْهُهُ الْكَرِيمُ حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yagamba nti Nabbi wa Rahmah yagamba, 'Ekiseera kijja kutuuka ku bantu ng'obusiraamu bujjakuberawo mu linnya lyokka ate Quran nga Rasm (i.e. kyabuwangwa) kyokka. Masajid zabwe zижакујјула [abantu] naye nga nkalu mu Hidayah [obulungamu]; ba 'Ulama babwe bajja kubeera nga bebantu abasing okubeera ababi wansi w'eggulu. Fitnah ejja kuva mu bbo ate era ejja kubaddira.' (*Shu'ab-ul-Iman, vol. 2, pp. 311, Hadees 1908*)

Abasiraamu – mu mannya gokka

Ng'annyonnyola Hadees eyo waggulu, omukenku mu kunnyonnyola amanyiddwa ennyo, omulowoozi omunene owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba (*Obusiraamu bujja kubeerawo mu linnya lyokka kitegeeza*) nti amannya g'abasiraamu gajja kubeera g'akisiraamu, era bajja kweyita basiraamu naye enneyisa zabwe n'endabika yabwe bijja kubeera nga eby'abo abatali basiraamu, nga bwekirabwa ennyo ennaku zino. Kiyinza okuba nga neera kitegeeza nti amannya n'endabika z'empaji z'obusiraamu bijja kubeerawo, naye ensulo n'amakulu gabyo nga byafa dda. Okugeza, Salah ejja kusaalibwa kungulu naye nga tewali bwetowaze bwa mutima na mubiri. Zakah ejja kutoolobwa naye tewajja kubeerawo nkolagana wakati w'abantu. Hajj ejja kukolebwa naye ng'ekolebwa ng'ekyokulambula. Jihad ejja kukolebwa naye nga yakufuna maanyi na bufuzi.

Ng'annyonnyola ekitundu kya Hadees yo (*Quran ejja kubeerawo ng'ekyobuwangwa kyokka*), Mufti Ow'ekitiibwa ﷺ yagamba, 'Ekigambo ky'Oluwalabbu ﴿رس﴾ [Rasm] ekikozeseddwa mu Hadees eyo waggulu kitegeeza akabonero wamu n'ekyo buwangwa oba ennono. Amakulu bombi gayinza okukozesebwa wano. Nga kitegeeza, obubonero bwa Quran bujja kuwandikibwa ku mpapula era ebigambo byayo bija kватулва, naye ekitiibwa kyayo mu mitima n'okujigoberera ku biragiro byayo bija kубулово, oba, kitegeeza nti Quran ejja kukozesabwa okulayira mu bukyaa mu makooti era esomwe mu nnyiimbe naye nga amateeka ga ba Kurisito gegajja okukozesebwa.

Ekitundu kya Hadees (*Masajid zabwe zijakujjula [abantu] naye nga nkalu mu kusiinza*) kitegeeza nti ebizimbe bya Masajid bija kubeera nga birungi era nga binyirira nnyo ng'enziji ziwundiddwa nebisenge n'amasanyalaze ag'omutiindo naye tewajja kubeerayo anasaalira nga mu eSalah. Ba Imaam bajja kubeera nga babuze. Mu bigambo ebirala, Masajid zija kufuuka ensulo z'enzikiriza enkyaa mu ekifo ky'okubulngamu obutuufu. Amalboozi g'ababulirizi abakyaamu abaabula nga babulirira gajja kufulumira mu mizindaalo gya buli Masjid naye emisomo egyo gjija kubeera butwa obutta obuja okusasanya obutakkiriza n'obujeemu mu linnya ly'enjigiriza za Quran.

Ng'annyonnyola ekitundu ekisembayo ekya Hadees eyo ey'emikisa, Mufti Ow'ekitiibwa ﷺ yagamba, 'Wajja kubeerawo omuwendo munene nnyo ogw'abamanyi abaabula era ababuza nga tebakolera ku njigiriza za busiraamu abajja okuleeta obubi obunene ennyo, nga betolodde abasiraamu bona ng'ekintu bwekyetololwa nekizingibwa ekinntu ekirala.' (*Mirat-ul-Manajih*, vol. 1, pp. 229)

Omubbi w'essaanda yawulira eddobaozi okuva mu Ghayb

Jjukira! Dars za Quran ne Hadees n'emisomo egyagazisa e Sunnah egibulirirwa abamanyi b'obusiramu abalungamizibwa abatuufu mu Masajid tebikangavuddwa mu kunnyonnyola okwo waggulu. Amazima gali nti, Dars n'emisomo gy'abamanyi b'obusiraamu abatuufu nsulo za bulungamu esireeta emikisa n'okusonyiyizibwa.

Sayyiduna Haatim Asam عليهِ حَمْدُ اللَّهِ الْكَبِيرِ lumu yali abulirira ng'awa omusomo mu 'Balkh'. Mu musomo ogwo, yasaba eDu'a ng'ayagaliza obulungi eri abakozi b'ebibi, 'Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! Ku lw'okusasira kwo, sonyiwa oyo asinga okubeera omukoze w'ebibi mu Ijtima eno'. Omubbi w'essaanda naye yaliyo mu Ijtima eyo'. Ekiro, yagenda mu malaalo okubba essaanda. Bweyali yakasima entaana emu, yawulira eddoboozi okuva mu Ghayb, 'Owange omubbi w'essaanda! Osonyiyibba leero mu Ijtima' eyo eya Haatim Asam; kulwaaki oddamu okukola ekibi kino mu kiro kino neera?' Ngawuliriza bino, yakaaba neyenena ebibi bye okwenenya okwa namaddala. (*Tazkira-tul-Awliya*, pp. 222; summarized)

Mujhay day day Iman per istiqamat

Pa-ay Sayyid-e-Muhtasham Ya Ilahi

Mayray sar pay 'isyan ka baar ah Maula!

Barha jata hay dam-ba-dam Ya Ilahi

Zameen baujh say mayray phatti nahin hay

Yeh Tayra hi to hay karam Ya Ilahi

Okuvvunnula: *Ayi Mukama! Mpa omukisa gw'obunyweevu Iman olwa Nabbi Asinga Obunene mu Kitiibwa* حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ. *Omugugu gw'ebibi kweyongera ku bibegabega byange buli kaseera. Ayi Mukama! Olw'okusasira kwo kwokka ensi kyevudde teyasama olw'omugugu gw'ebibi byange.* (*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 82)

**صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صلوا على الحبيب**

Abatali basiraamu batukoppa?

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mukisa munene nnyo eri obulamu bw'omuntu ku nsi kuno wamu ne ku Akhira okulaba abalongoofu, osigala kumpi nabo, okuwuliriza emisomo gyabwe n'okwetaba mu Ijtima'aat z'abagazi ba Rasool. Ekyafaafyo kino kituwadde omusomo nti omubulirizi alina okubeera n'ekisa eri abakozi b'ebibi. Ng'ovudde ku kubabulirira, alina okubasabira eDu'a. Ekyafaayo ekyo kyamulembe ogwa zaabu ogwa ba Tab'-e-Tabi'een. Eky'okwejjusa, ennaku zino abasiraamu babadde bavudde kun kola z'enjigiriza z'obusiraamu. Eky'ennaku, abasiraamu abasing leero basanyufu era bewaana okukoppa abatali basiraamu, nga balekerera eSunnah. Bayinza okuba nga balowooza nti kitiibwa kinene nnyo okwambala engoye ezitali za kisiraamu.

Wali olabyeeko abatali basiraamu nga balina obubonero bw'abasiraamu bwennyini (ng'ekirevu eky'obuwantu bw'ekikonde, ekitambaala, enviiri eza sitayiro ya Sunnah n'engoye etc.)? Olina okuba nga tobalaba ngako. Bano abantu balimba nnyo era tebesigika ate tebajja kuleka ngeri zabwe enkyaaamu era enkyaaafu era tebajja kugoberera basiraamu, naye kye kwejjusa nnyo, abasiraamu bebefananyiriza abatali basiraamu mu bussiru. Abange ab'oluganda abasiraamu ababuyabuya! Muzuukuke mudde engulu mu ntegeera zammwe! Nga temunnaba kufa, muzuukuke okuva mu tulo otw'obubuyabuya era uzuukuse abalala! Jjukira!

Na samjho gey to mit jao gey ay Musalmano!

Tumhari dastaⁿ tak bhi na hogi dastano mayn

Okuvvunnula: *Abange abasiraamu! Bwemuba temulaba bunene bwa mbeera eno, mujja kisangulwaawo okuva ku kyenyi ky'ensi. N'ebafaayo byammwe bijja kubula okuva mu byafaayo byonna eby'esni.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ مُحَمَّدٌ

Omwagazi atawangula

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Embeera y'abasiraamu tesobola kwogerwako ennaku zino. Amataba g'ebibi gayera buli omu. Mu biseera bwebiti ebya kazigizigi, embeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, ekibiina ky'ensi yonna ekibulirira Quran ne Sunnah, kyengera kinene nnyo. Sigala ng'ogyekutteko.

الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوَجَلَّ! Encukacuka ezewunyisa n'encukacuka za Madani zituukawo mu bulamu bw'abo abgyekwatako. Wano waliwo ekyafaayo kya Madani ekiraga engeri encukacuka ya Madani bweyajja mu bulamu bw'owoluganda omusiraamu awangalira mu kitundu kya Malir ekya Bab-ul-Madinah (Karachi). Yagamba: Omukisa omubi, nnali njagala omuwala omu, ekyansuula mu mpuku ey'ekizikiza ey'ebibi. Olunaku lumu, nnawulira nti awasid dwa omuntu omulala. Amawulire gano gaafuula obulamu bwange omuliro gwa Geyeena. Nga enkumi n'enkumi z'abagazi abatawangula nga bazannyira mu ngalo za Sitaani,

nange nnafuu ka omunywi w'omwenge, enjaga n'ebiragalalagala. Tewaliyo kitamiiza kyennali sinywedde, nga ndowooza mu bukyaamu nti ngeri ya kufuna bukkakkamu.

Nga nnakwadde nnyo era nga ndi munyiivu, nagezaako emirundi mingi okwetta. Okwetta, nanywa kemiko, peetuloli wamu ne aside naye ekiseera ky;okufa kwange kyaali tekinnaba kutuuka. Ng'obugabirizi bw'obwa Katonda bunene nnyo! Newankubadde ebibi nyange byali tebibalikika, Allah ﷺ teyanzigarawo lujji lwa kusaasira. Engeri gyennafuna mu omukisa eri nti lumu nasisinkana omwagazi wa Rasul eyali yekutte ku mbeera ey'akawoowo akalungi eya Madani eya Dawat-e-Islami. Obwetowazebwe n'okuwuliriza wamu n'empisa ze enungi byampa okwagala okwensusso eri obulamu. Nga 29 Sha'ban-ul-Mu'azzam 1427 AH (2006), olw'emikisa gya kawefube we wasekinoomu, nnafuna omukisa okugenda mu Faizan-e-Madinah, Madani Markaz ey'ensi yonna eya Dawat-e-Islami. Newunnnya nnyo okulaba embeera ey'ebyoomyooyo eyaliyo eyo. Nga ndaba ab'oluganda abasiraamu nga bambadde ebitambala ebya kiragala, nasanyuka nnyo era obukkiriza bwange nebuzzibwa obujja.

Netaba I'tikaf y'awamu ey'ennaku 30 mu mweezi gwa Ramadan-ul-Mubarak mu 1427 AH. ﷺ nze, omuntu omukozi w'ebibi ebingi, nafuna omukisa okusiiba mu Ramadan-ul-Mubarak. Olw'emikisa gy'embeera ya Madani, nava ku kusikibwa obwagazi n'ebirowoozo ebikyaamu. Nawunda ffeesi yange n'ekirevu, omutwe n'ekitam baala ate omubiri n'engoye ezigoberera eSunnah. Nafuuka omusaaze wa Salah ettaano eza buli jjo mu kiseera kyazo. Mu kiseera ky'okuwandiika kino ekyafaayo, ndi mukwen yigira mu mirimu gya Madani nga ngezaako okwelongoosa nze wamu n'abantu b'esni yonna.

'Ataye Habib-e-Khuda Madani mahaul
Ba-fayzan-e-Ahmad Raza ﷺ

Hay fayzan-e-Ghaus-o-Raza Madani mahaul
Yeh phoolay phalay ga sada Madani mahaul

Okuvvunnula: *Embeera ya Madani efuna obugabi obwa Katonda. Mukisa gwa Ghaus ne Raza* ﷺ *era ejja kumulisa lubeerera,* ﷺ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obubi obw'obwagazi obutakkirizibwa

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye engeri omwagazi eyali ayokyebwa mu muliro gw'obwagazi gyeyasikibwa neyegata ku mbeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, era naweebwa omukisa ogw'okwagala ennyo Rasool olwa kawefube wa ssekinoomu ow'omwagazi wa Rasool. Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ kwokka nti yakivaako; sing si kkyo, omuntu akyenyigiramu omulundi gumu kizibu nnyo okufuna obudduko. Ennaku zino, waliwo emitendera mingi egitutumuka egy'obwagazi bw'omukwaano. Ensonga ennene ekireeta eri nti abasiraamu abasing tebalina kumanya kwa busiraamu kusaana ate bali wala nnyo okuva ku mbeera y'eddiini. Kino nakyo kireese amataba g;ebibi okubuna buli wamu. Okulaba laavu sitoole n'emizannyo ku tivvi, VCR ne ku yintaneeti etc., okusoma obutabo, magaziini eza buli mweezi, ebifumo by'omukwaano n'amawulire agalimu okujubya eby'omukwaano mu mpapula z'amawulire, okwetaba mu bibiina ebigatta abaleenzi n'abawala mu kkoleji ne yunivasite n'okusisinkana wamu n'okwogera awatali kwekesa n'abanganda abatali Mahram byebireeta obwagazi mu bavubuka b'ennaku zino.

Okusooka, obwagazi bwa ludda lumu naye omuntu omulala bwategezebwu ku kkyo naye oluusi agwa mu mutego ogw'obwagazi, nekireeta embuyaga ey'amaanyi ey'ebibi. Abaagazi bano betaba mu kwogera ku ssimu awatali nsonyi n'okusisinkana, nebawanyisa amabaluwa g'obwagazi wamu n'ebirabo, era nebesuubiza mu kyaama nti bajja kwewasa. Ab'enganda babwe bwebasika omuguwa, oluusi badduka okuva ewaka, era amawulire g'okudduka kwabwe gawandiikibwa mu mpapula z'amawulire, nekireeta obuswaavu eri famire zabwe. Ebiseera ebimu, bafumbirwa mu kkooti, naye oluusi basukka ensalo z'empisa zonna nga tebewasizza, era oluvannyuma emirambo gy'abaana ab'obweenzi [abatakkirizibwa] ab'abantu bano abakaambwe abatali bafuumbo gisangibwa nga giri mu kasasiro. Ekirala, bwebaba nga tebasobola kudduka, oluvannyuma betta. Amawulire nga gano gafuluma mu mpapula z'amawulire.

Sayyiduna Yusuf عليه السلام yali akumiddwa okuva ku bwagazi obutakkirizibwa

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ennaku zino, abantu babadde wala nnyo okuva ku kumanya kw'obusiraamu, nebagwa mu kinnya ekwawasni eky'obutamanya. Okusobola okukweeka obwagazi bwabwe obw'omukwaano obukyaafu, abaagazi abamu betiinka nebagamba nti Sayyiduna Yusuf عليه السلام naye yali mu bwaagazi ne Zulaykha. (Allah عزوجل atwekese) Kino kikyaamu nnyo, era abantu abassiru ababeera n;endowooza bweziti bakyaamu ddala. Okwekwasakwasa ku bubi bwa Nafs ng;oyogera ekitasaana ku Nabi nga Sitaani ekukemye kibeera kikosa nnyo obukkiriza bwo.

Jjukira! Sayyiduna Yusuf عليه السلام Nabi wa Allah عزوجل, era buli Nabi ali Ma'soom [i.e. akumibwa okuva ku bibi eby'ebika byonna n'ebikolwa ebiswaaza]. Nabi عليه السلام tasobola kukola kintu kyonna ekitasaana. Wano waliwo ayaa eya 24 aya Surah Yusuf n'ezivvunnula yayo okuva ku lupapula lwa 445 olwa *Kanz-ul-Iman* ne *Khaza'in-ul-Irfan* eyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Allah عزوجل agamba mu kitundu 12 ekya Quran Entukuvu:

وَلَقَدْ هَنَّتْ بِهِ وَهُمْ بِهَا لَوَّاً أَنْ رَأَبُرْهَانَ رَبِّهِ

Era mazima omukazi yeyali amwagala; ate naya yandibadde ng'amwagala, singa yali talabye bujulizi bwa Katonda we.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 12, Surah Yusuf, verse 24)

Ng'annyonyola aya eyo waggulu, omunyyonyozi amanyiddwa ennyo owa Quran, 'Allamah Maulana Sayyid Muhammad Na'eemuddin Muradabadi رحمه الله تعالى عليه yagamba: Allah عزوجل yakola ba Nabi عليه السلام nga batukuvu okuva ku mpisa embi n'ebikolwa ebibi, era abawadde omukisa gw'empisa enungi. Nol'ekyo bewala buli kikolwa ekibi. Mu kwogera okumu, 'Zulaykha bweyagezaako okutawaanya (okusikiriza) Sayyiduna Yusuf عليه السلام, Nabi Yusuf yalaba kitaawe Sayyiduna Ya'qoob عليه تبركا وعليه السلام.

eyali atadde engalo ye ng'ajinyize wakati w'amannya ge, era ng;alagiriza eri Sayyiduna Yusuf عَلَى تَبِيَّنِهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ yewale omukazi oyo,’ (*Khaza`in-ul-'Irfan*)

Amazima gali nti obwaagazi obwo bwaali buva ku ludda lumu olwa Zulaykha yekka, era Sayyiduna Yusuf عَلَى تَبِيَّنِهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ teyetabamu wadde n'kagendo akatono katya. Mu ayaa eya 30 eya Surah Yusuf, ekitundu 12, ebigambo by'abakazi abamu aba Misiri binokoddwa bwebiti:

وَقَالَ نِسْوَةٌ فِي التَّدِينَةِ امْرَأُ الْعَزِيزِ تُرَاوِدُ
فَتَهَا عَنْ نَفْسِهِ قُدْ شَغَفَهَا حُبًا ۝ إِنَّا لَنَذِرَاهَا فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٣٠﴾

Era abakazi abamu ab'omu kibuga ekyo baagamba, ‘Mukyaala muklembeze agezaako okusikiriza omuvubuka omuto, era kyamazima nti obwagazi bwe gyaali buli wansi nnyo mu mutima gwe; ate tumulaba nti atamidde obwaagazi obwensusso.’

[*Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)*] (Part 12, Surah Yusuf, verse 30)

Hujjat-ul-Islam Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Zulaykha yali alina obwaagazi eri Sayyiduna Yusuf عَلَى تَبِيَّنِهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ naye Nabi Yusuf yamwewala newankubadde nga yali alina obusobozi. Mu Quran Entukuvu, Allah عَزَّوجَلَ yamusima nnyo okumwewala.’

(Ihya-ul-'Uloom, vol. 3, pp. 129)

Abaagazi abassiru bakyaamu ddala

Kino kikifudde kirambulukufu nnyo ng'emisana nti okwekwaskwasa okukolebwa okuva mu kyafaayo kya Sayyiduna Yusuf عَلَى تَبِيَّنِهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ ne Zulaykha nga kukolebwa abaagazi abassiru okuwaana obwagazi bwabwe obubi obukyaafu era obuwunya obubi buwakanya era bukontana ne Quran Entukuvu, era kitwaalira wo omuntu butereevu mu buttakkiriza. Surah Yusuf eyogera ku kwagala kwa ludda lumu lwokka olwa Zulaykha; teyogera era teraga yadde n'akatoo nti Sayyiduna Yusuf عَلَى تَبِيَّنِهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ yali yenyigidde mu kwagala. Nolw'ekyo, abo abalina ekirowoozo ekikyaamu nti Sayyiduna Yusuf

naye yali yenyigidde mu kwagala balina okwenenya era bazze obujja obukkiriza bwabwe nga basoma Kalimah omulundi omulala. Ba Nabi ﷺ ba Allah عَزَّوجَلَ balina eddaala lya waggulu nnyo era bakuumibwa okuva ku bibi.

Ayi Allah ! عَزَّوجَلَ Tuwe omukisa okukwaagala ne Nabi Wo Omwagalwa ﷺ Ya Allah ! عَزَّوجَلَ Emitima gyaffegigyeemu okwagala ennyo ensi. Ya Allah ! عَزَّوجَلَ Sonyiwa era lungamya abo abasiraamu abali mu mutego gw'ebibi n'obwagazi oubtakkirizibwa era bafuule abaagazi abatuufu aba Nabi Wo Omwagalwa ﷺ.

أَمِينٌ بِحَجَّةِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ ﷺ

*Mahabbat ghayr ki dil say nikalo Ya Rasoolallah
Mujhay apna hi diwanah bana lo Ya Rasoolallah*

Okuvvunnula: *Ya Rasoolallah! Omutima gwange gujeemu okwaagala abalala era nfuula omwagazi wo.*

(Okufuna okumanya okw'ensusso ku 'bwaagazi obutakkirizibwa', soma empapula 318 okutuusa ku 356 ez'ekitabo 'Parday kay baaray mayn Suwal Jawab' [Ebibuuzo n'ennyankula ebikwaata ku Kwebikkirira kw'Obusiraamu] ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami.)

Omusomo gwa Imam Awza'ee ogukwaata emitima

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Katuwulirize omusomo gwa Sayyiduna Imam Awza'ee ogukwaata emitima. Kino kijja kuleetawo obulongoofu, kijjewo obubuyabuya ate kigoonze omutima. Kiwandikiddwa ku mpapula 32 ne 33 ez'ekitabo ky'empapula 125 ekiyotobwa 'Shukr kay Fadaail' ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Ng'abulirira omusomo, Sayyiduna Imam Awza'ee رحمه الله تعالى lumu yagamba: Abange abantu! Nga mukozesa ebyengera by'oku nsi, mwekuume okuva ku muliro ogwookya emitima ogwa Allah عَزَّوجَلَ. Mazima mubeera mu maka ago (i.e. eno ensi egwaawo) nga okugabeeramu ebbeenga eddene

kabeera kaseera buseera katono (kampi). Musindikiddwa wano okubeerawo akaseera akagere nga muli basika b'abo abakyuuka nebadda ku b'okwewunda by'ensi ne bisikiriza byayo. Baatema ensozi n'enjazi era nga betalira mu bibuga, Baali ba maanyi nnyo nga balina emibiri ejiringa enkoondo (oba empaji). Baawangaala nnyo okubasiinga ate baali bawaanvu okubasiinga. Baaleka ku nsi obubonero obunene, Newankubadde bino byonna, beerabirwa era obubonero. Temubalaba era temubawuliriza. Baali besiga essuubi erifu era nga bamaze emisana n'ebiro mu bubuyabuya. Oluvannyuma ekibonerezo kya Katonda nekiba sulibwako ekiro, nekibaleka nga beebase ku ffeesi zabwe mu maka gabwe kumakya. Abo abaawona baali tebalina kyebayinza kukola okujjako okulaba, nga bwewunyizza, ekibonerezo kya Katonda, okusanawo kw'ebiyengera n'amayumba agasanyiziddwa.

Lino ssomo eri abo abalina okutya okw'ekibonerezo ekinene n'okutya kwa Katonda mu mitima gyabwe. Kati obulamu bwamwe bumpi nnyo. Ensi egwaawo. Mu biseera bino, okugumira embeera, okusonyiwa n'obuwombeefu biringa ebyabulawo. Ebyasigalawo byokka ge mataba g'ebibi, entiisa, obubonero bw'okubonerezebwa, embuyaba y'ebibi, musisi ayugumya buli kaseera, ennaku, okuggwaamu esuubi n'abasika abononefu. Obubi bw'ebibi byabwe bu binkidde mu lukalu ne mu nnyanja. Temulina kugoberera abo abamaze obulamu bwabwe nga nagoberera obwagazi bwabwe era nga balimbiddwa essuubi eriwanvu. Tusaba Allah ﷺ atuteeke mwabo abatuukiriza okwewayama kwabwe, abalaba obuddo bwaabwe obutuufu era nga babwetegekedde buli kaseera.

(*Tareekh Damishq li Ibn 'Asakir, vol. 35, pp. 208, Raqm 3907*)

<i>Maut tehri aanay waali aaye gi</i>	<i>Jan tehri jaanay waali jaye gi</i>
<i>Ruh rag rag say nikali jaye gi</i>	<i>Tujh pay ik din khak daali jaye gi</i>
<i>Qabr mayn mayyit uterni hay zaroor</i>	<i>Jaysi kerni waysi bherni hay zaroor</i>

Okuvvunnula: *Amazima ojja kusisinkana enkomerero yo. Omwoyo gwo gujja kujjibwaamu okuva mu buli musuwa. Amazima ojja kuziikibwa mu ntaana mwojja okukungulira ekyo kyewali osiga ku nsi.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okwanjula Imam Awza'ee mu bufunze

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Tumaze okuwuliriza omusomo ogukwaata ku mitima ogwa Sayyiduna Imam 'Abdur Rahman Awza'ee رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ. Yali رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nga mumanyi mugezi nnyo, Mufti omunene era nga Imam amanyiddwa ennyo mu Busiri (Syria). Yawandiika Fatawa mitwaalo musaanvu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ era yali omu ku ba Tab'-e-Tabi'een. Yazaalibwa رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ mu mwaaka 88 AH era yafiira mu mweezi gwa Rabi'-un-Noor mu mwaaka 157 AH. (*Hayat-ul-Haywan*, vol. 1, pp. 198)

Emikisa mu kirooto

Sayyiduna Imam Awza'ee عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِيِّ yagamba: Lumu nafuna omukisa okulaba Allah Ow'amaanyi gonna عَزَّوَجَلَ mu kirooto kyange. Allah yagamba, 'Owange 'Abdur Rahman! Ggwe akowoola abantu eri obulongoofu era nobaziyiza ebibi?' Naddamu nengamba, 'Iyye, Owange Katinda wange Ow'ekisa Ekingi! Ku lwa kusaasira kwo kwokka nti nina obusobozi okukikola. Ayi Katonda wnage! Nyweeza mu Iman mu kiseera ky'okuvaawo kwange mu nsi.' Allah عَزَّوَجَلَ yagamba, 'Ne ku kkubo lya Sunnah nalyo.' (*Hilyat-ul-Awliya*, vol. 6, pp. 153, Raqm 8131)

Ekyewunyisa mu kiseera ky'okufa

Sayyiduna Imam Awza'ee رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali awangaalira mu Beirut. Lumu ye yayingira Hammaam¹ emu mu Beirut. Nannyini Hammaam eyo yajiggalawo nga takye genderedde nagenda. Oluvannyuma lw'ennaku entono, bweyajja najiggulawo, yasanga Sayyiduna Imam Awza'ee رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nga afudde ate ng'agalamidde ng'atunudde mu Qiblah n'omukono gwe ogwa ddiyo nga guli wansi w'ettama lye. (*Ibn 'Asakir*, vol. 35, pp. 222)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَ amusonyiwe era atusonyiwe nga tetubaliddwa ku lulwe!

أَمِينٌ يَجَاهُ النَّبِيَّ الْأَمِينُ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

*Sarkar-e-Madinah ki Sunnat pay jo chaltay hayn
Allah kay woh banday zindah hayn mazaraun mayn*

¹ Ekinaabiro ekinene abantu abangi mwebanaabira nga wamu mu biseera by'edda.

Okuvvunnula: *Abo abaddu ba Allah abagoberera Sunnah ya Nabi We Omwaagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ وَسَلَّمَ balamu mu masiro gabwe.*

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Omunywi yafuuka Muazzin

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okusobola okulaba ekirubirirwa ky'obulamu, okukituukako, n'okufuna endowooza ey'okwetegekera okufa, n'okufuna obwagazi bw'okukolera obulungi bw'obulamu bwo obw'olvannyuma wamu n'obulamu bw'oku nsi, sigala nga wekutte ku mbeera ya Madani ey'ekibiina ky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekiyagazisa eSunnah ekya Dawat-e-Islami. Dawat-e-Islami y'sika omuntu omwonoonefu nelongooka. Okutambula ne Madani Qafilah ez'agazisa eSunnah mu kinywi ky'abaagazi ba Rasool kitwaala omuntu asinga obubi mu bantu nekimutuusa waggulu ku kasooliya k'obugunjufu n'empisa. Wano waliwo mu bufunze ekyafaayo ekyabulirwa ow'oluganda omu okuva mu Maharashtra, India. Yagamba: nga sinnaba kwegatta ku Dawat-e-Islami, nail mukozi wa bibi bingi nnyo. Nali nkola emisana gyonna naye nnyonoona essente zange ez'ekinaku mu kunywa omweenge. Naki nnyumirwa ebibi eby'enjawulo, okuvuma abantu, wamu n'okuniiza bazadde bange ne balirwaana. Nali muzannyi wa zzaala nnyo era nail sisaala Salah yonna. Nali mubuyabuya nga nnyonoona ebiseera byange eby'omuwendo ennyo eby;obulamu bwange.

Eky'omukisa omulungi, lumu nasisinkana ow'oluganda omusiraamu avunanyizibwa mu kitongole ekino ku bitongole bya Dawat-e-Islami. Ng'akola kawefube wa ssekinoomu, yampita okutambula ne Madani Qafilah eyagazisa eSunnah. Ebigambo bye ebiwoomu era eby'amazima byakwaata omutima gwange, nenzikiriza okukowoola kwe. Natam bulirawo ne Madani Qafilah eyagazisa eSunnah ey'ennaku 3. Mu kinywi ky'abaagazi ba Rasool, nawuliriza emisomo okuva mu butabo obufulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Ku lw'emikisa gya Madani Qafilah eno, omuzaanyo wa zzaala ennyo n'omunywi w;omweenge nga nze eya tasaala na Salah yadde n'emu teyakoma ku kutandika okusaala eSalah wabula yasikibwa nakumibwa mu obwagazi obw'okuyita Sada-e-Madinah (i.e. okuzuukusa abasiraamu okusaala Salat-ul-

Fajr). Nina n'omukisa okuyita abalala okutambula ne Madani Qafilahs. **الحمد لله عَزَّوجَلَّ!** Ku lwa kaweefube wange owa ssekinoomu, ab'oluganda abasiraamu 30 kato batambudde ne Madani Qafilah. Kati ndi Muazzin mu Masjid emu era ndi bbize mu kukola kaweefube ow'emirimu gya Madani.

*Chorayn may-naushiyen mat bakayn gaaliyan
Aayain taubah karayn, Qafilay mayn chalo*

*Ay sharabi tu aa, aa juwari tu aa
Chhutayn bad-‘aadatayn, Qafilay mayn chalo*

*Hoga lutf-e-Khuda, aao bhai Du'a
Mil kay saaray karayn, Qafilay mayn chalo*

(Wasail-e-Bakhshish, pp. 615)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebibonerezo eby'ebibi ebinnyonnyoddwa mu kyafaayo ekyo waggulu

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye! Omunywi nga muzannyi wa zzaala, eyali asumbuwa bazadde be ne balirwaana, ng'avuma n'abantu era nga tasaala Salah yadde n'emu, yasikibwa kaweefube wa ssekinoomu ow'omubulirizi wa Dawat-e-Islami okutambula ne Madani Qafilah eyagazisa eSunnah mweyawuliriza emisomo okuva mu butabo bwa Madani kumpi n'abaagazi ba Rasool. Nga asanyuddwa, yenanya ebibi bye, natandika okusasanya Sunan, okukola Sada-e-Madinah n'okuyita Azan mu Masjid nalyooka ayota abalala okusaala eSalah. Anno, teyakoma ku kutambula ne Madani Qafilah yekka wabula yakubiriza n'abalala okukola kyekimu.

Abange abaagazi ba Rasool! Mujukire nti kiri Fard eri buli musiraamu ategeera omusajja n'omukazi okusaala eSalah. Oyo asaala eSalah asana kuyingira Jannah, naye oyo aleka eSalah n'emu bweeti agwaanira okubonerezebwa mu muliro ekumi n'enkumi z'emyaaka. Omunywi n'omuzannyi wa zzaala baswaazibwa kuno ku nsi ne mu Akhira ate bagwaana okufuna ekibonerezo ekibi ennyo ekiri mu Ggeyeena. Mu kiro

ky'Okwambuka, Nabi wa Rahmah ﷺ yalaba nti abo abajemera bazadde babwe baali balebeetera ku matabi ag'omuliro. Waliyo bingi mulirwaana byabanja mulirwaana. Nabi Omwaagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, 'Oyo mulirwana we nga takumiddwa okuva ku bubi bwe tajja kuyingira Jannah.' [Sahih Muslim, pp. 43, Hadees 73 (46)] Okuvuma abasiraamu kikolwa kya Haraam ekitwaala omutnu mu Ggeyeena.

Abakozi bawe emmere n'engoye ebiringa ebibyo

Wano wansi watereddwaawo ebigambo ebimu ebiva mu mpapula 156 okutuusa ku 160 ez'akitabo ky;empaupla 246 ekiyitibwa 'Muntakhab Hadeesayn' [Ahadees ennondemu] ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Kikwaata ku kukozesa ebigambo ebitasaana n'okuwulira obuswaavu ku kkyo. Biwulirize era ofune ebimuli bya Madani ebizza obujja ebukkiriza.

Kiwandikiddwa mu kitabo *Sahih Bukhari* nti Sayyiduna Ma'roor رضي الله تعالى عنه yagamba: Nnasisinkana Sayyiduna Abu Zar Ghifari رضي الله تعالى عنه mu Rabazah (ekifo ekisangibwa akagendo katono okuva mu Madinah). Ye رضي الله تعالى عنه n'omuddu we baali bayambadde engoye nga z'akika kyekimu. Namubuubza ku kkyo, olwo nanziramu رضي الله تعالى عنه, 'Lumu nayomba n'omuntu omu, nenjogera bubi ku mmaama we. Nabi Ow'ekitiibwa Prophet ﷺ yangamba, 'Owange Abu Zar! Oyogedde ebigambo ebibi ku mmaama we; oli omuntu bwaatylo akyalina ebitendo by'obutamanya [ekiseera ng'obusiraamu tebunnaba kujja]. Bazana bo n'abaddu bo baganda bo (mu ddiini). Allah عزوجل abafudde nga bali wansi wa biragiro byo. Oyo alina muganda we wansi we alina okumuwa ekyokulya eyo kyaalya yekennyini era n'ekyokwanbala ekyo kyayambala kyennyini. Tomenya bakozi na mirimu egyo egibafuula abanakuwavu, ate bwobanyiiza mu ngeri yonna (okubakozesa emirimu egypt'amaanyi ennyo_, olwo nno bayambe mu mirimu egyo.' (Sahih Bukhari, vol. 1, pp. 23, Hadees 30)

Okwejjusa okunene n'okusasula kwakwo

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Omuntu Sayyiduna Abu Zar رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ gweyali akozesezzako ebigambo ebitaali birungi yali Sayyiduna Bilal Habashi رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ. Byeyali ayogedde رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ byaali tebisaana busaanyi, naye nga si byabuwemu. Yali nga رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ agambye bugambi: ‘Owange mutabani wa mmaama omuddugavu.’ Sayyiduna Bilal رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ bwewayemulugunya ku kkyo eri Nabi Amayiddwa ennyo era Ow'ekitiibwa رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yavunaana era nabulirira Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ. Engeri Sayyiduna Abu Zar رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ gyeyaddamu egonza omutima. Giwulirize okankane mu kutya Katonda.

Oluvannyuma nga Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ amaze okuvunaanwa Nabi Omutukuvu رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yali ajjude ensonyi era mangu ddala yagnda era Sayyiduna Bilal Habashi رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ, nateeka ettama lye ery'emikisa ku ttaka nagamba mu bwetoowaze obungi era ng'akaaba mu ngeri ey'okwegayoирira, ‘Owange Bilal! Bwoba nga tolinnye ku ttama lyange, sigenda lijjawo ku ttaka.’ Ng'awulira nti awalirizibbwa nnyo, Sayyiduna Bilal رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ nga tayagala yateeka ekigere kye ku ttama lya Sayyiduna Abu Zar رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ nakijjawo mangu ddala oluvannyuma. Ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yamala n'asonyiwa Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ. (Irshad-us-Saari, vol. 1, pp. 197)

Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yali mulongoofu nnyo

Ng'annyonyola ku kyafaayo ekyo waggulu, Sayyiduna 'Allamah Qastalani قَدَّسَ سَرُورُ الْفُتوَّحَاتِي رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba: Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yali ayogedde ebigambo ebyaali bitasaana kubanga yali رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ nga tamanyi nti biri Haraam. Singa yali ng'akimanyi رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ, yandibadde nga رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ tekikolerako ddala. Nabi Omwaagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yamuvunaana ng'agamba ‘oli omuntu bwaatyo akyalina ebitendo by'obutamanya [ekiseera ng'obusiraamu tebunnaba kujja]. Okuvunana kuno nakwo kulaga amadaala amanene. Kiringa nti ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yali abuulirirwa nti omuntu omunene nga ggwe talina kubeera nti ayogera ebikyamu ng'ebyo. (*Ibid*)

Obunyweevu bwa Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ

Sayyiduna Abu Zar Ghifari رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ y'om ku ba Saahaba abasiramuka mu biseera ebyasooka eby'obusiraamu. Abamanyi abamu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى bagambye n'okugamba nti yali wakutaano mu ba Sahaba رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى abataali ba Hijazi okusiramuka. Bingi ebikwaa ku kusiramuka kwe رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ biri mu kitabo kya *Sahih Bukhari*. Yali رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ ng'ayagala nnyo obusiraamu era yali رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ ng'alangirira obusiramu bwe awatali kutya kwonna buli lunaku mu nkungana z'abatakkiriza. Abatakkiriza bamugoba nga era nga yenna abunye omusaayi رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ, رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ, yali azirika. Amangu ddala ng'aze engulu, yali رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ ng'addamu okulangirira ekintu kyekimu. Kino kyagenda mu maaso okumala ennaku ezimu. (*Muntakhab Hadeesayn*, pp. 157)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire era atusoniyiwe nga tetubaliddwa ku lulw!

Khudaya ba-haq-e-Bilal-o-Abu Zar

Ilahi na kuch poochhna rauz-e-Mahshar

Ilahi Baraye Bilal-o-Abu Zar

Mujhay Deen per istiqamat 'ata ker

Mujhay bakhsh bahr-e-Bilal-o-Abu Zar

Mujhay Khuld mayn day jawaar-e-Payamber

Okuvvunnula: Owange Ow'amaanyi Ag'ensusso! Mpa obubyweevu mu busiraamu, nsonyiwa nga sibaliddwa ku lunaku lw'enkomerero ate nteeka mbeere kumpi ne Nabi Wo Omwaagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ mu Jannah ku lwa Sayyiduna Bilal ne Sayyiduna Abu Zar رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمَا.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ensolo etiisa ejja kujja kumpi n'olunaku lw'enkomerero

Mugezeeko okulaba obwetaavu n'amakulu g'okukowoola eri obulongoofu. Kumpi n'olunaku lw'enkomerero, abantu bajja kulekerera okuyita abala eri obulongoofu, ate tewajja kubeerawo ssuubi gyebali ery'okulongooka. Soma ayaa 82 eya Surah An-Naml n'enzivvunnula yayo ku lupapula olwa 712 olwa *Kanz-ul-Iman* ne *Khaza'in-ul-'Irfaan* eyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebotabo ekya Dawat-e-Islami. Allah عَزَّوَجَلَّ agamba mu kitundu 20 ekya Quran Entukuvu:

وَإِذَا وَقَعَ الْقَوْلُ عَلَيْهِمْ أَخْرَجْنَا لَهُمْ دَآبَةً
 مِنَ الْأَرْضِ تُكَلِّفُهُمْ ۝ أَنَّ النَّاسَ كَانُوا بِأَيْتِنَا لَا يُوقِنُونَ ﴿٤٧﴾

Era ekigambo bwekina bagwaako, Tujja kubaleetera ekisolo okuva mu nsi, ekijja okwogera nabo – kubanga abtantu abo tebakkiriza mu bubonero Bwaffe.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 20, Surah An-Naml, verse 82)

Ekisolo ekya ffeesi ey'enjawulo kumpi n'olunaku lw'enkomerero

Ng'annyonnyola ayaa eyo waggulu, omunnyonnyozi wa Quran amanyiddwa ennyo 'Allamah Maulana Sayyid Muhammad Na'eemuddin Muradabadi عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ وَهَادِيٌّ يagamba: Kitegeesa, bajja kubonyabonyazebwa obusungu bwa Katonda, ekibonerezo kya Katonda kijja kufuuka Wajib gyebali ate tewali kwekwasakwasa kwabwe kujja kukkirizibwa. Abantu tebajja kukowoola eri bulongoofu yadde okuziyiza empisa embi, tewajja kubeerawo ssuubi gyebali okulongooka, olunaku lw'enkomerero lujja kujja, obubonero bwalwo bujja kulabika, ate okwenenya mu kiseera ekyo tekujja kugasa.

Mufti Yamala nagamba: Ekisolo ekya eky'ebigere ebina kiyitibwa ﴿دَآبَةً الْأَرْضِ﴾ [Daabba-tul-Ard], kirina ffeesi ey'enjawulo, kijja kufubutukira mu lusozi IwaSafa (olusangibwa mu Makkah Mukarramah) era kijja kuddukira mu bibuga byonna. Kijja kubeera nga kyogera bulunginnyo era nga kiteeka akabonero ku kyeenyi kya buli muntu. Kijja kusaza olunyiriri oluyakayakana ku kyenyi k'abakkiriza nga kikozesa omuggo gwa Nabi Sayyiduna Musa عليه رَحْمَةُ اللَّهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ ate kijja kuteeka akabonero akaddugavu ku byeenyi by'abatakkiriza nga kikozesa empeta ya Nabi Sayyiduna Sulayman عليه رَحْمَةُ اللَّهِ وَعَلَيْهِ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ.

Mufti Yamala nagamba: Kijja kubeera nga kyogera bulungi nti ﴿هَذَا مُؤْمِنٌ وَ هَذَا كَافِرٌ﴾ i.e. ono musiraamu ate ono mu Kafiri. Mufti yayongera nagamba: Tebakkiriza mu Quran erimu okunnyonnyola ku kuzuukira, okubalibwa okubonerezebwa wamu n'okuvaayo kwa Daabba-tul-Ard. (*Okunokolwa– tekufuniddwa yadde ne mu lulim Olu Urdu*)

Oyo yenna akaaba ajja kuyingira eJannah

Nabi wa Rahmah صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ lumu yakola olukowoola olulungi ennyo eri obulongoofu er ba Sahaba be بِحَدِيثِ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهُ nga bwasoma Surah At-Takasur nga bwakaaba mu kutyu Katonda. Sayyiduna Jareer Bin ‘Abdullah بِحَدِيثِ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabi Amanyiddwa ennyo era Ow’ekitiibwa صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yatugamba, ‘Ngenda kusoma Surah At-Takasur mu maaso gammwe. Oyo yenna akaaba ajja kuyingra eJannah.’ Nolw’ekyo, Nabi صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagisoma. Abamu kuffe twakaaba naye abamu tebaakaaba. Abo abali batasobola kukaaba bagamba, ‘Ya Rasoolallah! صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ Tugezezzaako okukaaba naye tetusobodde.’ Nabi Omwagalwa era Ow’emikisa صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Nziramu okugibasomera. Oyo yenna akaaba, eri ye ye Jannah, ate oyo atasobola kukaaba wakiki akole ffeesi (endabika) eringa ey’oyo akaaba.’

(Nawadir-ul-Usool, vol. 1, pp. 611, Hadees 862)

Omwaana akwaasa ensaalwa

Abaagalwa ab’oluganda abasiraamu! Hadees eyo waggulu erimu okukowoola eri obulongoofu okuwulikika mu mutima okwakolebwa Nabi waffe Omwaagalwa era Ow’emikisa صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ mu ngeri ey’enjawulo. Kiraga n’okulaga nti Nabi Omutukuvu صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ asobola okuwa ekintu kyonna eri omutnu yenna n’obusobozi obwamuwebwa Katonda, era y’esnonga Iwaki صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagomba, ‘Oyo yenna akaaba ajja kuyingra eJannah.’ Nakyo kiragiriza ku Surah At-Takasur eri mu kitundu ekisembayo ekya Quran Entukuvu. Oyo azisoma afuna empeera ey’okusoma ayaa lukumi. Surah eno erimu okunnyonnyola okuyugumya omutima okukwaata ku ntaana, Akhira n’omuliro gwa Ggeyeena. Singa tuyiga enzivunnula yayo okuva mu Kanz-ul-Iman ku mutima era netukaaba buli bwetujiwuliriza. Katuwulirize ekyafaayo ekikwaata ku mutima eky’omwaana eyewuunyisa buli omu ng’akowoola eri obulongoofu olukowoola olujjudde okutya Katonda!

Omusajja omulongoofu omu lumu yalaba omwaana eyali akaaba ng’atudde wabweeru wa Madrasah. Bweyabuuzibwa ku nsonge eyali emukaabya, omwaana yaddamu, ‘Leero musomesa waffe yatuwandisizza ayaa ezimu ku mbaawo ng’omusomo gwaffe, ekintadde okukaaba.’ Ng’ayogera bino, yamulaga olubaawo olwaali luliko ayaa zino nga ziwandikiddwaako:

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Ntandika n'erinnya lya Allah, Omusaasizi Ow'ekisa ekingi.

اَلْهُكُمُ التَّكَاثُرُ ۝ حَتَّىٰ زُرْتُمُ الْمَقَابِرَ ۝ كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُونَ ۝
كَلَّا لَوْ تَعْلَمُونَ عِلْمَ الْيَقِينِ ۝

Obwaagazi bw'okunoonya obugagga obulalala bwabateeka okubeera abarebize. Okutuusa be mwatuuka mu ntaana. Iyye mazima, mu kiseera katono nnyo, mugenda kumanya! Era, iyye mazima, mu kaseera katono mugenda kumanya! Iyye mazima, singa mwaali mumanyi n;okumanya okwamazima, mwandibadde nga temwagala bugagga.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 30, Surah At-Takasur, verses 1-5)

Omwaana yejongera okukaaba. Ng'asanyuddwa nnyo omwaana ono, omusajja omulon goofu oyo yagamba, 'Mutabani! Omusomo oguva mu Surah eyo tegunnaba kugwaayo. Waliyo ayaa endala eziyinza okukuweebwa enkyo mu musomo. Oluvan nyuma lw;okwogera bino, yasoma ayaa ezisigaddeyo eza Surah At-Takasur eziri bweziti:

لَتَرَوْنَ الْجَحِيمَ ۝ ثُمَّ لَتَرَوْنَهَا عَيْنَ الْيَقِينِ ۝ ثُمَّ لَتُسْعَلُنَّ يَوْمَ إِذِ حَنِ التَّعْيِمِ ۝

Amazima mujja kulaba Omuliro Ggeyeena. N'era, mazima mujja kugulaba n'olulaba olukakafu. Oluvannyuma, ku lunaku olwo, mujja kubuuuzibwa ku byengera.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 30, Surah At-Takasur, verses 6-8)

Ng'atidde nnyo olw'okuwuliriza okwogera ku muliro gwa Ggeyeena, omwaana oyo yagwa wansi ku ttaka ng'akankana n'afaa. Musomesa we yadduka nakwaata omusajja oyo omulongoofu. Abantu abakungaana, n'abazadde b'omwaana nabo bajja. Nga abmulumiriza okutta, omusajja oyo omulongoofu yawabirwa mu maaso ga Qadi. Qadi yabuuza omusajja oyo omulongoofu oba yali alina kyeyali ayagala okulambulula mu kwetaasa. Omusajja omulongoofu yayogera ebyаливо byonna. Ng'abiwulirizza, Qadi

yamala nalamula nti omwaana yali mulongoofu nnyo era yali attidwa ekiso (ekitala) ky'okutya Katonda. Musajja oyo omulongoofu yamala nateebwa n'ekitiibwa.

(Summarized from: *Nuzhat-ul-Majalis*, vol. 2, pp. 94)

Tusaba Allah عَزَّوجَلَّ abasaasire era atusonyiwe nga tetubaliddwa lu lwabwe!

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Madani munnay kay khauf-e-Khuda per fida

Suntay hi aayatayn dhayr jo ho gaya

Kash! Mil jaye mujh ko bhi aysi wila

Mayray mernay ka baa'is ho khauf-e-Khuda

Okuvvunnula: Ng'okutya kwa Katonda kwaali kwewunyisa nnyo okw'omwaana oyo eyafa ng'awulirizza ayaa. Singa nagnge mpeebwa omukisa ng'ogwo nti nange nfa olw'okutya kwa Katonda.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Nabi Omukuku yakowoola eri obulongoofu kumpi n'entaana

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Muwulirize Hadees eno ekwaata ku mutima erimu okukowoola eri obulongoofu okwakolebwaa Nabi Omwgalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ng'akaaba n'okutya kwa Katonda. Hadees eno eri mu kitabo *Ibn Majah* ng'eva ku Sayyiduna Bara Bin 'Aazib رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ: Twetaba mu kusaalia omufu wamu ne Nabi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ. Ng'atudde kumpi n'entaana, Nabi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yakaaba nnyo okutuusa ettaka bweryatoba olw'amaziga agaali gakulukuta okuva mu maaso ge ag'emikisa. Nabi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yamala nagamba, 'Mu gyetegekere (i.e. entaana).' (*Sunan Ibn Majah*, vol. 4, pp. 466, Hadees 4195)

Sayyiduna 'Usman-e-Ghani yakaab ang'alabye entaana

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye engeri Nabi Omukuku صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ gyeyakowoolamu eri obulongoofu ng'akaaba n'okutya kwa Katonda. Newankubadde

nga kikakasibwa era nga akumibwa okuva ku buli kika ky'ekibonerezo ky'entaana n'olunaku lw'enkomerero, Nabi wnage Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yakaaba n'okutya kwa Katonda nga bwayogera ku ntaana kubanga yali amanyi bulungi nnyo ebijikwatako. Mu ngeri y'emu, newankubadde nga yali yalangibwa nti ajja kuyingira mu Jannah, mukulembeza w'abakkiriza, Zun-Nurayn, eyakungaanya Quran Sayyiduna 'Usman Ibn 'Affaan رضي الله تعالى عنه naye yali tasobola kugumira (kuziyiza) maziga bwewali ng'alambula entaana.

Kiwandikiddwa ku lupapula 139 olw'ekitabo ky'empapula 695 ekiyitibwa 'Allah Walon ki Baatayn' (omuvuumbo 1) ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: (Sayyiduna) Haani رضي الله تعالى عنه, omuddu wa Sayyiduna 'Usman-e-Ghani رضي الله تعالى عنه, yagamba nti Sayyiduna 'Usman-e-Ghani رضي الله تعالى عنه bwewali ng;ayimirira kumpi n;entaana yali akaaba nnyo okutuusa ng;ekirevu kye eky'emikisa nekitoba (nga kibunye amaziga).' (*Sunan-ut-Tirmizi, vol. 4, pp. 138, Hadees 2315*)

Mu kitabo ekiyitibwa ﴿الْمَوَاعِظُ الْعَصْفُورِيَّة﴾ [Al-Mawa'iz-ul-'Asfooriyah], ekyafaayo kino kiwandikiddwa mu bujuvu. Nolw'ekyo, bwewayabuuzibwa ku nsonga Iwaki yali akaabye nnyo ng'alabye entaana eyo, yaddamu رضي الله تعالى عنه, 'Ndowooza ku bw'omu bwange (okuwubaala); tewali ajja kubeera nange mu ntaana yange.' (Oluvannyuma, ng'akowoola eri obulongoofu) yagamba رضي الله تعالى عنه, 'Oyo asanag nti ensi eringa ekkomera gyali, ajja kusanga entaana ye nga Jannah, ate oyo asanga nti ensi ye eringa ejannah ajja kusanga entaana ye nga kkomera. Okufa bubaka bwakuteebwa eri oyo ng;oblamu bw'ensi bwali bulinga obusibe mu kkomera. Oyo eyelekereza neyeziyiza obwaagazi bwa Nafs ku nsi ajja kusanga okusasulwa kwe okujuju mu Akhirah. Omuntu asinga obulungi y'oyo aleka ensi nga ensi tennaba ku muleka, era asiima Katonda we عَدَوْجَل (nga tannaba ku musisinkana. Buli omu ajja kuyisibwa mu ntaana ogugerageranya n'obulamu bwe obw'ensi. Kitegeeza, bwawangaala obulamu bwe ng;akola emirimu emirungi, ajjakusanga obugonvu mu ntaana ye naye bwasisinkana okufa kwe ng'akola ebibi, ajjakufuna emitawaana n'ebibonerezo' (*Maw'izah Hasanah, pp. 61-62*)

Entaana eyinza okubeera ennimiro oba omuliro

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Abaddu ba Allaha abalongoofu baali bafumitiriza nnyo ku mbeera ey'omunda ey'entaanna. Ku ludda olulala, eky'ennaku, ffe tутera oulaba

entaana naye tetuyiga ssomo n'erimu. Singa naffe tulowooza nnyo ku ntaana zaffe. Jjukira! Entaana eziringa ezifanagana kungulu si zezimu munda mwazo. Entaana y'omuntu omu ebeera nnimiro enyirira naye ate eyomulala ebeera ejjude omuliro, emisota n'essiga. Era jjukira nti okutegeera kw'omufu kusigalawo mu ntaana. Nolw'ekyo, abaddu ba Allah abalongoofu abava mu bulamu buno nga bali mu mbeera ya Iman bajj kusisinkana okusaasira kwa Allah ﷺ, nga banyumirwa amasanyu amanene mu ntaana amangu ddala. Naye abo abanyiiza Allah ﷺ ne Nabi ﷺ **We** ﷺ
نَبِيٌّ وَالْمُحَمَّدُ صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ
nga bawangaala obulamu obujjude ebibi bajja kusisinkana emitawaana eitayinza kulowozebwakwo bwebana ziikibwa mu ntaana. Nga okutegeera n'okuwulira bisigala nga biramu mu ntaana, omufu awulira era ategere buli kimu. Amaanyi g'okulaba n'okuwuliriza geyongerako nnyo, era omufu oyo asobola okulaba n'okuwuliriza ebantu eby'ejawulo. Aalabiraddala ab'enganda be ne mikwaano gye nga baddayo ewaka oluvannyuma lw'okumuziika. Awuliriza n'emigere byabwe.

Okuwubaala mu ntaana

Kirowoze ko burowooza! Newankubadde nga tewali kibonerezo kiwereddwa mukozi wa bibi; naye nazikibwa mu ntaana ey'ekizikiza, ndayira Allah ﷺ, nakino kikola ng'essomo eddene ery'okuyiga. Lowooza ku ngeri gy'ana mala mu obudde bwe. Embeera ye enabeera etya mu ntaana etiisa era ey'ekizikiza? Buli muntu omugezi asobola okikiraba wakiri olugera olutonotono. Kino kyakulabirako embeera y'omuntaana bweeri ey'aka zigizigi, wabula omukozi w'ebibi ayinza okufuna ebibonerezo ebisingawo obunene. Sayyiduna Masrooq رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Omubbi oba omunywi w'omwenge oba omweenzi bwafaa [nga teyenenyezza], alumbibwa emisota egibojja ennyamaa ye era negijirya lubeerera.'

Kiwoze ko! Omuntu bwazikibwa mu ntaana ey'ekizikiza era ey'sntiisa nga mulamu ng'ekibonerezo ky'okuleka okusaala eSalah omulundi gumu gwokka oba okulimba omulundi gumu oba okutunula olutunula olutakkirizibwa omulundi gumu oba kuwuliriza oluyimba omulundi gumu oba okulaba firimu omulundi gumu oba okuvuma omuntu yenna omulundi gumu oba okuyombeza omuntu omulala n'obusungu omulundi gumu awatali kukkirizibwa kwa Shar'i permission oba okusalako ekirevu omulundi gumu, embeera ye enabeera etya? Mazima abantu abatya Allah bakankana

nga bakilowozezzako. Allah ﷺ bwaba ng'anyiziddwa, ania yinza okugumira ebibo nerezo by'entaana? Kiwandikiddwa mu kitabo *Hilyat-ul-Awliya*, 'Omuddu bwaziikibwa mu ntaana, ebintu byonna bijja okumutiisa, byeyali atya ku nsi, naye nga tatya Allah ﷺ.' (*Hilyat-ul-Awliya*, vol. 10, pp. 12, Raqm 14318)

Tusaba Allah ﷺ atukingirize ebinonyabonyo eby'omu ntaana ne mu Muliro.

Ker lay taubah Rab ki rahmat hay bari

Qabr mayn wernah saza hogi kari

*Mwenenye kubanga okusaasira kwa Allah kungi nnyo.
Oba si kkyo, ebibonero mu ntaama bijja kubeera ngs bingi.*

(*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 667)

Temulimbibwa buvubuka bwamwe

Ng'akola kawefube wa ssekinoomu era ng'akowoola eri obulongoofu, Sayyiduna Mansur Bin 'Ammar رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ eyali omu ku ba Wali abaali bamanyidwa ennyo lumu yabulirri: Owange muvubuka omuto! Tolina kubeera nti olimbibwa obuvubuka bwo. Abantu bangi abato abetabye mu ssuubi eppanvu, neberabira okufa kwabwe era nebalwisa ate neberabira okweneny, nga bagamba nti 'Nja kwenenya enkya ova olunaku oluddako.' Mu nkomerero, baziikibwa mu ntaana zabwe era tebagasibwa bugagga bwaabwe, baddu babwe, bazadde n'abaana. Kiwandikiddwa mu ayaa 88 ne 89 eza Surah Ash-Shu'ara, ekitundu 19:

يَوْمَ لَا يَنْفَعُ مَالٌ وَلَا بَنُونَ ﴿٨٩﴾ إِلَّا مَنْ أَتَى اللَّهَ بِقُلْبٍ سَلِيمٍ ﴿٩٠﴾

Olunaku obugagga bwabwe wadde abaana babwe bwebitajja kubagasa. Okujjako oyo eyaja mu maaso ga allah, n'omutima omulungi¹.

[*Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)*] (Part 19, Surah Ash-Shu'ara, verses 88-89)

¹ Omutima ogukumiddwa okuva ku nzikiriza enkyaaamu.

*Milay khak mayn ahl-e-shaⁿ kaysay kaysay
Makeen ho gaye la-makaaⁿ kaysay kaysay*

*Huway naamwar bay-nishaⁿ kaysay kaysay
Zameen kha gayi nojawaⁿ kaysay kaysay*

*Jagah jee laganay ki dunya nahin hay
Yeh ‘ibrat ki ja hay tamashah nahin hay*

صلوا على الحبيب ﷺ

‘Qalb-e-Saleem’ kye kki?

Abaagalwa ab’oluganda abasiraamu! ‘Qalb-e-Saleem’, i.e. *Omutima ogukumiddwa kitegeeza obutukuvu bw’omutima okuva ku nzikiriz aenkyaaamu*. Ng’annyonnyola ku ayaa eyo waggulu, omunnyonnyozi owa Quran amanyiddwa ennyo ‘Allamah Maulana Sayyid Muhammad Na’eemuddin Muradabadi رحمه الله تعالى عليه yagamba: Oyo ali ewala okuva ku kusamira, obutakkiriza n’obunanfusi ajja kuganyukwa eby’obugagga byakozesa mu kkubo lya Katonda n’abaana be abalongoofu. Kiwandikiddwa mu Hadees, ‘Omuntu bw’afa, emirimu gye gikutuka okujjako ebintu bisatu – empeera ey’oluberera, esseente eziyamba abantu n’omwaana omulongoofu amusabira eDu’a.’.

(Sahih Muslim, pp. 886, Hadees 1631; Khaza’in-ul-‘Irfan, pp. 593)

*Meezaⁿ pay sab kharay hayn a’maal tul rahay hayn
Rakh lo bharam khudara ‘Attar Qadiri ka*

Okuvvunnula: *Bonna bayimiridde kumpi ne mizaani era emirimu gipimibwa. ‘Attar Qadiri okuva ku buswaavu ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ.* (Wasail-e-Bakhshish, pp. 195)

صلوا على الحبيب ﷺ

Okwagala ebitaano n'obubuyabuya ku bitaano

Wano waliwo ebimuli bya Madani ebikowoola eri obulongoofu era nga bituzuukusa okuva mu bubuyabuya. Nabi wa Rahmah, Omuwolereza wa Ummah, Nannyini Jannah yagamba: ﴿سَيَأْتِي زَمَانٌ عَلَى أُمَّةٍ يُجْبِيُونَ حَمْسًا وَ يَنْسَوْنَ حَمْسًا﴾ Omulembe gujja kujja kujjira Ummah yange nga bajja kwagala bitaano ate berabire bitaano:

4. ﴿يُجْبِيُونَ الدُّنْيَا وَ يَنْسَوْنَ الْآخِرَةَ﴾: Bajja kwagala ensi ate berabire Akhirah.
5. ﴿وَ يُجْبِيُونَ الْمَالَ وَ يَنْسَوْنَ الْحِسَابَ﴾: Bajja kwagala eby'obugagga ate berabire okubalibwa.
6. ﴿وَ يُجْبِيُونَ الْخُلُقَ وَ يَنْسَوْنَ الْخَالِقَ﴾: Bajja kwagala ebitonde ate berabire Omuronzi (Katonda).
7. ﴿وَ يُجْبِيُونَ الذُّنُوبَ وَ يَنْسَوْنَ التَّوْبَةَ﴾: Bajja kwaagala ebibi ate berebire okwenenya.
8. ﴿وَ يُجْبِيُونَ الْفُصُورَ وَ يَنْسَوْنَ الْمُغَيْرَةَ﴾: Bajja kwagala embibi ate berebire amalaalo (entaana)'

(Mukashafa-tul-Quloob, pp. 34)

*Woh hay ‘aysh-o-‘ishrat ka koi mahal bhi
Jahan taak mayn her ghari ho ajal bhi*

*Bas ab apnay is jahl say tu nikal bhi
Yeh jeenay ka andaz apna badal bhi*

*Jagah jee laganay ki dunya nahin hay
Yeh ‘ibrat ki ja hay tamashah nahin hay*

“ *Okuvvunnula: Omuntu ayinza atya okujaganya mu kifo mwasobola okufira ku ssawa yonna? Kati olina okufula ove mu kizikiza eky’obutamanya era okyuuse embeera z’obulamu bwo kubanga ensi eno si kifo kyakunyumirwa mu wabula kuyigira mu misomo.* ”

صلوا على الحبيب صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى مُحَمَّدٍ

Okwenenya okuva ku nyimba ne myuziki

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okusobola okufuna okusimibwa kwa Katonda, okufuna okutya Katonda mu mutima, okwongeza obwagazi bw;okukuuma obukkiriza, okufumitiriza ku kufa, okuwira okutya okuva ku babinerezo by'entaana n'omuliro, okujjavo omuze ogw'okukola ebibi, okwenyweeza ku Sunnah, okukoleeza omusubbawa g'wobwaagazi eri Nabi Omutukuvu ﷺ mu mutima n'okwongeza okuyayana kwo okubeera okumpi ne Nabi Ow'ekitiibwa ﷺ mu Jannat-ul-Firdaus, sigala nga wekutte ku Dawat-e-Islami, ekibiina eky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekibulirira Quran ne Sunnah. Tambula buli mweezi wakiri ennaku ssatu ne Madani Qafilah ez'agazisa eSunnah mu kinywi ky'abagazi ba Rasool, jjuzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli kanaku ng'okola Fikr-e-Madinah era okaweyyo eri avunanyizibwa ku bbwo ku lunaku olw'ekkumi olwa buli mweezi gwa Madani.

Wano waliwo mu bufunze ekyafaayo kya Madani okukukubiriza. Ow'oluganda omusiraamu omu okuva mu Hyderabad Bab-ul-Islam (Sindh) yagamba: Nali muvubuka wa malala era nga nnymirwa nnyo ebisikiriza n'ebwokwewunda eby'oku nsi. Nga netoloddwa ebibi n'ebikolwa ebiswaavu ng'okuyimba, omuziki, firimu, emizannyo etc., nail ndi wala nnyo okuva ku Salah ne Sunnah. Eky'omukisa omulungi, Madani Channel yaggulwaawo mu Ramadan-ul-Mubarak 1429 AH (2008). Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ, nalaba ebyaali biwerezebwa ku Madani Channel. Nga nsanyuddwa nnyo, natan dika okulaba ebyali bisinga okuwerezebwa mu mitndera gyayo. Nafuna n'omukisa okulaba omusomo ogwagazisa eSunnah oguyitibwa 'Enjaba enzirugavu'. Nga mpan guddwa okutya kwa Katonda, nakolerawo ekigendererwa eky'okukuza ekirevu ku ffeesi yange. Omusomo 'Ennyiriri 35 ez'enyyimba ez'obuwemu eri Katonda n'eddiini' bwewgawerezebwa ku Madani Channel, nenenyezawo mu kutya okungi okuva ku nnyimba.

Bay'at bwewayakolebwa ku Madani Channel, nafuuka mureedi wa Ow'ekitiibwa Ghaus-e-A'zam Sayyiduna Shaykh 'Abdul Qaadir Jeelani رحمه الله تعالى علية، nafuuka Qadiri. Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ, ntandise okusaala eSakah ettaano mu budde bwazo zonna. Mu kiseera ky'okuwandiika bino, mpereddwa omukisa omulala okukola I'tikaf ey'en naku 30 mu Ramadan-ul-Mubarak wansi w'obulabirizi bwa Dawat-e-Islami mu Faizan-e-Madinah, Madani Markaz ey'ensi yonna eya Dawat-e-Islami.

Madani Channel Sunnataun ki laye ga ghar ghar bahaar

Madani Channel say hamayn kyun walihanah ho na piyar

Ay gunahaun kay mareezon! Chahtay ho ger shifa

On kertay hi raho tum Madani Channel ko sada

Is mayn 'isyān say hifazat ka bahut saaman hay

لَهُمْ أَنَّا نَحْنُ عَلَيْهِمْ شَهِيدُونَ Khuld mayn bhi dakhilah aasan hay

“ Okuvvunnula: Twagala nnyo Madani Channel kubanga ereeta ensulo ya Sunnah mu buli maka. Abange abakozi b'ebibi! Bwemuba nga mwagala okuwona obulwadde bw'ebibi, musigala nga mulaba Madani Channel. Eija kubakuumma okuva ku bibi ate ejja kubatwaala mu Jannah, ﴿إِنَّمَا الْمُحَاجَّةُ عَلَىٰ حَسْبٍ مِّنْ حِكْمَةٍ﴾.

(Wasail-e-Bakhshish, pp. 605-606)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى الْمُحَمَّدِ

Okukaaba n'okutya kwa Katonda ng'okowoola eri obulongoofu

Abaatusooka abalongoofu abaffe ﷺ baali tebasuula kakisa konna ak'okuyita abantu eri obulongoofu. Ne bwebaali nga batambula, baali bakowoola eri obulongoofu. Sayyiduna Ibraheem Bin Bashshaar ﷺ yagamba: Nze ne Fasawi twaali tugend amu Busiiri (Syria) omuntu bweyajjira amangu ddala nagamba ng'amaze okutoola Salam gyetuli, ‘Owange Abu Yusuf! Mbulirira.’ Ng’awulidde kino, ye yakaaba nnyo namala nagamba ng’akowoola eri obulongoofu, ‘Owange muganda wange! Ennaku n’ebiro ebijja ne bigenda mu kweddiringana biraga nti omubiri gwo guli mu kunafuwa, emyaaka gyo gigwaayo ate okufa kwo kusembera. Owange muganda wange! Tolina kwekkusa okutuusa ng’omanyi nti ojjakubeera n’enkomerero ennungi. Tofuua nga mubuyabuya kubanga tomanyi oba onayingira ejannah oba Omuliro, oba Allah عَزَّوَجَلَّ musanyufu gyoli olw’okusaasira Kwe n’obugabi oba munyizvu gyoli olw’ebibi byo n’obubuyabuya. Owange omusajja omunafu! Tewalabira nga kiki kyooli kyennyini. Wali ttoondo erikyaafu mu ntandikwa ate ojja kufuuka omulambo oguvuunze mu nkomerero. Bwoba nga tosobola kulaba buwanvu

bwa kubulirira kwange kati, ojja kubutegeera mangu nnyo ng'ozikibwa mu ntaana yo mwojja okuwulirira obuswaavu naye nga tekijja kukugasa.'

Ng'ayogedde bino, yasirika ﷺ era natandika okukaaba. Ng'awambiddwa embeera eyo, omuntu eyali asabye okubulirirwa naye yatandika okukaaba. Omwogezi w'ekyafaayo agaenda mu maaso nagamba nti bombi baakaaba nnyo okutuusa bwabazirika. Ng'alaba bino omwogezi naye yakaaba nnyo.

(*Zamm-ul-Hawa, pp. 437; summarized*)

Mujhay sachchi taubah ki taufeeq day day

Pa-ay Tajdar-e-Haram Ya Ilahi

Jo naraz Tu ho gaya to kaheen ka

Rahun ga na Tayri qasam Ya Ilahi

“ Okuvvunnula: Owange Ow’amaanyi Gonna! Mpa omukisa ogw’okwenenya ”
okwanamaddala olwa Nabi Wo Omwaagalwa ﷺ. Bwonyigira,
njakuzikirira. (*Wasail-e-Bakhshish, pp. 82*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Kaaba bwoba ng’olabye omulala ng’akaaba

Abaagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mulabye okuytya kwa Katonda okw’abatusooka abalongoofu ﷺ? Nga bakowoola eri obulongoofu, oluusi bakaaba nga n’okutya kwa Katonda. Omuntu yenna ne leero bwakaaba n’okutya kwa Katonda ng’akowoola eri obulongoofu oba ng’abulirira omusomo oba ng’akola Du’a oba ng’asoma Quran oba Na’at, guno mukisa munene nnyo gyaali. Okulowooza obubi ku muntu oyo ng’omu twaal nga eyelaga kikolwa kiri Haraam era kitwaala omuntu mu Muliro. No’wlekyo, tewali alina kubeera na ndowooza mbi. Abo ababumbugujira mu muliro gw’okunyiiga olw’okubeera nendowooza embi ku balala tebajja kufuna kirala okujjako okuzikirira. Sayyiduna Makhool Dimashqi رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ lumu yagamba, ‘Bwolaba omuntu ng’akaaba, naawe kaabira wamu naye. Tolowooza bubi nti ali mu kweraga. Lumu nafuna

ekirowoozo ekibi ku musiraamu eyali akaaba, era nno olw'ekyo nali sisobola kukaaba kumala mwaaka mulamba nga ekibonerezo.' (*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 107)

*Yaad-e-Nabi mayn ronay wala ham deewanoⁿ ko
Lakh paraya ho woh phir bhi apna lagta hay*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى مُحَمَّدٍ

Omuntu eyeraga yakyasinze obussiru

Okulowooza awatali kintu kyonna ekituufu ekiraga nti omuntu akaaba mu Du'a etc. nti yeraga [i.e. kabandabe] teali kubusabusa nti kibi ekitwaala omuntu mu Muliro, naye omuntu akaaba alina okufumitiriza ku nsonga lwaaki akaaba. Bwaba ng'asuubira nti waliwo okubusabusa mu kweraga, alina okwewala okukaaba. Eky'amazima, omuntu eyeraga busiru nnyo kubanga ayonoona empeera ennene ezimuweebwa Katonda olw'okwagala essanyu eriggwaawo ery'okugombebwa, okuwaanibwa n'abantu okumut wala nti mulongoofu. Ekisingayo obubi nate, omuntu ono omunyomeefu eyeraga tayinza na kumanya oba omutnu gweyali ayagala okusanyusa olw'okulabika kwe ngomulongoofu oba asanyuddwa oba nedda. Newankubadde ng'omuntu oyo asanyuddwa, era namuwaana, kizibu nnyo omuntu okuwulira ebigambo eby'okuwaana kwe. Omuntu nebwamuwanira mu maaso ge, kino kijja kumuleetera okuzikirira okulala. Nzikiririza mu! Abantu bwebakitegeera nti gundi akaaba oba akola ebikolwa eby'okusiinza olw' kabandabe, bajja kumutamwa. Omuntu ono eyeraga kati alina okufumitiriza nutya Allah ﷺ amanyi ebintu byonna bwajja okumunyiigira!

*Aaj banta hoon mu'azziz jo khulay Hashr mayn 'ayb
Haye ruswa`ee ki aafat mayn phansooⁿ ga Ya Rab*

“ Okuvvunnula: *Nfanana ng'omtu omulongoofu leero naye nja kuswaala nnyo* “
ng'obumogo bwange bulagiddwa ku lunaku lw'enkomerero. (*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 91)

Emirimu gjija kwononebwa

Wano waliwo ayaa n'ebigambo, ebikowoola eri obulongoofu, n'ekigendererwa eky'ok wongeza okuyayana eri okwewala okweraga era n'okuteeka abalala okukyewala. Mazima, emirimu egikolebwa abantu abatalina magezi aberega nga baagala obulamu bw'esni okusinga Akahira tegijja kubagasiza ddala. Wano wanokoddwa, mu musomo guno, ayaa eya 15th eya Surah Hood n'enzivunnula yaayo okuva mu mpapula 418 ne 419 eza *Kanz-ul-Iman* ne *Khaza'in-ul-'Irfan* ebyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Allah ﷺ agamba mu kitundu 12 akya Quran Entukuvu:

مَنْ كَانَ يُرِيدُ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَرِزْقَهَا نُوفِ إِلَيْهِمْ أَعْمَالُهُمْ فِيهَا وَهُمْ فِيهَا لَا يُنْخْسُونَ ﴿١٤﴾

Oyo yenna ayagala obulamu bw'ensi n'ebiyokwewunda byabyo, Tujja kubasasula mu bujjuvu olw'emirimu gyabwe, era tetujja kukendezako yadde n'akatono.

[*Kanz-ul-Iman* (*Translation of Quran*) (Part 12, Surah Hood, verse 15)]

Ng'annyonyola ayaa eyo waggulu, Sayyiduna Ibn 'Abbas رضي الله تعالى عنهما yagamba, 'Aberaga baweebwa empeera y'emirimu gyabwe emirungi mu bulamu bw'ensi, era tabalyzamanyizibwa wadde n'akatono.' (*Tafseer Tabari*, vol. 7, pp. 13)

Riya-kariyaun say bacha Ya Ilahi

Bana mujh ko mukhlis bana Ya Ilahi

“ Okuvvunnula: *Ya Allah* ﷺ! Ntaasa okuva ku kweraga era nfuula omuddu
owamazima (Mukhslis).

Omirumu og'okweraga tegukkirizibwa

Kiwandikiddwa ku lupapula 16 olw'ekitabo eky'empapula 166 ekiytibwa 'Riya Kari', ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Nabi Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, 'Allah ﷺ takkiriza mulimu ogulimu okweraga mu ggwo okenkanankana n'akasirikitu.'

(Attargheeb Wattarheeb, vol. 1, pp. 36, Hadees 27)

*Dikhaway say mujh ko Ilahi bachana
Mujhay Apni rahmat say mukhlis banana*

“ *Ya Allah ﷺ! Ntaasa onkuume okuva ku mirimu egy;okweraga era mpa omukisa okukola ego egiri Mukhlis.* ”

Ejannah eri Haraam eri oyo eyeraga

Nabi Omutukuvu yagamba, ‘Allah ﷺ yalangirira nti Ejannah eri Haraam eri buli muntu eyeraga.’ (*Jam’-ul-Jawami’ lis-Suyuti*, vol. 2, pp. 242, *Hadees 5329*)

Abaagalwa ab’oluganda absiraamu! Oyo ava mu bulamu buno ng’alina obukkiriza asobola okusonyiyizibwa awatali kubalibwa oba ayinza okuyingizibwa mu Jannah oluvannyuma lw’okubonerezebwa akaseera, nga kisinziira ku kwagala kwa Allah ﷺ. Nol’wekyo, ng’annyonnyola ekitundu kya Hadees ‘*Ejannah eri Haraam eri buli muntu eyeraga*’ ‘Allamah Muhammad ‘Abdur Ra’oof Manaawi رحمه الله تعالى عليه yagamba, ‘Kitegeeza nti omusiraamu eyeraga tajja kuyingira mu Jannah mu ntandikwa.’

(*Fayd-ul-Qadeer lil-Manaawi*, vol. 2, pp. 286, *Hadees 1725*)

*Khata`ayn mayri ‘afw Ghaffar ker day
Riya-kariyaun say Tu bayzar ker day*

“ *Okuvvunnula: Ownage Omusonyiyi! Nkusaba onsonyiwe ebibi byange ate ontamye okweraga.* ”

Eky’okulabirako eky’okweregaa

Ng’anyonyola okweraga nga bwakozesa ekyokulabirako, Hujjat-ul-Islam Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رحمه الله تعالى عليه yagamba: Omuntu bwasigala ng’ayimiridde mu maaso ga Kabaka olunaku lulamba ng’omuddu, naye nga ekigendererwa kye si kubbeera kumpi ne Kabaka wabula kulaba mukazi we, kino mazima ddala kubbeera kunyooma Kabaka. Kati lowooza! Nga kitamwa era kinyomeebwa nnyo okusiinza Allah ﷺ ng’olubirira kusanyusa muddu omunafu ataliba buyambi atasobola kukugasa wadde okukufiisa! (*Ihya-ul-‘Uloom*, vol. 3, pp. 369; summarized)

*Ikhlas naykiyaun mayn ay Rab-e-Kareem day
 ‘Aql-e-saleem day mujhay qalb-e-saleem day*

Okuvvunnula: Owange Katonda wange Ow’ekisa Lord ﷺ! Mpa omukisa ogw’okubeera n’amazima mu mirimu gyange, wamu n’amegezi amatereevu n’omutima ogw’emirembe.

Amakulu ga Riya [okweraga]

Nga tumaze okufuna okumanya okumu ku bubi bw’okweraga, kati katumanye amakulu gaakyo. Amakulu g’okweraga okubi gegano: ‘Okusiinza n’ekigendererwa ekirala okujjako okusanyusa Allah ﷺ.’ Mu bigambo ebirala, okweraga kwe kusiinza n’ekigendererwa eky’okutegeesa abantu ku kusiinza omuntu eyeraga asobole okufuna esseente okuva ku bbo oba awaanibwe oba atwalibwe ng’omulongoofu oba aweebwe ekitiibwa. (*Az-Zawajir*, vol. 1, pp. 76)

EBY’OKULABIRAKO 80 EBY’OKWERAGA

(Newankubadde ng’eb yokubirako bino wansi bya kweraga, ennamula ya bingi ku bbyo eyinza okucuka okusinziira ku njawulo mu kigendererwa.)

Eby’okulabirako 11 eby’okweraga mu Salah

1. Okusaala eSalah buli kaseera ng’ayagala abantu okumutwaala ng’omuntu eyekwaata ku Salah.
2. Eri Haafiz okusaaza Salah ya Taraweeh okufuna esseente.
3. Okwetaba mu Ijtimah eyagazisa Sunnah oba okusaala eSaalah mu Jama’at oba okukola Sada-e-Madinah (i.e. okuzuukusa abasiraamu okusaala Salat-ul-Fajr) ku lunaku lw’okuwasa kwe oba ku lumbe mu maka ge abantu bamwegombe era bamuwaane nga boogera ebigamba nga ‘Kirungi nnyo! Akoze emirmu emirungi ne ku mukolo nga guno!’ (Naye nga buli jjo abadde aleka emirimu gino.)
4. Okusaala eSalah n’obuwombeefu n’obugoonvu bw’omubiri mu maaso g’abantu okubasanyusa.

5. Omuntu eyetabye mu Ijtima'-e-Zikr-o-Na'at mu kiro ekitukuvu ekimu oba nasaala Salat-ut-Tahajjud, natakula amaasoge oba neyegolola emisana mu maaso g'abantu basobole okumanya nti teyebasse kiro wabula yasigadde ng'atunula ng'akola emirimu emirungi, kino kiraga okweraga.
6. Okusaala [Nafl Salah nga] Ishraq, Chasht, Awwabeen ne Tahajjud mu maaso g'abantu basobole okumuyita omwegendereza mu kusaala Nafl Salah.
7. Omuntu bwaaba ng'atwalibwa nga eyejjumbira okusaala Tahajjud n'okusiiba ebisiibo bya Nafl, naye nga tali ekyo, wayinza okubaawo akabeenje k'okweraga gyaali. Okugeza, bwelianjulwa eri abantu ng'omukozi w'emirimu emirungi, akakkanya omutwe gwe nakaseko ku ffeesi ye nga alaga nti akola emirimu gino emirungi. Kino kyakulabirako ekyeyoleka eky'okweraga.
8. Omuntu azuukuse okusaala Tahajjud bwakolola mu lwaatu oba nakola ebintu ebirala mukyala we oba ab'enganda basobola okuzuukuka bamanye era bamulabe ng'asaala Tahajjud, kino kyakulabirako eky'okweraga.
9. Okusigala ekiro ennyo mu Masjid oluvannyuma lw'okusala eSalah abantu abasobole okumutwaala ng;omuntu omulongoofu.
10. Okusaala eSalah buli kaseera mu lunyiriri olusooka olwa Masjid abantu basobole okumuwaana era abasanyuse.
11. Okualaga okwejjusa mu maaso g'abantu olw'okusubwa okubeera mu lunyiriri olusooka oba Jama'at abantu basobole okumutwaala ng'omuntu ayayana ennyo okufuna olunyiriri olusooka oba Jama'at.

Eby'okuabirako 18 eby'okweraga mu babulirizi

1. Okubuliriria omusomo mu Ijtima' etc. abantu basobole okumuwaana n'okumuyita omubulirirzi omulungi.
2. Okwogera ennyiriri ezikwaata ku mutima mu ddoboozi ery'olwaatu eriduumira mu kubuulirira oba okusoma ennyirir ezimu ez'ebitontome mu ngeri eraga okuyayana mu kkyo bantu abasobole okuwaana okubulirira kwe nga bamuyita omubuliririzi omunene, nga bagamba ﴿سُبْحَنَ اللَّهِ﴾, Marhaba etc.

3. Okukozesa ebigambo ebirungi ennyo, ebigambo ebizibu, Oluwarabbu n’Olungereza mu kubuulirira abantu basobole okumuyita omubulirirzi omumanyi era abasanyuse.
4. Okwogera ebigambo ebimu mu ntandikwa y’okubulirira nga: *Mbadde ntambula lubeerera okumala ennaku mukaaga; mbadde nina okutambula okumala essawa 13 nga sinnaba kutuuka wano; nkooye nnyo, siridde kintu kyonna naye nzize wano okubulirira omusomo guno* etc. Omubulirirzi ayogera ebontu nga bino abantu basobole okumuyita omubilirizi ow’amazima (Mukhlis) eyewaayo mu kkubo lya Katonda.
5. Okwogerae bigambo ebimu nga: *Mbadde ntambula mu Madani Qafilah okumala emyeesi 25; I am Waqf-e-Madinah* (i.e. omuntu awaddeyo obulamu bwe bwonna okukola ebirimu gya Madani); *Mbadde mbulirira emisomo okuva ku lunaku olwasookera ddala; Mbadde neteba mu Madani Mashwarah lubeerera okumala ennaku nydingi, mbadde ntambula ne Madani Qafilah bbiri (oba nnya) okumala ennaku 3 buli mweezi.* Okwogera ebintu nga bino ng’ayagala abantu okumuwa ekitiibwa n’okumuwaana era bamuyite omubilirizi eyegombesa eyewaayo neyelekereza okuweereza obusiraamu.
6. Okubulirira Dar 50 oba 100 okuva mu *Faizan-e-Sunnat* mu lunaku lumu n’okwogera okukwaata ku mitima ennyo ng’ayagala abantu bamusiime era bamuwaane mu linnya ly’okumukumakuma, ab’oluganda abasiraamu abakulu aba Dawat-e-Islami basobole okumuweetaweeta ku mugongo bamuwe n’ebirabo.
7. Okubuulirira bulungi nnyo n’obwatuvu obw’ensosso mu maaso g’abantu abamu abamanyiddwa ennyo oba omuntu omugagga asobole okusanyusobwa omubulirirzi era bamuwaane.
8. Okuteekawo enkolagana n’omuntu ow’ebyobufuzi, omukungu oba omuntu amanyiddwa ennyo oba omuntu omugagga abantu basobole okukimanya oba yekkenyini ng’ajja kubagamba nti ow’ebyofuzi gundi etc. musanyufu gyaali, amusaba okumusabira eDu’a, anyweegera engaloze oba amuwa ekitiibwa.

9. Okugezako okukubiriza omukungu oba owa yafeesi okujja mu maka g'omubulirizi abantu basobole okumanya nti abakungu basanyufu gyaali, era bajj mu maka ge okufuna eDu'a n'emikisa.
10. Okubulirira omukungu oba omuntu omugagga oba okumulaga ensobi ze, ng'alaga nti ye (omubulirizi) tetiisibwatiisibwa bantu bamanyiddwa oba ba maanyi, era nti tatya kwogera kiragiro kya Shari'ah mu maaso g'omuntu yenna.
11. Omubulirizi bwaba nga yali yakubiriza ko omugagga oba omuntu amanyiddwa ennyo okukuza ekirevu oba n'akubaganya omuntu omujeemu ennyo okwenenya ebibi bye, era namala nabyogera eri ab'oluganda abasiraamu oba mu kubulira kwe asanyuse abantu, kiraga okweraga.
12. Okusigaza amaaso ng'ogatedde wansi, ng'otudde n'abantu oba ng;obulirira oba ng'oyogera n'abalala, ng'oyagala kusanyusa bantu, newankubadde ng'amaaso agakkanyizza wansi n'obuwombeefu oba ngakoze Qufl e Madani ey'amaaso (naye nga amaaso ge gatayaya wano ne wali bwaba nga tali na bantu).
13. Okusaala eSalah n'obuwombeefu era n'obwetowaze ng'akakkanye yekka (bwoomu) asobole okukikola ng'ali n'abantu, abasanyuse. (kuno kweraga kwa mirundi ebiri kubanga ekikolwa ekikolebwa mu bwoomu tekyaali kya kusanyusa Allah ﷺ wabula kuteeka bantu kumuyita muntu mulongoofu.)
14. Okujuzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli kaseera ng'okola Fikr-e-Madinah era n'ogamba abantu abalala omuwendo gwa Madani In'amaat omubulirizi gwakolerako abantu basobole okumuwaana era bayogere erinnya lye ng'ekyokulabirako eri abantu abalala, nga bagamba nti omubulirizi gundi munyweevu nnyo mu kukolera ku Madani In'amaat zonna oba ezisinga obungi.
15. Okuweereza obusiraamu, okutambula ne Madani Qafilah n'okukola kawefuba w'eddiini ng'ogumira ebizibu abantu basobole okumuwaana olw'okwewaayo n'okwerekereza kwaba akoze era bamutwaale ng'omubulirizi akola ennyo era ayayanira ebirungi.
16. Okutambula mu nsi ez'anjawulo mu kkubo lya Katonda abantu basobole okumuwaana olw'okwerekereza kwe kwakoze, bamwogereko ng'ekyokulabirako eri abalala era bamuyite omubulirizi ow'ensi yonna (international).

17. Okuyita Sada-e-Madinah buli kanaku, i.e. okuzuukusa abasiraamu okusaala Salat-ul-Fajr, abantu basobole okumuwaana nga bagamba ebigambo nga: *Tatyā nzikiza wadde mbwa; era enkuba n'obunnyogovu tebisobola kumiziyiza. Neweyebaka kiro nnyo kitya, tasubwa Sada-e-Madinah.*
18. Okukowoola omuntu eri obulongoofu oba okumuziyiza okukole ebibi abantu basoole okusanyukira omubulirizi oyo era bamutwaale ng'omuntu ayagaliza obulungi eri abasiraamu, nga bogera ebigambo nga: *Mnyweevu nnyo mu by'eddini era tayinza kusirika ng'alabye ebibi.* (Singa omuntu alaga obunyweevu bwe ne mu ddiini mu maka ge era nagezako okulngoosa b'enganda be.)

Eby'okulabirako 16 mu basomi n'abawulirizi ba Na'at (Qaswiidah)

1. Okusoma Quran Entukuvu oba Na'at mu Ijtima' emu etc. abantu basobole okumuwa essente, emmere, engoye n'ebirala; oba bawaane eddoboozi lye, ensoma ye, enjatula oba okunokola kw'ebitontome.
2. Okwogera enyiriri nyingi nnyo okuva mu *Hadaiq-e-Bakhshish* etc. mu Na'at esomebwa abantu bamuwaane nga bagamba nti ayize ennyiriri nyingi nnyo enkalubo ku mutima gwe.
3. Okusoma Na'at okuva mu mutwe nga tatumula mu bitabo abantu bamuwaane nga bagamba nti akutte Na'at nyingi nnyo ku mutima (mwooyo).
4. Okunyonyola olunyiriri olw;ekitontome olukaluba abantu basobole okumuyita omuntu omugezi ennyo era omuyivu.
5. Okusoma enyiriri z'ebitontome ezitali za buli gyo oba okusme enyiriri mu lusoma olupya ennyo oba olukopeddwa mu Ijtima' ennene mu mikole egyptenjawulo okugeza; ekiro ekitukuvu abantu basanyusibwe nga bagamba ﴿سُبْحَنَ اللَّهُ﴾, nga baleeta ebirombojo wamu n'okuteeka abasomi ba Na'at abalala okumuwaana.
6. Okufuna obukenkufu mu Na'at, okusoma Quran n'okubulirira abantu basobole okumuyita omukenkufu mu mitendera egypten.
7. Okwetaba mu nkungana za Na'at ezitegekeddwa omuntu omugagga oba okusoma Na'at mu maaso g'omuntu ow'eddiini (omumanyi) oba omuntu omugagga oba

omukungu yenna basobole okuwa omusomi wa Na'at oyo essente, era Nafs (omwooyo) ye esanyuke ng'awaniddwa bbo.

8. Okugenda ebweeru okusoma Na'at mu nkungana ezitegekeddwa eyo ng;oyagala ssente n'okumanyibwa ekitiibwa '*Omusomi wa Na'at amanyiddwa ennyo nsi zonna*' kisobole okukozesebwa n'erinnya lye era kiwandikibwe ku bipande.
9. Okusoma Na'at oba okubulirira ku 'TV channel' ez'enjawulo abantu basobole okumuwa ekitiibwa, bamuyite mu nkungana z'eddiinim bamuyise nga 'VIP', bamuyite omusmi wa Na'at (oba omubulirizi) amanyiddwa ennyo ku mikutu gy'amawulire oba ku TV gundi, era VCD esobole okufulumizibwa, kimuleetere okumanyibwa n'ettutumu.
10. Okufulumya CD oba VCD ye asobole okufuuka omusomi wa Na'at (oba omubulirizi) amanyiddwa ennyo ow'ettutumu.
11. Okwekoza ng'akaaba oba okulabika ng'omuntu akaaba oba okutemya ennyo amaaso oba okugaggalawo n'obunyweevu ng'agezaako okuteeka amaziga okugafuluma mu oba okusimuula amaso mu kweddiringanya, ng'abulirira oba ng'awuliriza omusomo, oba ng'akola oba nga yakulira okusoma Du'a, oba okusoma oba okuwuliriza Munajat oba Na'at, abantu basikibwe gyaali bamutunulire n'amaaso agamuwaana.
12. Okutuula mu maaso mu Ijtim'a-e-Zikr-o-Na'at, okweeuuba n'empisa nga Na'at esomebwa, okugamba ﴿سُبْحَنَ اللَّهُ﴾ mu lwaatu oba okwatula ebirombojo mu ddoboozi erya waggulu abantu basobole okumuyita omwaagazi wa Rasool.
13. Okusika okufaayo kw'abawulirizi ng'akaaba n'okuyuguumya nga Na'at oba Munajat esomwa. Omuntu abadde abutikiddwa embeera nga Na'at oba Munajat esomwa bweyeyongera okunyeenya emikono gye oba ebigere newankubadde ng'okubutikirwa okw'embeera kugenze wansi ng'ayagala kwewala bigambo by'abatu ebimu nga: *Ayanguye okudda mu mbeera!*, kino nakyo kiraga okweraga. Mu ngeri y'emu, okugwa oba okukankanya omubiri oba okugutambuza mu kwewuuba wano ne wali ku ttaka abantu basobole okumusaasira oba bagezeeko okumuzza mu mbeera oba bamuwe amazzi, naye neyekoza okudda engulu empola abantu basobole okumuyita omwaagazi omunene ennyo owa Rasool, kuno nakwo kweraga.

14. Okwatula ekigambo ‘Madinah’ ng’akiddamu nnyo oba okukaaba mu nnaku ey;okubeera ewala okuva eMadinah abantu abasobole okumuyita ‘omwaagazi wa Madinah’.
15. Okwetaba mu Ijtima’-e-Zikr-o-Na’at okusobola okulya emmere ewebwa abantu ababa betabye mu.
16. Okuteeka amannya ge ag’obuwandiisi mu lunyiriri olusembayo mu Na’at, Manqabat, Munajat etc. zawandiise asobole okunyumirwa ettutumu n’okusiimibwa ng’omutontomi omulungi ennyo.

Eby’okulabirako 3 eri abo abawaayo essente mu kkubo lya Katondo

1. Okuwaayo ssente mu mirimu gy’eddiini abantu basobole okumuyita omuntu omugabi.
2. Okugaba obuyambi eri abaavu basobole okukungaana nga bamwetoloola, nga basabiriza.
3. Okuwereza oba okuyamba abalwadde, abantu abafunye ekintu eky’ennaku kyona oba abakoseddwa amataba etc. abantu basobole okumuyita omwaagazi w’obulungi eri abo abalina emitawaana era nti mukozi w’amazima.

Ebyokulabirako 32 eby’okweraga eby’enjawulo

1. Okuyiga okusoma Quran abantu basobole okumuyita Qaari omulungi.
2. Okwegendereza emitendera gy’amateeka g’okusoma mu Ijtima’aat ng’asinziira ku muwendo gw’abantu ababa bazze basobole okusanyusibwa. (Imam bwakikola ekyo mu Jahri Salah n’ekigendererwa kyekimu, naye alina okulongoosa ekigendererwa kye. Singa ffena tugoberera amateega g’okusoma nga tusaala ne Sirri Salah nazo.)
3. Okukozesa ebigambo ebiraga obwetowaze nga omuntu omukozi w’ebibi oba omuntu atasaana kitibwa n’ekimu abantu basobole okumuyita omuntu omuwombeefu, bawaane obuwombefu bwe. (okukozesa ebigambo nga bino nga yeoyerako wabula nga tebiri mu mutima kibeera bunanfuusi wamu n’okweraga.)

4. Okusisinkana abantu n'essanyu wamu n'obugonvu abantu basobole okumuyita omuntu akolagana n'abalala wamu n'omuntu ow'empisa ennungi.
5. Okusimula amasiga okuva ku maaso, ng'akaaba mu Du'a etc. mu maaso g'abalala, abantu balowooze nti asimuula amaziga okusobola okwewala okweraga.
6. Okwogera ebigambo ebimu okusanyusa abalala nga: *Ntya nnyo ebibi, buli kaseera mbera ntya nti nyinza okufirwa obukkiriza bwange, nyinza ntya okugumira okubalibwa ku lunaku lw'enkomerero!*
7. Okwogera ebigambo ebimu egiraga okukyaawa ensi wamu n'obulongoofu okugeza: *Newala okusisinkana abantu abagagga n'abamanyiddwa ennyo.* (Bwaba ng'akyogedde ng'anyooma omugagga etc., kijja kumuteeka okukola ekibi ky'okwekuluntaza wamu n'okweraga.)
8. Okubeera n'entunula ey'ennaku ku ffeesi oba okwogera ebigambo ebigumya eri abantu abalina ekizibu abantu basobole okumuyita omuntu ow'ekisa era omusaasizi. (Okukola kino n'ekigendererwa eky'okugumya abasiraamu abalina ekisibu wamu n'okusanyusa Katonda kikolwa kya kusiinza era kifunisa empeera mu Ahkirat.)
9. Okukwaata Tasbihi [i.e akaguwa akaliko embira ezikozesebwa okusoma obulaadi] mu ngeri eteeka abantu okugilaba oba okusoma Salat-'Alan-Nabi ne Wazaaf endala ng'atambuza emimwa gye oba mu lwaatu ennyo okusobozesa abalala okuwuliriza, abantu basobole okumuyita omuntu omulongoofu.
10. Okukolera ku Sunnah obulungi ennyo, ng'alya, ng'anywa, ng'ayimirira oba ng'atuula etc., mu maaso g'abantu abalala, abantu basobole okumuyita omuntu omunyweevu ennyo mu gugoberera Sunnah. Singa tufuna endowooza ey'okukolera ku Sunnah nga tulya, nga tunywa era nga tukola n'ebirala wadde tuli ffeka.
11. Okulya akatono, ng'ali mu lukungana oba mu maaso g'abalala, abantu basobole okumuyita omuntu alaya akatono era omuntu omunyweevu ennyo mu gugoberera Sunnah. (Eky'ennaku, omuntu ono eyeraga bwalya n'abantu be ab'anganda oba ne mikwaano gye nfanfe, alya n'omugabo gwabalala.)

12. Okubulira omuntu omulala ku mirimu gye emirungi wamu n'okumutegeeza alema kugamba muntu mulala yenna asobole okumutwaala ng'omuntu ow'amazima atayagala mirimu gye kumanyibwa balala.
13. Okukozesa ekitiibwa 'Haafiz' wamu n'erinnya lye abantu basobole okumwegomba nga bagamba ﴿مَا شَاءَ اللَّهُ﴾, bamuwe ekitiibwa era bamusabe abasabire Du'a. (Bwewaba nga tewaliwo kigendererwa kya kweraga, tekiganibwa eri Haafiz okukozesa ekitiibwa 'Haafiz' wamu n'erinnya lye.)
14. Okukola I'tikaf mu Ramadan oba okusoma Quran Entukuvu mu maaso g'abantu abalala oba okukola Du'a mu ngeri ey'obwetowaze ennyo abantu basobole okumuyita omuntu omulongoofu.
15. Okukola I'tikaf mu Ramadan asobole okulirayo emmere ey'obwerefere (etasasulibwa), ku Sahari (Daako) ne ku Iftari (Futaali), ewebwa eri ba Mu'takifeen mu Masjid.
16. Okwetaba ennyo era n'okuyamba ennyo mu mirimu gy'olumbe n'okuziika abantu, naddala ab'enga b'omufu, abasanyuse era bamuyite omuntu omulongoofu era akolagana obulungi n'abalala.
17. Okwetaba n'okuyayana mu mirimu emirungi abantu basobole okumuyita omuntu ayagala ennyo okukola emirimu emirungi.
18. Okbuulira abala emirimu gye gyakoledde eddiini basobole okumutwaala ng'omubulirizi ayayana ennyo mu kukola ebirungi, ara nga manukakasa ng'omuntu ow'ediini ennyo. Okugeza, nga bogera ebigambo ebimu ebiraga obunene bwe nga: *Mbadde nkowoola eri obulongoofu okumala emyaaka kumi n'ettaano; nasigala mu buwerezza bwebuti mu Dawat-e-Islami okumala ekiseera kiwanvu; nakola emirimu gya Madani mu bifo bingi n;ensi nydingi; nakubiriza n'abenganda abasiramu okukuza ebirevu, okwambala ebitambaala n'okukola emirimu gya Madani; nabatendeka; nkubirizza ow'oluganda mu busiraamu gundi ne gundi okwegatta ku mbeera ya Madani etc.*
19. Omuntu bwasanga okubulirira okulungi oba okunyuma ng'asoma, nakisigaza yekka ng'ekyaama n'ekigendererwa eky'okukyogera mu nkungana ennene eza Ijtima'

abantu basobole okwogera ebirombojjo ﷺ, okumuwaana wamu n'okumukakasa ng'obulirizi omumanyi, kino kiraga okweraga.

20. Okutegeeza abalala nti ali Imam oba omwaalimu ow'ekitiibwa ekinene era nti tasasulwa basobole okusanyisibwa era bamuwe ekitiibwa ekinene.
21. Okukwoola Azan mu ngeri empoomu ennyo mu Ijtim'aat oba mu biro ebitukuvu abantu basobole okuwaana eddoboozi lye n'obuwoomu bwalyo.
22. Omuntu omuyizi w'eddiini oba Haafiz wa Quran oba Imam oba Muazzin Oba omubulirizi etc. bwalaga ektiibwa kye eky'ediini ng'agula ekintu kyonna oba ng'apangisa omuntu okumukolera omulimu gwonna omuntu oyo asobole okumusalirako ku bbeeyi y'essente z'ananasula, kino kiraga okweraga.
23. Okutekamu ebigambo ebinokoddwa [i.e. ebyo ebirimu ekuwabula], ebyafaayo ebinyuma n'ebimuli bya Madani mu kitabo oba akatabo kawandiika, n'ekigendererwa eky'okugombebwa wamu n'okusiimimwa.
24. Okugamba abantu emirundi gy'akoze Hajj ne 'Umrah, omuwendo gw'okusoma Quran buli kanaku, ensiiba zonna eza mu Rajab-ul-Murajjab ne Sha'ban-ul-Mu'azzam wamu n'ensiiba za Nafl endala, Nafl Salah ne Salat-'Alan-Nabi ezisomeddwa abantu basobole okumwegomba era bamuwe kitiibwa.
25. Okubulira abalala nti asomye ebitabo bingi ebinene n'ebitono ng'ayogera amanya g'abyo oba nga tagogedde basobole okumutwaala ng'omutnu ayagala ennyo okumanya kw'eddiini era bamuwe ng'ekyokulabirako eri abalala.
26. Okukola Hajj oba okubulira abalala nti ogikoze basobole okumuyita Haji Sahib, bajje okumusisinkana, bamusabe abasabire Du'a, bamuwe emiddaali wamu n'ebirabo etc. (Omuntu bwaba nga talina kigendererwa kya kuyisibwa na kitiibwa n'okuwebwa ebirabo, wabula ng'alina ebigendererwa ebirungi okugeza ng'okwebaza ekyengera kya Katonda etc. tewali kuziyizibwa gyaali okubulira abalala ku Hajj, okutegeka 'Mahfil-e-Madinah' wamu n'okuyita ab'enganda n'emikwaano etc. Kikolwa ekifunisa empeera mu Akhirat gyaali mu mbeera eno.)

27. Okuyisa ba Sayyids [abava mu lulyo lwa Nabi Omutukuvu ﷺ n'ekitiibwa ng'anywegera engalo zabwe ba Sayyids basobole okumwagala oba abantu okumuyita omwaagazi wa ffamire ya Nabi Omutukuvu ﷺ.]
28. Okulambula amasiro ga ba Awliya oba okwetaba mu 'Urs (Edduwa) zabwe n'obwejjumbize abantu basobole okumiuyita omwaagazai w aba Awliya.
29. Okwogera erinnya lyu Sayyiduna Ghaus-e-A'zam رحمه اللہ الکریم ng'ariddiringanya oba okutegeka Niyaz [Edduwa y'omuntu] ku 11th ogwa Rabi'-ul-Ghaus oba okusoma Manqabat ze n'obwaagazi obw'ensusso abantu basobole okumuyita omwaagazi wa Ghaus-e-A'zam.
30. Okuweereza Murshid we, okwogera mu bantu emirimu gyakoledde Murshid we n'okusigala ng'ali kumpi naye abantu basobole okumuyita omugoberezi ow'okumpi ennyo, omuwereza asinga okwagalibwa Murshid era bamuwe ekitiibwa, bamnywegere omukono gwe, bamuwe ekifo eky'ekitiibwa, bamusabe okubasabira Du'a, bamuwe ebirabo n'essente era bamusabe okubawolera ewa Murshid.
31. Okulya emmere efise eya Murshid mangu nnyo mu maaso g'abantu basobole okumuyita omuntu ayagala ennyo ebintu eby'emikisa. (Atem, bwabeera yekka, tasobola kugikwatako oba agiwa abalala.)
32. Okusigala ng'asirise oba okwogeza obubonero oba okuyitira mu kuwandiika mu maaso g'abalala abantu basobole okumuyita omuntu atasaga era omusirise ate nga muntu ayegendereza ennyo kufulu ya Madani ey'olulimi. (Wabula ng'aseka nnyo bwaba ng'ali waka oba n'emikwaano gye.)

Fumitiriza ku by'okulabirako ebyo waggulu ng'olowooza ku makulu 'okweraga

Abaagalwa ab'oluganda absiraamu! Ddamu otunule ku kunyonyola kw'okweraga ng'okusigaza eby'okulabirako ebyo waggulu mu birowozo byo. Kiwandikiddwa ku lupapula 629 olw'omuvumbo ogwa 3rd ogwa *Bahar-e-Shari'at*: Riya kitegeza okukola omulimu omulungi n'ekigendererwa ky'okweraga ate Sum'ah kitegeeza okukola omulimu omulungi abantu basobole okukimanya era basanyusibwe. means performing

(virtuous) deed for ostentation and Sum'ah implies performing Bino byombi bitendo bibi nnyo ebiziyiza omusiinzi okufuna empeera z'okusiinza ate kimuteeka okukola ebibi wamu n'okumufuala omuntu agwaana okubonerezebwa. Okusanyusa abantu n'okusiinza ng'ayagala okuwaanibwa, ettutumu n'ekitiibwa oba okukola omulimu omulungi n'ekigendererwa ky'okugfuna engoye, essente, emmere, swiiti oba ekirabo eky'ekika kyonna byonna biri mu makulu g'okweraga. Okwongezako, eby'okulabirako ebyo waggulu biraga n'okulaga okwagala ekitiibwa n'ettutumu bwebiri ensonga ennene ezireeta okweraga.

Okulambulula okusaana okukwaata ku by'okulabirako eby'okweraga

Jukira! Eby'okulabirako ebyo waggulu eby'okweraga bigendereddwa okukumakuma omuwulirizi n'omusomi asobole okulaba okweraga mu mirimu gye yekka, wabula so si mu mirimu gy'abalala. Okweraga kituufu kikwaata ku mutima ate si buli omu nti ayinza okumanya ebigendererwa eby'emitima gy'abalala. Nolw'ekyo, teli ayina kulowooza bubi ku musiraamu nti yetaba mu bibi ebinyonyoddwa mu by'okulabirako ebyo waggulu. Okulowooza obubi ku Musiraamu kikolwa ekiri Haraam era ekitwaala omuntu mu Muliro. Mu ngeri y'emu, okunonya ebibi by'omualala, okunonyereza obubonero bw'okweraga mu muntu omualala wamu n'okulaga obumogo bwe eri abalala byonna biri Haraam (i.e. byaziyizibwa).

Tya ekibonerezo ky'okweraga

Tukusaba okebere emirimu gyo emirungi ononyemu okweraga okwekweese kubanga kuyingira omulimu omulungi munda ddala mpola nnyo okusinga n'obuddisi bw'enkuyege. Kya mazima nti essanyu eriri mu kweraga terisangibwa na mu mmere ewooma wadde bya bugagga naye okwelekereza essanyu lino kyetagisa nnyo kubanga liyinza okutwaala omuntu mu muliro. Nolw'ekyo, omuntu yenna bwaba ng'alowooza nti alina okweraga yadde kutono kutyu mu mirimu gye, alina okwenenya n'okutya okungi kubanga Nabi Omukuku صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Tewali kubusabusa, waliyo olusenyi olumu mu Muliro ng'omuliro gwennyini gulwekingiriza emirundi bina (400) buli kanaku. Allah عَزَّوَجَلَّ ategese olusenyi luno ng;alutegekera abantu aberaga abava mu Ummah ya Muhammad (صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ) abaali ba Haafiz ba Quran, abawaayo [ekintu kyonna eri omuntu yenna] nga si ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, abakola Hajj ey'enyumba ya Allah عَزَّوَجَلَّ era nebatambula ne mu kkubo lya Katonda.’

(*Al-Mu'jam-ul-Kabeer*, vol. 12, pp. 136, Hadees 12803)

Ow'oluganda omusiraamu yenna oba mwannyina bwalaba okweraga, mu mirimu gye, nga bwekunyonyoddwa mu by'okulabirako ebyo waggulu, balina okukujanjabo ekifo ky'okuva ku mirimu emirungi kubanga omuntu tayinza kusalako nyindo ye ensweera bweba ng'egituddeko wabula agobawo ensweera eyo.

Bacha lay riya say bacha Ya Ilahi

Tu ikhlas ker day 'ata Ya Ilahi

Okuvunnula: *Ya Allah ﷺ! Ntaasa okuva ku kweraga era mpa omukisa ogw'okubeera
ow'amazima. (Mukhlis).*

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

(Okufuna ebisingwo, soma ekitabo eky'empapula 166 ekiyitibwa 'Okweraga' ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah).

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ تُوبُوا إِلَى اللَّهِ أَسْتَغْفِرُ اللَّهِ

Obubonero bw'okweraga

Mukulembeze w'abakkiriza, Sayyiduna 'Ali كَرَمَ اللَّهُ تَعَالَى وَجْهُهُ الْكَرِيمُ yagamba: TWaliyo obubonero busatu obw'omuntu eyeraga:

1. Munafu mu kukola omulimu omulungi ng'ali yekka wabula mujjumbize bwaba ng'ali mu maaso g'abantu.
2. Ayongeza mu mirimu gye bwaba ng'awaaniddwa wabula
3. Akendeeza mu mirimu gye bwaba nga bamuwabudde.

(*Az-Zawajir 'Aniqtiraf-il-Kabaair*, vol. 1, pp. 86)

Okweyogerako ng'eyevunaana mu maaso g'abantu nakwo kuba kweraga

Sayyiduna Khuwajah Hasan Basri ﷺ yagamba nti oyo eyeyogerako ng'eyevunaana mu maaso g'abantu (nga yeita omuzi w'ebibi oba omujeemu oba omwononefu etc.) abeera ddala nga yewaana (kubanga abatu bajja kumutwaala ng'omunti omuwombeefu era ow'ekimpowaze era bajja kumuwaana). Amazima, okukola kino [okwevunaana mu maaso g'abantu] nako kabonero ka kweraga.

(*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 24)

Jjukira! Okukozesa ebigambo eby'okwetowaza nga ssekinoomu n'ekigendererwa ky'okweraga kilabikirawo nti kubeera kweraga era kibi. Mu ngeri y'amu, omuntu bwaba ng'akozesa ebigambo by'okwetowaza ng'akontana n'empulira y'omutima gwe, kino kibeera kya bunanfuusi era nakyo kibi.

Tobuuza ku Sawm (Okusiiba)

Sayyiduna Ibraheem Bin Adham ﷺ yagamba, ‘Tobuuza nga muganda wo oba asiibye Sawm ﴿صَوْم﴾ kubanga Nafs ye ejja usanyuka bwagamba ‘Iyye’ ate ejja kunyiiga bwagamba ‘Nedda’ ate ebintu bino byombi ebibiri bibonero bya kweraga.’

(*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 24)

Abalala nabo bamanyise ku Sawm bwekiba nga kisaana

Tewali kabi mu kutegeeza abalala ku Sawm yo bwekiba nga kyetagisa kubanga Nabi Omwaagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, ‘Omuntu bweyitibwa ng'asiibye Sawm, alina okugamba: *Nsiibye Sawm*. (*Sahih Muslim*, pp. 579, *Hadees 1150*)

Ng'anyonyola Hadees eyo waggulu, omunyonyozi amanyiddwa ennyo, omulowoozi omunene ennyo owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan ﷺ yagamba, ‘Jjukira nti kisinga ko obulungi okukweeka Nafl Sawm naye okujikweeka ku mukolo (okugeza ng'oyitiddwa omuntu omulala mu kifo ekimu) kijja kuleeta enjawukana oba okunakuwala mu mutima gw'oyo akuyise. Nga bwekiri ekikolwa eky'okusiinza okusanyusa omutima gw'omusiraamu (n'ekigendererwa ky'okusanyusa Katonda), ekiragiro eky'okubulira [akuyise] ku Sawm eyo kyawebwa.’ (*Mirat-ul-Manajih*, vol. 3, pp. 199)

Okugula ebintu ng'owanyisamu obulongoofu

Ng'anyonyola engeri z'okweraga, Sayyiduna Imam Ahmad Bin Hajar Makki Shaafi'i رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba: Engeri ey'okweraga ey'ekweese okusinga neyo ewereddwa waggulu yeri nti newankubadde omuntu tayagala kubulira balala (ku mirimu gye emirungi), era nga talubirira kusanyuka ng'abantu bategedde okusiinza kwe, naye ate ng'asanyuka abantu bamusooke okumutoolera Salam nga bamusisinkana nga yekennyini tannaba kubatoolera Salam, era bamusisinkane n'obuwombeefu wamu n'obwetowaze. Ekirala, awulira essanyu abantu nga bamuwaanye, bwebayanguwa okumumalira ebyetago bye, bwebamuwa obuyambi bw'ensiimbi ng'agula oba ng'abamutundira ekintu kyonna (okugeza,asuubira abantu okumusalira ko ku bbeeyi oba obutamusaba sseente ng;abag ulako ekintu kyonna.) Bwajja okusisinkana abantu, abasuubira okumuwa ekifo eky; ekitiibwa ekisaana okutulibwamu (bambusabe okubasabira Du'a, bakakkanye amalo boozi gabwe era bafunye emikono gyabwe mu maaso ge, era bamusisinkane n'obu wombeefu). Omuntu bwamuyisa mu ngeri ekontana nekyasuubira wadde n'akatono katya, akitamwa kubanga atwaala emirimu gye emirungi egyptwee nti minene nnyo. Mu bigambo ebirala, Nafs ye eyagala okuyisibwa n'ekitiibwa mu kuwanyisa okusiinza kwe kwonna kwakoze; era kisubirwa nti singa yali takoze mirimu egoy emirungi, Nafs ye teyandibadde ng'eyayana okuweebwa ekitiibwa. (Az-Zawajir 'Aniqtiraf-il-Kabaair, vol. 1, pp. 93)

Abo ab'amazima bewala okweraga

Sayyiduna Imam Ahmad Bin Hajar Makki Shaafi'i رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yayongera nagamba: Abantu ab'amazima babeera batya nnyo okweraga okwekweese. Befuba nyo okukweeka emirimu gyabwe emirungi okusinga kawefube w'abantu abalala okukweeka ebibi byabwe. Ensonga yokka ey'okukikola eri nti baagala okufuula emirumu gyabwe emirungi okubeera egypt'amazima (ikhlaas) basobole okuweebwa empeera okuva ewa Allah عَزَّوَجَلَّ ku lunaku lw'enkomerero mu maaso g'abantu. Bakimanyi bulungi nnyo era bakukakasa nti Allah عَزَّوَجَلَّ akkiriza emirimu egoy gyokka egikoleddwa n'amazima (ikhlaas). Era bakimanyi bulungi nti abantu bajja kubeera banakuwatu nnyo era nga bayala ku lunaku lw'enkomerero, ate obugagga bwabwe wamu n'abaana babwe tebijja kubagasa. Naye, oyo aleetebwa mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ ne Qalb-e-Saleem (i.e. omutima ogukuumiddwa okuva ku bibi) ajja kuganyukwa mu bintu bino.

(Az-Zawajir 'Aniqtiraf-il-Kabaair, vol. 1, pp. 93)

Nonyereza okweraga

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ffenna tulin okulowooza oba tuli bagayaavu mu kusiiinza nga tuli ffekka ate nga tuli banyikaavu bwetuba nga tuli mu maaso g'abantu oba nedda. Abaffe, tutegeeza abala ku mirimu gyaffe nga tekisaana? Abaffe, twewaana netwongera ku mirimu gyaffe emirungi bwetuba nga tuwaniddwa? Abaffe, tunyiiga oba tugayaala mu kukola emirimu emirungi bwetuba nga tetuwaniddwa? Abaffe, tufuna essanyu nga tukola emirimu emirungi mu maaso g'abantu abalala ate netugwamu amaanyi nga tuli ffeka? Abaffe, twevunaana mu maaso g'abantu (nga tweyita abakozi b'ebibi, abajeemu, abasabirizi, abawansi oba abantu abakodo) nga twagala bwagazi kubasanya? Nga tukozesa akakisa k'endabika ya Madani eyagazisa eSunnah n'okubulirira, tugula ebintu okuva ku b'amaduuka abatusanyukira basobole okutusalira ko ku bbeeyi oba batuve ekintu ekyo ku bwerere? Omuntu bwafuna ennyanukula y'ebibuzo bino mu kukkiriza, olwo nno alina okwenenyezawo, ng'agezaako okuteeka obw'amazima (ikhlaas) mu mirimu gye singa asisinkana okufa kwe nga tannaba kwenenya, ate nasuulibwa mu muliro olw'okweraga.

Emmikisa eg'y'okwenenya okuva ku kweraga

Omunyonyozi amanyiddwa ennyo, omulowozi wa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan رحمه اللہ علیہ yagamba, 'Jjukira nti okweraga tekufuula kusiinza kubeera okutakkirizibwa (okueza; okusaala Salah nga weraga tejja kabalibwa nga elekeddwa), naye, waliwo akakisa ak'okusiinza kuno obutakkirizibwa. Omuntu eyeraga bweyenenya mu mazima (ne ikhlaas), tekiri Wajib gyaali okuddamu Qada y'okusiinza kweyali akoze nga yeraga. Omuntu kyalina okukola kwe kusaba Du'a okukuumibwa okuva ku kweraga na talekerera kusiinza olw'okutya okw'okwetaba mu kweraga. (*Mirat-ul-Manajih*, vol. 7, pp. 127)

*Tayray rahm-o-karam per aas mayn nay baandh rakhi hay
Bari ummeed hay Aqa! Karam Rauz-e-Jaza hoga*

Okuvvunnula: Essuubi lyange nditadde mu kusaasirakwo n'obugabirizi bwo. Nnina essuubi lingi nnyo ery'okuwebwa omukisa ku lunaku lw'enkomerero. (*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 127)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صلوة على الحبيب

Jjanjaba obulwadde bw'okweraga

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Bwetusanga obubonero bw'okweraga mu mitima gyaffe, tetulina kulwaawo okubujjanjaba nga tumaze okwenenya. Bwetugezaako okujjanjaba omunda waffe, ebweeru waffe nawo wajja kuyojebwa. Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, ‘Oyo awonya omunda we, Allah عَزَّوجَلَّ ajja kuwonya ebweeru we (nawo).’ (*Al-Jami'-us-Sagheer lis-Suyuti*, pp. 508, *Hadees 8339*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Envummula 10 ez'okweraga

Funa obuyambi okuva ewa Allah عَزَّوجَلَّ ng'okola Du'a.

1. Tobeera mubuyabuya ku bubenje obw'okweraga.
2. Jjalo ebireeta okweraga.
3. Teekawo obw'amazima (ikhlaas) mu mirimu gyo.
4. Kuuma ebigendererwa.
5. Wewale okukemebewa sitaani ng'osiinza.
6. Kola emirimu gyo emirungi mu ngeri y'emu wadde oli wekka oba n'abantu.
7. Kweeka emirimu gyo emirungi.
8. Sigala mu kinywi ky'abantu abalongoofu bokka.
9. Wetekemu omuze ogw'okusoma Wazaaf.
10. Kati katutunulire munda w'envummula zino.

1. Funa obuyambi okuva ewa Allah عَزَّوجَلَّ ng'okola Du'a

Rasool Omutukuvu ﷺ yagamba: ﴿الْدُّعَاءُ سِلَاحُ الْمُؤْمِنِ﴾ *Du'a ky'ekyok ulwaanyisa eky'omukkiriza.* (*Al-Mustadrak lil-Haakim*, vol. 2, pp. 162, *Hadees 1855*)

Saba Du'a eno mu maaso ga Allah ﷺ ng'okzesu eky'okulwanyisa kino mu lutalo ne sitaani: 'Ayi Katonda wa Mustafa! Vummula obulwadde bwange obw'okweraga. Jjuza ebbakuli yange ennkalu n'obuagga obutagwaawo obw'amazima (ikhlaas). Nina okutuunka n'omulabe andaba. Nze siyinza kumulaba naye Ggwe omulaba. Ayi Allah ﷺ! Ntaasa okuva ku bulimba bw'omulabe oyo. Ayi Allah ﷺ! Nonya obukuumi bwo okuva kukuyitibwa omulongoofu wamu n'eyerekerez eby;ensi, naye ng'ate nze amazima nsaana kubonerezebwa mu maaso Go.'

Mayra her 'amal bas Tayray wasitay ho

Ker iklas aysa 'ata Ya Ilahi

Okuvvunnula: Ya Allah ﷺ! Mpa omukisa ogw'obwamazima nti nkola buli mulimu olw'okukusanyusa. (Wasail-e-Bakhshish, pp. 78)

أَمِينٌ يَجْهَوُ التَّبَّيِّنَ الْأَمِينُ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

2. Tobeera mubuyabuya ku bubenje obw'okweraga.

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Omutnu talina kubeera mubuyabuya ku bubenje obuleetabwa okweraga. Butereevu, twagala ekintu bwekiba nga kitugasam naye bwetutegeera obubenje (n'obubi) bwakyo, tukyewala. Okugeza, ow'oluganda omusiraamu ayagala omubissi gw'enjuki olw'buwoomu bwagwo bwategeeezbwa nti omubissi ogwo gwagenda okunywa gulimu obutwa obutabudwaamu, tayinza kugunywa olw'okutya obutwa obwo, nga talowooza wadde na ku kuwoomerwa buwoomu bwagwo. Mu ngeri y'emu, omuntu ategheeza abantu abalala ku mirimu gye emirungi bwawanibwa; Nafs ye amazima esanyuka nnyo, era emufuula okugumira ebizibu mu kusiinza n'obwangu. Naye bwamanya era neyegendereza obubenje (obubi) obw'okweraga nti amazima bubi nnyo n'okusinga obutwa, tajja kwagala ssanyu lino, wabula ajja kukisanaga nti kyangu okwewala okweraga.

Onutwa bukosa obulamu bw'omuntu obw'oku nsi bwokka, naye okweraga kusobola okwonoona ne Akhira y'omuntu. Baffe okwo si kufirwa obutaweebw mpeera

ey'omulimu omulungi ogukoleddwa ng'ate ogukoze ng'osanze mu obuzibu? Fumitiriza! Mbeera ki eyo ey'omukozi abaddeakoze olunaku lwonna naye natasasulwa olw'okukola obubi! Mwattu! Ng'olese eky'obutafuna mu mpeera, omuntu eyeraga naye agwaanira okubonerezebwa mu Muliro gwa Ggeyeena. Nga musiru nnyo omuntu oyo atunze ekintu ku bwerere kyeyandibadde afuna mu obukadde n'obukadde bw;ensiimbi! Mu ngeri y'emu, nga mussiru oyo asiinza ng'agezaako okusanyusa abantu olw'okusiinza okwo kwakoze ekifo ky'okusmebera okumpi ne Allah ﷺ! Kiringa omuntu oyo eyeraga ayagala okwagalibwa abantu ng'ajemera Allah ﷺ, era ng'ayagala okuwanibwa abantu neyelabira okuvunanibwa Allah ﷺ. Anonyezza essanyu ly'abantu ng'anyiiza Allah ﷺ, ate atuunze eby;engera eby'oluberera ebya Jannah mu kuwanyisamu ensi eno eggwaawo. Okwongerako, okusigala ng'okussa era ng'osanyusa abantu bonna kiringa okwagala okukamula omusaayi okuva mu jjiinja. Abantu abamu bwebasanyukira ekintu kyokoze, abalala mu bbo bajja kukinyiigira.

'Ata ker day ikhlas ki mujh ko na'mat

Na nazdeek aaye riya Ya Ilahi

Okuvvunnula: *Ya Rab ﷺ! Mpa omukisa gw'obwamazima (ikhlaas) mu mirimu gyange ate ntaasa okuva ku kweraga.* (Wasail-e-Bakhshish, pp. 77)

صلوا على الحبيب ﷺ

Eky'okulabirako eky'omuntu eyeraga

Omuntu akola emirumu emirungi ng'ayagala okusanyusa abantu alinga oyo agenda mu katale n'ensawo ye ng;ejjudde obuyiinja, ng'awa endowooza eri abalala nti ensawo ze zижude essente. Abantu bwebaamulaba n'ensawo eziimbye, baatandika okumwegoba nga bogera mu kwewuunya: Laba! Ensawo ze zижude essente! Amazima, omuntu ono omussiru talina kyajja kufunamu okujako okuwanibwa abantu. Amangu dddala bwajjayo obuyinza okuva mu nsawo ze ekifo ky'essente okusasula omuwendo gw'ekintu eri omuntunzi w'eduuka, ajja kuswaazibwa. Mu ngeri y'emu, abo abantu aberaga abakola emirimu emirungi okusanyusa abalala tebalina kyabajja kufuna okujako okuwaanibwa, era tebajja kufunamu mpeera n'emu ku lunaku lw'enkomero.

(Az-Zawajir 'Aniqtiraf-il-Kabaair, vol. 1, pp. 86; amended)

*Bari koshishayn ki gunah chhornay ki
Rahay ah! Nakaam ham Ya Ilahi*

Okuvvunnula: *Ya Allah ﷺ! Tugezezaako nnyo okwewala n'okwesamba ebibi naye
tetunnaba kufuna buwanguzi.* (*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 82)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

3. Jjavo ebireeta okweraga

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Waliyo ebireeta buli bulwadde. Ekireta obulwadde bwekijjibwawo, obulwadde buvummulwa era nebuwona. Mu ngeri yemu, waliyo ebintu bisatu ebireeta okweraga. Ebintu bino ebisatu bwebijjibwaawo, kijja kubeera kyangu nnyo okwewala okweraga, إِنَّ شَأْنَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ. Ebintu ebyo byebino wamanga: (1) Okwagala ettutumu (2) Okutya okuvunaanwa (3) Omulugube gw'ebiyobugagga.

(1) Okwaagala ettutumu

Okubeera n'obwagazi eri ettutumu n'ekitiibwa kireeta okweraga. Ng'akimirira, Hujjat-ul-Islam, Imam Ghazali رحمه الله تعالى عليه يагامبا: Ettutumu (okumanyibwa ennyo) liba lirubirira kusanyusa bantu, ate okulyagala gwemulandira ogw'ebibi byonna. Okusobola okuwangula obwaagazi buno, tulina okufumitiriza ku bubenje b'okweraga obuli mu Ahadees ez'emikisa. Wano waliwo ebigambo bisatu ebya Rasool Ow'ekitiibwa حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ ku kino kyennyini:

- ❖ Mwewale okutabula okugondera Allah ﷺ wamu n'obwagazi obw'okuwaanibwa abaddu [Be] watya ekirimu gyammwe gyononebwa. (*Firdaus-ul-Akhbar lil-Daylmi*, vol. 1, pp. 223, *Hadees 1567*)
- ❖ Obwaagazi bw'emmaali n'ekitiibwa bwongeza obunanfuusi mu mutima gw'omusiraamu ng'amazzi bwegakuza omuddo. (*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 3, pp. 286, 342)
- ❖ Emisege emiyala ebiri tegiyinza kuleeta bubenje mu ggal ly'embuzi obwenkanankana n'obubenje obuletebwa obwaagazi bw'obugagga n'ettutumu, eri eddiini y'omusiraamu. (*Sunan-ut-Tirmizi*, vol. 4, pp. 166, *Hadees 2383*)

- ❖ Okwagala okuwanibwa kifuula omuntu okubeera omuzibe ne kiggala.

(*Firdaus-ul-Akhbar lil-Daylmi*, vol. 1, pp. 347, Hadees 2548)

Kola Fikr-e-Madinah bwooti

Gezaako okufumitiriza (ng'okola Fikr-e-Madinah) bwooti: Bwenfuuka omuntu ow'ettutumu amanyiddwa ennyo oba nempanibwa abantu oba nenyumirwa okutunula kwabwe okw'okunegomba, newankubadde nga Nafs ejja kufuna essanyu okuva u bino byonna, ebigambo bino ebiwaana n'entunula ey'abantu tebijja kunyamba ku lunaku lw'enkomerero mu maaso ga Allah ﷺ kubanga abantu bano abawaana bennyini bajja kubeera nga bakankana mu kutya okubonerezebwa. Ekirala, okuwaana kwebampaana tekujja kwongeza nfunya yange wadde oulamu bwange; wadde okunsobozesa okufuna eddala elya waggulu ku lunaku lw'enkomerero. Nolw'ekyo, tekigasa kubeera na bwagazi bwa kuwaanibwa abantu nga bano. Lwaaki nkola emirimu emirungi okusanyusa abantu bano! Nja kusiinza nga nsanyusa Allah ﷺ yekka, لَّا شَرَّ أَنْ يَعْوِجَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ

Okwaagala okuwaanibwa mu bukyaamu kiri Haraam

Ku lupapula 597 olw'omuvumbo ogwa 21 ogw'ekitabo ekiyitibwa *Fatawa Razawiyyah*, mukulembeze wa Ahl-e-Sunnah, A'la Hadrat Maulana Shah Ahmad Raza Khan رحمۃ اللہ علیہ yagamba: Omuntu bwaba ng'ayagala okuwaanibwa mu bukyaamu i.e. ng'ayagala abantu okumuwaana n'ebitendo byatalina, kiri Haraam ddala ddala. Allah ﷺ agamba:

لَا تَحْسَبَنَّ الَّذِينَ يَفْرَحُونَ بِمَا آتَوْا وَيُجْبِيُونَ أَنْ يُحْمَدُوا إِنَّمَا لَمْ يَفْعَلُوا فَلَا تَحْسَبَنَّهُمْ بِمَفَازَةٍ

مِنَ الْعَذَابِ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ

Tolowoozanga kwabo abajaganya olw'emirimu gyabwe era nga baagala okuwanibwa nga tebakoze (mirimu mirungi) – tolowoozanga nti bakumiddwa okuva ku kibonerezo; era gyebali waliyo ekibonerezo ekiruma.

[*Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)*] (Part 4, Surah Aal-e-'Imran, Ayah 188)

*Aaj banta hoon mu'azziz jo khulay Hashr mayn 'ayb
Haye ruswa`ee ki aafat mayn phansoo" ga Ya Rab*

Okuvvunnula: *Ayi Mukama! Leero, nneyisa ng'omuntu awebwa ekitiibwa. Mwattu, njakuswaazibwa ebibi byange bwebina bikulwa nebiragibwa ku lukau lw'enkomerero.*

(Wasail-e-Bakhshish, pp. 91)

(2) Okutya okuvunaanwa

Jjavo okutya okw' okuvunaanwa okuva mu mutima gwo. Kisigaze mu ndowooza nti okuvunaniwa omuntu yenna tekujja kuleeta kufa kwa mangu gyendi wadde okukendeeza enfuna yange. Katonda wange ﷺ bwaba nga musanyufu gyendi, olwo nno okuvunaanwa n'okunyizibwa abantu tebijja kunkosa. Bano abantu abatalina buyambi wadde maanyi ku lwabwe, ate si be banannyini bulamu bwabwe wadde kufa kwabwe. Lwaaki nkola oba ndeka omulimu omulungi olw'okutya nti nja kuvunanwa abantu bano? Nnina okutya obusungu bwa Katonda ﷺ yekka.

(3) Omulugube gw'ebyobugagga

Okusobola okwewalira ddala omulugube gw'ebyobugagga, ksigaze mu ndowooza nti Allah ﷺ alina amaanyi ku mitima gy'abantu bga kikwaata ku kuwa oba obutawa ssente eri abalala. Abantu bengenda okusanyusa n'okweraga nabo tebalina buyambi. Allah ﷺ yekka yemugabi Omutuufu ow'ebyenfunu. Omuntu alina omulugube ogw'ebyobugagga by'abalala aswadde nnyo. Newankubadde ng'asobodde okufuna obuyambi bwensiimbi okuva ku muntu omu, alina okusigala ng'amweebaza. Nolw'ekyo, bwekiba nga tekikakasibwa ddala nti nja kufuna essente oba sijja kuzifuna olw'omulimu gwange ogulimu okweraga, ate nga waliwo akakisa k'okuswaazibwa, olwo nno lwaaki ngezaako okufuna essente okuva ku bantu nga mbasanyusa n'emirimu gyange emirungi! Nja kusiinza era nkole emirimu emirala emirungi ku lw'okusanyusa Katonda wange ﷺ.

*Peechha mayra dunya ki mahabbat say chhura day
Ya Rab mujhay deewanah Madinay ka bana day*

Okuvvunnula: Ayi Mukama ﷺ! Nsobozesa okwesamba obwaagazi bw'ensi ate nfuula omwaagazi owa Madinah. (Wasail-e-Bakhshish, pp. 100)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صلوا على الحبيب

4. Teekawo obw'amazima (ikhlaas) mu mirimu gyo

Rasool Omwaagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, 'Abange mmwe abantu! Mukole omulimu n'obwamazima (ikhlaas) eri Allah ﷺ kubanga Allah akkiriza emirimu egyo gyokka egikoleddwa n'obwamazima (ikhlaas) Gyaali, ate temugambanga nti (omulimu guno) gwa kulwa Allah ﷺ wamu n'enkolagana.'

(Sunan Dar Qutni, vol. 1, pp. 73, Hadees 130)

Tewali mpeera awatali bwamazima (ikhlaas)

Allah ﷺ agamba mu Ayah 20 eya Surah Ash-Shura, ekitundu 25 ekya Quran Entukuvu. Wano wansi watereddawo enzivunnula yayo okuva mu mpapula 892 ne 893 ez'ekitabo ekiyitibwa Kanz-ul-Iman wamu ne Khaza'in-ul-Irfan ekyafulumizibwa Maktaba-ul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Allah ﷺ agamba:

مَنْ كَانَ يُرِيدُ حَرَثَ الْآخِرَةِ نَزِدْهُ فِي حَرَثِهِ وَمَنْ كَانَ يُرِيدُ حَرَثَ الدُّنْيَا نُؤْتِهِ مِنْهَا
وَمَا لَهُ فِي الْآخِرَةِ مِنْ نَصِيبٍ ﴿٢٥﴾

Oyo yenna ayagala amakungula ga Akhirah, Tumwongeza amakungulaage; ate oyo yenna ayagala amakungula g'oku nsi – Tujja kumuwa ekitundu ku ggo, ate tajja kufuna mugabo gwonna mu Akhirah.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 25, Surah Ash-Shura, Ayah 20)

Wano waliwo okunyonyola okw'ebitundu eby;enjawulo ebya Ayah eyo entukuvu, okujjiddwa okuva mu kitabo Tafseer Noor-ul-'Irfan: (Oyo yenna ayagala amakungula ga

Akhirah) kitegeeza, oyo ayagala okusanyusa Allah ﷺ ne Rasool We Omwaagalwa ﷺ ate nga tasinzizza mu kweraga. (*Tumwongeza amakungulaage*) kitegeeza, Tujja kumusobozesa okukola emirimu emirungi, nga tugimufuulira emyangu, ate Tujja kumuwa empeera ezitabalikika olw'emirimu gye ego. (*Oyo yenna ayagala amakungula g'oku nsi*) kitegeeza, oyo akola emirimu emirungi ng'ayagala kufunamu birungi bya nsi byokka, nafuuka omumanyi oba nakola Hajj ng'ayagala ettutumu oba okumanyibwa n'okwewulira era neyetaba mu Jihad okusobola okufuna emiyago. (*Tajja kufuna mugabo gwonna mu Akhirah*) kubanga teyakola mirimu gino nakigendererwa kya kufunamu mpeera za Akhirah.

Mu bumpimpi omutnu eyeraga asigala tafuna mpeera. Naye, omulimu gwakoze gusigala kukkirizibwa mu Shari'ah. Salah ya Fard esaaliddwa n'okweraga ejja kusaalibwa naye tewali mpeera ejja kuweebwa. Eno y'ensonga lwaki embeera eya ﴿فِي الْآخِرَةِ﴾ (i.e *tajja kufuna mugabo gwonna mu Akhira*) yayogerwaakwo. (*Noor-ul-'Irfan, pp. 774*)

Allah عَزَّجَلَّ ateeka emirimu gy'abantu ab'amazima (ikhlaas) okumanyibwa
 Rasool Asinga Obunene ﷺ yagamba, ‘Omuntu yenna mu mmwe akola omulimu omulungi ng'agukoledde mu lwaazi olw'amaanyi olatalina wadde lujji oba ekitangaala ky'enjuba [i.e. akadirisa akatono waggulu], neera omulimu gwe guja kumanyibwa, ate ekayo ekigereddwa Katonda kijja kubeerawo mu mbeera yonna.’

(*Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 4, pp. 57, Hadees 11230*)

Ng'anyonyola Hadees eyo waggulu, omulowozi wa Ummah omunene, Mufti Ahmad Yar Khan رحمه الله تعالى yagamba, ‘Lwaaki oyonona emirmu gyo n'okweraga! Kola emirimu ng'oli w'amazima (ikhlaas) newankubadde ng'oli bwoomu wekka; Allah ﷺ ajja kuteeka abantu okumanya emirimu gyo, abateeka okukutwaala ng'omuntu omulungoofu okuva ku ntobo y'omima gwabwe. Kino kigeseddwa nnyo era kyesigikibwa. Abantu abamu basaala Salat-ut-Tahajjud mu bwoomu bokka nabokka mu kyaama naye abalala batandika okubayita abasaaze ba Salat-ut-Tahajjud. Ekintu kiri nti, Noor [ekitangaala ky'omwooyo] ekiri mu buli mulimu omulungi ne mu Salat-ut-Tahajjud kirabika ku ffeesi y'omusiinzi. Kino kisobola okulabwa mu kiseera kyonna. Abantu bayiya Ghaus-e-A'zam ne Khuwajah Ajmayri رحمه الله تعالى ba Awliya banAllah عَزَّجَلَّ. Lwaaki? Kiri kityo kubanga Allah عَزَّجَلَّ atadde abantu okubayita ba Wali.’ (*Mirat-ul-Manajih, vol. 7, pp. 145*)

Omuntu ow'amazima (ikhlaas)

Wano waliwo ebigambo bina eby'aalongoofu ﷺ ku muntu ow'amazima (ikhlaas):

1. Sayyiduna Yahya Bin Mu'aaz رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yabuuzibwa omuntu ow'amazima (ikhlaas) y'ani. Ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yaddamu, 'Omuntu bwabeera ng'omuwere [i.e. omwana omuto] atasanyuka ng'awaniddwa, wadde okunyiiga ng'avunaniddwa, olwo nno omuntu oyo asobla okuyitibwa ow'amazima. (ikhlaas). Mu bigambo ebirala, bwaba nga tafaayo [i.e. nga tasikibwa] ku kumuwaana oba okumuvunaana ng'omwaana omuwere, olwo nno ayinza okuyitibwa omuntu ow'amazima (ikhlaas).' (*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 24)
2. Omuntu omu lumu yabuuza Sayyiduna Zunnoon Misri رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, 'Omuntu asobola atya okumanya nti w'amazima (ikhlaas)?' Yamuddamu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, 'Newankubadde ng'anyikidde nnyo ng'abwasobola okukola emirimu emirungi, bwaaba nga tayagala bamutwaale ng'omuntu ow'ekitiibwa, [olwo nno ayinza okuyotibwa omuntu ow'amazima (ikhlaas).]' (*Ibid*, pp. 23)
3. Imam omu lumu yabuuzibwa, 'Omuntu ow'amazima (ikhlaas) y'ani?' Yaddamu, 'Omuntu ow'amazima akweeka emirimu gye emirungi nga bwakweeka ebibi bye.' (*Az-Zawajir*, vol. 1, pp. 102)
4. Omuntu omulala omulongoofu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yabuuzibwa, 'Kkomo ki ely'obwamazima (ikhlaas)?' Yaddamu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, '[Ekkomo lyalyo liri nti] tolina bwaagazi bwa kuwaanibwa bantu.' (*Ibid*)

Yaksa" ho madh-o-zam mujh pay ker do karam

Na khushi ho na gham Tajdar-e-Haram

(*Wasail-e-Bakhshish*, pp. 271)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

5. Kuuma ebigendererwa

Nabwekiyo okwewala okweraga, kisaana nnyo okukooma ebigendererwa byo. Buli lwokola omulimu gwonna, fumiitiriza kiki kyobadde oluubirira okufuna ng'ogukoze.

Bwownyirizamu olusu lw'okweraga, longosezawo ekigendererwa kyo, ng'okkiriza nti omulimu gwokka ogukoeddwa mu kusanyusa Allah ﷺ gwegujja okukkirizibwa. Omuntu bwakola omulimu omulungi okusanyusa abantu, ajja kusaana ekionerezo ky'omuliro gwa Ggeyeena, ate nga n'omulu gwe tegukkiriziddwa. Newankubadde sitaani ajja kukozesa buli kakoddiyo mu busuubuzi obwo, kisanira ddala okwewala ekigend ererwa eky'okweraga era okole ekirungi, ng'ojjawo emitego gya sitaani. Sayyiduna Na'eem Bin Hammad رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Ffe okukubwa ku mugongo kiri kyangu nnyo yetuli okusinga okukola ekigendererwa (ekirungi).' (*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 25)

Amakulu ga Niyyat [ekigendererwa]

Amakulu ag'eddala ag'ekigambo 'Niyyat' kitegeeza ekigendererwa ekinyweevu ennyo mu mutima. Mu Shari'ah, ekigendererwa ky'okusiinza kiyitibwa 'Niyyat'.

(*Derived from: Nuzhat-ul-Qaari Sharh Sahih Bukhari*, vol. 1, pp. 226)

Wano waliwo Ahadees musaanvu ezikkatiriza obukulu bwa 'Niyyat'.

Ebigambo musaanvu ebya Mustafa Omwaagalwa ﷺ

1. Emirimu gilamulwa kulw'ebigendererwa, era eri buli muntu ky'ekyo kyagenderera.

(*Sahih Bukhari*, vol. 1, pp. 6, *Hadees 1*)

2. Ekigendererwa ky'omusiraamu kisinga omulimu gwe.

(*Al-Mu'jam-ul-Kabeer*, vol. 6, pp. 185, *Hadees 5942*)

3. Ekigendererwa eky'amazima gwe mulimu ogusinga okusiimibwa (n'okwagalibwa).

(*Al-Jami'-us-Sagheer*, pp. 81, *Hadees 1284*)

4. Ekigendererwa ekirungi kija kuyingiza omuddu mu Jannah.

(*Al-Firdaus bima Soor-il-Khitab*, vol. 4, pp. 305, *Hadees 6895*)

5. Allah agaba eby'ensi olw'ekigendererwa ekya Akhira naye agaana okuwawa ebya Akhira olw'ekigendererwa eky'ensi. [Kitegeeza, Allah ﷺ awa ebyengera

by'ensi eri oyo akola ekigendererwa eky'okunonya Akhira naye agaana okuwa ebyengera bya Akhira eri oyo akola ekigendererwaa ky'okunoonya ensi.]

(*Az-Zuhd li Ibn Mubarak*, pp. 193, *Hadees* 549)

6. Ekigendererwa eky'amazima kilebeetera ku 'Arsh; nabwekityo omuntu bwakola ekigendererwa ekyamazima, 'Arsh etandika okuyuguma era omuntu asonyiyizibwa.

(*Tareekh-e-Baghdad*, vol. 12, pp. 444, *Hadees* 6926)

7. Omulimu omulungi gumu gujja kuwandiikibwaeri oyo alina ekigendererwa eky'okukola omulimu omulungi wadde tasobodde kugukola.

(*Sahih Muslim*, pp. 79, *Hadees* 130)

*Achchhi achchhi niyyataun ka ho Khuda jazbah 'ata
Banda-e-mukhlis bana, ker 'afw mayri her khata*

*Okuvvunnula: Ya Allah عَزَّوَجَلَ! Mpa okuyayanira ebigendererwa ebirungi, nfuula omuddu
ow'amazima (ikhlaas) ate nsonyiwa ensobi zange zonna.*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى الْمُحَمَّدِ

6. Wewale okukemebwa sitaani ng'osiinza.

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Obw'amazima (ikhlaas) kye kisumuluzo eky'okukkirizibwa kw'emirimu. Nga bwekyetagisa okutekawo amazima (ikhlaas) mu mutima gwo nga tonnaba kukola mulimu ogwo, era nakyo kyamugaso okusigaza obw'amazima (ikhlaas) ng'okola omulimu ogwo kubanga sitaani yeyongera okukema omutima gwo. Sayyiduna Fudayl Bin 'Iyaad رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Oyo atali mugezi kusinga mulogo bwekituuka ku kukuma emirimu gye emirungi aija kugwa mu mutego gw'okeraga (ogutegeddwa sitaani).' (*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 23)

Okwewala ebikemo bya sitaani ng'osiinza

Ebantu bisatu byetagsibwa mu kwewala ebikemo bya sitaani ng'osiinza:

- ❖ Okunonyereza ekikemo kya sitaani.
- ❖ Okukitamwa.
- ❖ Okugaana okukikkiriza.

Eky'okulabirako, omuntu atandise okusaala Salat-ut-Tahajjud n'ebigendererwa ebirungi. Mu Salah eyo, sitaani akema omuntu oyo asaala Salah nti abantu bajja kumusanyukira bwebakimanyako. Kati wano kibeera kyetagisiza ddala eri omuntu oyo asaala Salah okunonyereza ekikemo kya sitaani ekyo mangu ddala. Bwamala okukifuna (okukiraba), alina okukitamwa ng'alowooza ku mazima nti ekikolwa eky'okusanyusa abantu n'omulimu ogukoleddwa olw'okusanyusa Allah ﷺ kiringa okuyita obusungu bwa Katonda. Alina okwesamba ekikemo kya sitaani ekyo.

Newankubadde nga kizibu, tayinza kulemwa kwewala kikemo kya sitaani mu ngeri eno. Mu kukkaniriza, kiyinza okulabika ng;ekizibu mu ntandikwam naye omuntu bwakiny wererako ng'agumiikiriza okumala ebbanga eppaanvu, kijja kumuberera kyangu olw'emiksa n'ebyengra bya Allah ﷺ. Ffe kyetulina okukola ye kawefube, obuwanguzi buwebwa okuva ewa Allah ﷺ. Mu Ayah 69 eya Surah Al-'Ankaboot mu kitundu 21, Allah ﷺ agamba:

وَالَّذِينَ جَاهَدُوا فِينَا لَنَهْدِيَنَّهُمْ سُبْلَنَا ۖ وَإِنَّ اللَّهَ لَمَعَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٦٩﴾

*Ate abo abalafubana mu kkubo Lyaffe – Tujja kubalaga amakubo Gaffe; ate amazima
Allah ali n'abalongoofu.*

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 21, Surah Al-'Ankaboot, Ayah 69)

Tu shaytan kay sher say bacha Ya Ilahi

Ho dil waswason say safya Ya Ilahi

Mujhay waswason say bacha Ya Ilahi

Ho sher door shaytan ka Ya Ilahi

Okuvvunnula: Nkuuma okuva ku bwonoonyi bwa sitaani, Owange Ow'obuyinza Bwonna. Omutim gwange gukuumibwe okuva ku bikemo bya sitaani, Owange Ow'obuyinza Bwonna. Obwonoonyi bwa sitaani bunzijibwewo, Owange Ow'obuyinza Bwonna.

أَمِينٌ بِحَجَّةِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

7. Kola emirimu gyo emirungi mu ngeri y'emu wadde oli wekka oba n'abantu

Sayyiduna Abu Hurayrah رضي الله تعالى عنه yagamab nti Rasool Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Omuntu bwasaala Salah bulungi nnyo oba ajisadde mu bantu oba yekka, Allah عَزَّوجَلَّ agamba nti muddu Wange ow'amazima.’

(Sunan Ibn Majah, vol. 4, pp. 468, Hadees 4200)

Ng'anyonyola Hadees eyo waggulu, omunyonyozi amanyiddwa ennyo, omulowozi wa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan رحمه الله تعالى yagamba, ‘Kitegeza, si muddu eyeraga wabula w'amazima (ikhlaas). Singa abadde omuntu eyeraga, yandibadde ng'asaala Salah bulungi nnyo mu maaso g'abantu naye mu ngeri etali nungi nnyo ng'ali yekka. Nga bwasadde Salah obulungi ennyo ng'ali yekka, kiragira ddala nti muntu w'amazima (ikhlaas).’ (Mirat-ul-Manajih, vol. 7, pp. 140)

Imam alina okusigala ng'agoberera amateeka g'okwatula ne mu Sirri Salah nazo

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Tulina okufuba ennyo okukola emirimu emirungi mu ngeri y'emu katubeera ffeka oba nga tuli n'aboluganda abasiraamu abalala. Okugeza, bwoba ng'osaala wekka Salah, tulin aokugisaala n'obwetowaze (obuwombeefu) bwebumu mu mutima n'omubiri nga bwetusaala nabwo nga tuli n'abantu abalala. Mu ngeri y'emu, bwaba ng'asaaza Sirri Salah (i.e eyo ng'okusoma kwayo kuli mu ddoboozi erya wansi) Imam alina okusigala ng'agoberera amateeka g'okwatula mu nsoma nga bwakola ng'akulembera mu Jahri Salah (i.e. eyo ng'ensoma yayo ya mu lwaatu). Ekirala,

tulina okwewala ebikolwa ebyonga bwetuba ffekka tetwagala era tukitamwa nga tuli n'abantu abalala. Rasool Omwaagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, 'Tokola bikolwa ebyo ng;oli wekka byewandibadde otamwa ng;oli mu maaso g'abantu abalala.'

(Al-Jami'-us-Sagheer lis-Suyuti, pp. 487, Hadees 7973)

*Bacha mujh ko shaytan ki makkariyon say
Khuda bahr-e-Haydar riya-kariyaun say*

Okuvvunnula: Ya Allah ﷺ! Nkuuma okuva ku kweraga n'ebikemo bya sitaani ku lwa
Sayyiduna 'Ali رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى وَجْهُهُ الْكَرِيمُ.

أَمِينٌ بِحَجَّٰهُ الشَّيْٰ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلَّوْا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

8. Kweeka emirimu gyo emirungi

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Singa tufuna omukisa okukweeka emirimu gyaffe emirungi nga bwetukweeka ebibi byaffe. Allah ﷺ awa empeera amanyi emirimu gyaffe. Kiki ekirala kyetwetaaga! Nolw'ekyo, tulina okwegendereza Nafs yaffe oluvannyuma lw'okukola emirimu emirungi naddala egyekweese kubanga Nafs yaffe, n'ekwagala okunene ok'okulaga okusiinza, eyinza okutukema okumanyisa abalala ku kusinza kwetukoze. Nafs yaffe eyinza okutulimba netulowooza nti bwetutalaga mirimu gyaffe eri abalala, tebajja kumanya ddala lyaffe erya waggulu era tebajja kutugoberera. Ate, tetujja kusobola kabalungamya wamu n'okubakowoola eri obulongoofu etc.

Omuntu bwatuuka mu mbeera bweti, alina okusaba Allah ﷺ okumuwa obunyweevu akyuse okufaayo kwe akuzze ku kyengera eky'oluberera ekya Jannah ekijja okumuweebwa ng'empeera ey'emirimu gyaba akoze. Alina okutya nti oyo anoonya ekintu okuva ku baddu ba Allah mu kuwanyisa okusinza Allah ﷺ asisinkana obusungu bwa Katonda. Ate, kisoboka nti emirimu gye gyoononwa. Alina okukibulira Nafs butereevo nti tasobola 'kutuunda' mirimu gye mu kuwanyisa okuwaanibwa abantu

abalala ng'ate bbo bennyini tebalina buyambi wadde maanyi, ate tebasobola kumuwa bugabirizi era teablina buyinza ku bulamu wadde n'okufa.

Omulimu ogukwekeddwa gwegusinga okwagalibwa

Alina okusigaza mu magezige obulungi bw'emirimu egikwekeddwa nga Rasool Omwagalawa era Ow'emikisa ﷺ bweyagamba mu Hadees emu nti, 'Omulimu ogukwekeddwa [i.e ogukoleddwa mu kyaama] gwagalibwa okusinga omulimu ogulagibwa [i.e. ogukolebwa mu bantu].' (*Shu'ab-ul-Iman, vol. 5, pp. 376, Hadees 7012*)

Embeera omulimu bweguyinza okulagibwa

Omuntu agobererwa abatu abalala asobola okulaga emirimu gye nagimanyisa n'ekigendererwa eky'okubakubiriza ebbanga bwerimala nga teyeraga. Okulaga emirimu gye emirungi n'amazima mu ngeri eno, asana okufuna empeera ennene. Wano waliwo Hadees emu: omulimu ogulagibwa bwegugobererwa abalala gusinga omulimu ogukwekeddwa. (*Ibid*)

Obuwombeefu obwa waggulu

Bwaba nga tannaba kulaga mulimu gwe ogukwekeddwa eri abalala okubakubiriza oba okulaga okwebaza olw'ekyengra kya Katonda, olina okulowooza ennyo ku kkyo nga bwotunulira obukoddiyo bwa sitaani. Bwoba ng'obulira abalala ku mirimu gyo emirungi newankubadde oline ebigendererwa ebyo waggulu, olina okwegendereza ennyo oba oli awo oyinza okugwa mu mutego gw'okweraga. Wano waliwo eky'okulabirako eky'obuwomeefu obutayinza kwensimbwamu obw'abalongoofu abasiraamu ﷺ mu lwogera luno. Sayyiduna Sufyan Sawri رحمه الله تعالى yagamba, 'Nkitwaala nga emirimu egikoleddwa mu bantu bwegibeera nga egitakoleddwa kubanga kisukka obusobozi bw'abantu nga ffe okusigaza ob;wamazima ng'ate olabibwa abalala.'

(*Tanbih-ul-Mughtarrin, pp. 26*)

Eddoboozi okuva mu buli makubo ga Basra

Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رحمه الله تعالى yagamba: Waaliwo ekiseera nga amaloboozi ga Zikr ya

Katonda n'okusoma kwa Quran nga biwulikika okuva mu buli makubo ga Basra, nga kisika abantu okukola emirimu emirungi. Naye eky'ekewunyisa kiri nti omumanyi omu yawandiika akatabo ku 'kunyonyola okuzibu ku kweraga' mu kiseera ekyo, ekyaletera abantu akuva ku Zikr ey'olwaatu wamu n'okusoma Quran. Ku kino, abantu abamu baayogera, 'Singa omumanyi oyo yali tawandiiise katabo ako.' (*Kimiya-e-Sa'adat*, vol. 2, pp. 692)

Okweraga ku mirimu egitakooleddwa

Sayyiduna Fudayl Bin 'Iyaad رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يَاغَامْبَا, yagamba, 'Edda, abantu baali beraga u mirimu gyebakozé naye ennaku zino abantu beraga ku bintu byebatakola nakukola.'

(*Tanbih-ul-Mughtarrin*, pp. 25)

Kitegeeza nti, edda eyo, abantu baali bakola emirimu emirungi okusobola okusanyusa abalala naye ennaku zino tebakola na mirimu mirungi; bafanana bufananyi kubeera balongoofu ku ffeesi zabwe nga bawa ekifananyi nti balongoofu. Mazima, bagwaana okutamwa n'okukyayibwa okusinga abantu abaali beraga edda.

*Naykiyan chhup ker karayn aysi hidayat day Khuda
Ham ko posheedah 'ibadat ki Tu lazzat day Khuda*

*Okuvvunnula: Ya Allah ﷺ! Tusobozese okukola emirimu emirungi mu kyaama ate tuwe
omukisa ogw'okusiinza okw'obukweefu.*

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

9. Sigala mu kinywi ky'abantu abalongoofu bokka.

Kya ttendo nnyo okufuna omukisa ogw'okubeera mu kinywi ky'abdu ba Allah n'abaagzai ba Rasool ab'amazima (ikhlaas). Ku lw'ekinywi kyabwe n'okukowoola eri obulongoofu okukolebwa bbo buli kaseera, omuntu ajja kusobola okujjanjaba obulwadde bw'okweraga wamu n'okufuna emigaso emirala, لَّهُ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ. Jjukira nti omuntu alina okusigala mu kinywi ky'abo abalongoofu bokka, era yewale abantu ab'ononeefu nga

kawumpuli. Rasool Amanyiddwa ennyo era Ow'ekitiibwa ﷺ yagamba, 'Eky'okulabirako eky'omukwaano omulungi n'omubi kiringa omuntu asitula akawoowo n'oyo afuuwa omuliro. Omuntu asitula akawoowo ayinza okukuwa ekirabo ky'akawoowo oba ojja kukamugulako oba ojja kumufanako akawoowo ak'ebbeeyi [akamansamansa nga kamuvaako], naye oyo afuuwa mu muliro ayinza okwookya engoyezo oba ojja kumujjako akasu akabi.' (*Sahih Muslim, pp. 1414, Hadees 2628*)

Changay banday di suhbat yaro jaywayn dukan 'attaran

Sawda bhaawayn mul na layye hullay aan hazaran

Buray banday di suhbat yaro jaywayn dukan lauhhaar

Kapray bhaawayn kunj kunj bayye chingan payn hazaran

Okuvvunnula: (*Kitegeeza nti, okusigala mu kinywi ky'abantu abalongoofu kiringa okulambula edduuka eritunda obuwoo wo mwojja wakiri okufuna akawoowo akalungi newnkubadde nga tolina kyoguzeeyo, naye okubeera mu kinywi ky'omuntu omwononefu kiringa okugenda mu dduuka ery'omuntu asaanusa ebyuuma mu ddyo obupapajjo bw'omuliro bujja kba nga bubukabuka era bujja kugwa ku ngoyezo nebwogezaako otya okwekuuma.*)

Eby'okulabirako ebiraga engeri okwekuuma mu kinywi ky'ablongoofu bwekireterawo emigaso

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ekinywi omuntu kabeeramu kimutusako enkyukakyuka. Okugeza, bwosisinkana ow'oluganda amusiraamu alina amaziga mu maasoge, entunula ey'ennaku ng'eri ku ffeesiye ate ng'ayogera n'ennaku ennyingi mu ddoboozi lye olw'okufiirwa omuntuwe, nawe ojja kunakuwala okumala akaseera olw'okubeera okumpi naye. Singa, ku ludda olulala, olabika nti osisinkana ow'oluganda omusiraamu ng'ayogera musanyufu era ng'ajaganya n'akamweenyomweyo wamu ne ffeesi eyakayakana, nawe ojja kugabanyizawo essanyu lye okumala alaseera.

Ebiretebwa ekinywi ekirungi n'ekibi

Mu ngeri y'emu, omuntu bweyekuma mu kinywi ky'abo abatafaayo ku Akhira yabwe ate nga tebelekereza kukola bibi, kituibwa nti naye ajja kufuuka mubuyabuya ku Akhira ye nga bbo. Singa, mu ky'ennyume, omuntu yekuma mu kinywi ky'abaagazi ba Rasool abasigala nga babeera bbize emisana n'ekiro nga balafubana okwelongoosa okusobola okufuna obuwanguzi mu Akhirat ng'emitima gyabwe gitemagana n'ekitangaala kya Fikr-e-Madinah ate ng'amaaso gakulukusa amaziga n'okutya kwa Katonda, kisuubirwa nti naye ajja kufuna embeera yemu ey'omwooyo, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

*Buri suhbataun say bacha Ya Ilahi
Bana mujh ko achcha bana Ya Ilahi*

Okuvvunnula: Ya Allah! عَزَّ وَجَلَّ Ntaasa okuva ku kinywi ky'abantu abononeefu ate nfuula omuntu omulongoofu.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Embeera ya Madani eya Dawat-e-Islami

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Temulina kunakuwala nga munoonya ekinywi kya Madani eky'abantu abalongoofu. Mwegatte ku mbeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, ekibiina ky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekibulirira Quran ne Sunnah. Ku lwemikisa gyakyo, empisa ennungi zija kufuukirawo ezimu ku mpisa zo. Bui ow'oluganda omusiraamu alina okwetaba mu Ijtim'a' eya buli wiiki eyagazisa Sunnah etegekebwa mu kibuga kye, era atambule ne Madani Qafilah ezagazisa Sunnah mu kinywi ky'abaagazi ba Rasool.

Ku lw'emikisa gy'okutambula ne Madani Qafilah zino, omuntu afuna akakisa okufumitiriza ku bulamu bwe obwayita, nekimuteeka okuwulira obuswaavu ku bungi bw'ebibi bye era nekimusika okufuna omukisa ogw'okwenenyeza ebibi ebyo n'omutima agutidde era nga gveralikirira ku kulunjiya obulamu bwe obwa Ahkira. Olw'obulungi bw;okutambula ne Madani Qafilah mu kinywi ky'abaagazi ba Rasool, omuze

gw'okwogera eby'obuwemu n'ebitagasa gujja kuwanyisibwamu era pofune omuze ogw'okusoma Quran Entukuvu, Na'at ne Salat-'Alan-Nabi. Obusungu, obutasasira wamu n'okwekuluntaza bija kuwanyisibwamu ofune obwaagazi obw'okuwa abasiraamu ekitiibwa. Omulugube eri eby'obugagga gujja kuwanyisibwa ofunemu obwaagazi bw'okukola emirimu emirungi. Mu bumpimpi, enkyukakyuka ya Madani ejja kujja mu bulamu bw'oyo ajjumbira okutambula ne Madani Qafilah, لَنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ. Bannyina abasiraamu balina okujjumbira okwetaba mu Ijtima' za buli wiiki ez'agazisa Sunnah ezitegekerwa abannyina abasiraamu bokka mu bibuga byabwe.

Okuwona obulwadde bw'omutima n'ennyindo

Okusobola okukukubiriza n'okukwagazisa okukola, wano waliwo ekyafaayo kya Madani ekijudde emikisa gy'ekinywi ky'abaagazi ba Rasool. Ow'oluganda omusiraamu omu okuva mu Moradabad (UP, India) yagamba: Nga sinnaba kwegatta ku mbeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, ekibiina ky'ensi yonna ekibulirira Quran ne Sunnah ekitali kya byabufuzi, nnali nebisce mu mugga gw'ebibi. Nnali mwaagazi wa mutindo (fashoni) era nga ndi mwonoonefu ate nga ssisaala Salah yadde n'emu. Ennaku z'obulamu bwange ezaali dayamandi atagulika zaali zonoonebwa mu bubuyabuya.

Ng'ogyeko endwadde z'omwooyo, nnali nnina n'endwadde z'omubiri. Nnali nnina obulwadde bw'omutima wamu n'enyindo empaanvu ennyo eyali ennyiiza ebanga eddene. Eky'obulungi, ebire eby'ennaku eby;ekiro ekidugavu ekyo eky'ebibi kyajjibwawo. Ekyantaasa okuva mu mugga gw'ebibi nekintwaala mu kkubo ery'ebirungi kwekutambula ne Madani Qafilah eyagazisa Sunnah eya Dawat-e-Islami. Ku lw'emikisa gy'ekinywi ky'abaagazi ba Rasool, enkyukakyuka ya Madani yajja mu bulamu bwange, nekinsika okwenenya ebibi byange byonna ebyayita era nenungamizibwa nentandika okugoberera ekkubo lya Sunnah. الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّ وَجَلَّ! Ekirala nnafuna omukisa ogw'oku wonyezebwa endwadde zennali nnina. Oluvannyuma lwa Madani Qafilah, eggumba ly'enyindo yange lyaterera ate omutima gwange nagwo neguwonyezebwa mu nnaku ntono nnyo.

Dil mayn ger dard ho darr say rukh zard ho

Pao gey farhatayn, Qafilay mayn chalo

*Hay shifa hi shifa, marhaba! Marhaba!
Aa kay khud daykh layn, Qafilay mayn chalo*

Okuvvunnula: *Bwoba olina obuzibu bwonna obw'omutima era ng'obutyua nnyo, tambula butambuzi ne Madani Qafilah, ojja kubuwonyezebwa.* (Wasail-e-Bakhshish, pp. 612)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye! Omuntu omwonoonefu mu kitundu bwewayafuna omukisa okutambula Madani Qafilah mweyafunira omukisa okubeera mu kinywi ky'abaagazi ba Rasool, teyakoma ku kufuuka omulongoofu kwokka wabula yawonyezebwa edwadde ze ez'omubiri ku lw'okusasira kwa Allah ﷺ! Enyiindo ye eyali empaanvu ennyo yafuuka ennamu era nawonyezebwa n'obulwadde bwe obwaali butta obw'omutima. Nange kambabulire envummula ya Madani ey'okugganjabo endwaade z'omutima n'ekigendererwa eky'okufunamu empeera.

Okujjanjaba obulwadde bw'omutima ng'okozesa ensigo z'enteende ya 'Ajwah

Wano waliwo ekyafaayo kimu, n'enkyukakyuka ezimu, ekyafuluma mu lupapula lw'amawulire olumu. Omuduumizi w'amaje owwaggulu ennyo ew'emyaaka 84 yagamba: Bwannali nga ndi wa myaaka 56 egy'obukulu, nnafuna obuzibu ku mutima gwange. Nayagala okukweeka obulwadde bwange ng;ekyaama kubanga kyandi kosezza omulimu gwange ogw'amaje singa bumanyibwa. Nabwelityo, nnewala enzijanjaba z'obusawo. Oluvannyuma lw'akaseera, omuntu omu yangamba envummula eya waka ey'endwadde z'omutima. Yangamba nti buli kumakya mmire n'amazzi akagiiko kamu akajjude obuwunga bw'ensigo ezisekuddwa ez'enteende emanyiddwa ennyo eya 'Ajwah okuva mu Madinah Munawwarah. Nnafuna obujjanjabi buno obwa Madani. ﷺ Embeera yange yalongooka mu ngeri ey'ewunisa.

Omuduumizi w'amaje oyo akyafuna obujjanjabi obwo (i.e. okutuusa nga 23-12-2010). Oba oli awo, olw'emikisa gyabwo, nakoma kukubeera omulamu kyokka n'owamaanyi

mu kukola emirimu gy'ewaka wabula omutima gwe gw;amaanyi nga ogw'ommusaja omuto newankubadde ng'atuuse ku myaaka 84. Oluwandiika lw'elumu olw'olupapula lw'amawulire olwo lwali lulimu mu 1995 omuntu amanyiddwa ennyo (ow'ettutumu) mu Pakistan eyakeberwa nalabibwa nti alina emisuwa gye esatu egyptomutima nga gizibikidde. Ku kino, yasalawo okugenda mu Landani okukolebwako obujjanjabi obuyitibwa 'angioplasty'. Nze (omuduumizi w'amaje) nnamugamba obujjanjabi bwa Madani bwebumu nga mmuwadde ekiteeso eky'okukikozesa okumala ennaku 30. Namugamba n'omugamba nti bwatafunamu mugaso gwonna, olwo alina okugenda mu Landani afune 'angioplasty'.

Mu byonna, yafuna obujjanjabi buno obwa Madani namala nagenda mu Landani oluvannyuma lw'omweezi gumu mweyabuliza omukugu w'omutima 'cardiologist' amanyiddwa ennyo eyamugamba addemu okukebeza buto. Ng'alaba amaddiro g'okukebezakwe, omukugu w'omutima oyo yamugamba nti talina bulwadde bwonna bwa mutima era nti yali teyataaga bujjanjabi bwonna. Ripoota ezali ziyise yazilaga omukugu oyo ow'omutima eyagaana okukkiriza nti ripoota zombie zaali za muntu y'omu.

Okusala emboozi eno mu bumpi, omuntu oyo ow'ettutumu yakomawo mu Pakistan natandika okufuna obujjanjabi obwo obwa Madani ng;abujjumbira. Mu 2009, yaddamu okukebeza nate nagerageranya ripoota ezaali ziyise. Ekyewuunyisa abantu, okuva mu 1995 okutuusa mu 2009, tewaaliwo nkyukakyuka yonna mu mbeera y'omutima gwe ogwaali guli omulamu obulungi ennyo. Akyaa funa obujjanjabi buno obwa Madani era abubulidde n'emikwaano gye mingi.

Na ho aaram jis beemar ko saaray zamanay say

Utha lay jaye thori khaak un kay aastanay say

(Zauq-e-Na'at)

Madani In'amaat

Mu biseera bino ng'ebibi biri buli wamu, Dawat-e-Islami ereese 'engeri ey'okufuuka omulongoofu' mu ngeri y'ebibuuzo emanyiddwa nga 'Madani In'amaat'. Waliyo Madani In'amaat 72 eza ab'oluganda abasiraamu, 63 nga za bannyina abasiraamu, 82 nga za

bayizi abasajja abasiraamu, 83 nga za bayizi abakyaala abasiraamu, 40 nga z'abaana ba Madani children ne 27 nga za ab'oluganda ab'enjawulo abasiraamu (i.e. abazibe, abatasobola kwogera ne bakiggal). Ab'oluganda abasiraamu, nannyina n'abayizi abatabalikika bakolera ku Madani In'amaat era bajjuzaamu akatabo kayo akaja mu nsawo buli kanaku nga bakola Fikr-e-Madinah nga tebannaba kwebaka (oba mu kiseera kyonna kyebasobola). Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ, ebizibu mu kkubo ly'okufuuka omulongoofu n'okwewala ebibi bijjibwaho olw'emikisa gy'okwekwata ku Madani In'amaat! ﴿الْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ﴾! Ku lw'emikisa gya Madani In'amaat, omuntu aija kufuna endowooza ey'okukolera ku Sunnah, okwewala ebibi wamu n'okuyayana okukuumma obukkirzaabwe.

Okusobola okufuuka omsiraamu akolera ku busiraamu, buli omu alina okufuna akatabo ka Madani In'amaat okuva mu ttabi lyonna erya Maktaba-tul-Madinah era akajjuzeemu buli kanaku ng'akola Fikr-e-Madinah. Olina okugufuula omuze okukawaayo eri ow'oluganda omusiraamu abvunanyizibw ku Madani In'amaat mu kitundu kyo nga 10th ogwa buli mweezi gwa Madani telunnaba kutuuka i.e. omweezi gw'ekisiraamu.

Amawulirer amalungi eri abo abakolera ku Madani In'amaat

Baagalwa ab'olugand aabasiraamu! Nga besiimye nnyo abo abakolera ku Madani In'amaat! Soma ebyafaayo bya Madani bino wamanga ojaganye. Ow'oluganda omusiraamu omu okuva mu Hyderabad (Bab-ul-Islam, Sindh - Pakistan) yagamba ng'alayide: Mu kiro ekimu mu mweezi gwa Rajab-ul-Murajjab, nnafuna omukisa okuIaba Rasool Omwaagalwa era Ow'emikisa ﷺ mu kirooto kyange. Emimwa egymikisa gyatandika okutambula era ebigambi bino eby'emikisa nebyatulwa: 'Oyo yenna akola Fikr-e-Madinah buli kanaku mu mweezi guno ng'akola Madani In'amaat Allah ﷺ aija kumusonyiwa.'

Madani In'amaat ki bhi marhaba kya baat hay

Qurb-e-Haq kay taalibon kay wasitay sawghat hay

Nga Madani In'amaat nungi nnyo, Marhaba!
Ekirabo ekinene eri abanoonya okusembera okumpi ne Allah ﷺ

10. Wetekemu omuze ogw'okusoma Wazaaf*

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okusobola okwewala okweraga, mugezeeko nnyo okukolera ku nvummula zino wammanga ez'omwooyo nga bwemusobola ne Salat-'Alan-Nabi omulundi gumu mu ntandikwa wamu ne ku nkomerero, nga bwemukolera ku nvummula ezo waggulu. Kino kijja kujjavo ebikemo bya sitaani.

1. Soma Du'aeno emirundi esatu buli kanaku . Allah ﷺ ajja kukkuuma okuva ku buli ngeri ey'okweraga. Du'a eno eri bweeti:

اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ أَنْ أُشْرِكَ بِكَ وَأَنَا أَعْلَمُ وَأَسْتَغْفِرُكَ لِمَا لَا أَعْلَمُ^١

2. Buli lw'osuubira nti omutima gwo mulimu okweraga, soma ﴿أَعُوذُ بِاللهِ مِنَ الشَّيْطَنِ الرَّجِيمِ﴾ era okole ng'afujja amalusu ku ludda lw'ekibegabega kyo ekya kono emirundi esatu.
3. Oyo asoma ﴿أَعُوذُ بِاللهِ مِنَ الشَّيْطَنِ الرَّجِيمِ﴾ emirundi kkumi buli kanaku, Allah ﷺ amuterawo malayika emukuumma.
4. Soma 'Surah Al-Ikhlas' emirundi 11 kumakya (i.e obbudde okuva mu 'matumbi budde ag'ekiro'² okutuusa ng'okugulu kw'ejuba okusooka buyitibwa 'kumakya'). Newankubadde nga sitaani n'amajege agezezaako nnyo okueeka omusomi oyo okukola ekibi, tajja kuwangula okujjako ng'omusomi yakoze ekibi ekyo ye kennyini ku lulwe. (*Al-Wazifa-tul-Karimah*, pp. ٢٠)
5. Okusoma Surah An-Naas nakyo kijjavo ebikemo bya sitaani.
6. Omunyonyoi amanyiddwa ennyo, omuloozi omunene owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan nti ab'ebitiibwa aba Sufi ﷺ yagamba nti ab'ebitiibwa aba Sufi ﷺ baagamba, 'Oy

* Wazaaf bwe bungi bw'ekigambo 'Wazifah' wekitegeesa ekunganyizo ly'ebigambo ebitukuvu era eby'emikisa ebisomebwa mu muweendo ogugereddwa okusobola okufunamu ebirungi by'omwooyo oba omubiri. [Bigambo bya muvvuunuzi]

¹ Ayi Allah ﷺ! Nsaba obukuumi bwo okuva ku kukugattako ekirala, era nkusaba onsonyiwe bwemba nnli nkizkoze ng assimanyi.

² 'Matumbi budde ag'ekiro' wano kitegeesa ekiseera ekiro nga kyankanankana okuva ng'enjuba egudde okutuusa n'enjuba evuddeyeyo.

yenna asoma ﴿لَا حَوْلَ﴾ emirundi 21, nafuuwa mu mazzi era naganywa buli kumakya n'olweggulo ajja kukuumbwa nnyo okuva ku bikemo bya sitaani, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

(*Mirat-ul-Manajih*, vol. 1, pp. 87)

7. Okusoma ﴿هُوَ الْأَوَّلُ وَالآخِرُ وَالظَّاهِرُ وَالْبَاطِنُۚ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ﴾ kijjirawo ddala ebikemo bya sitaani.
8. Okusoma ^¹ ﴿سُبْحَانَ رَبِّ الْخَلَقِ﴾ ^² ﴿إِنْ يَشَاءُ يُذْهِبُكُمْ وَيَأْتِيْ بِخَلْقٍ جَدِيدٍ ۚ وَمَا ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ بِعَزِيزٍ﴾ mu bungi kijjao ebikemo bya sitaani.

(Summarized from: *Fatawa Razawiyyah* – referenced, vol. 1, pp. 770)

(Okukutegeesa, ekitundu kya Du'a ekirimu ayaa za Quran kitereddwa mu mikono [brackets].)

*Riya-kari say her dam Tu bachana
Khudaya banda-e-mukhlis banana*

Okuvvunnula: Ya Allah عَزَّ وَجَلَّ! Sigala ng'onkuuma okuva ku kweraga era nfuula omuddu ow'amazima (ikhlaas).

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلُّوا عَلَى مُحَمَّدَ

Kiki eky'okukola bwewaba nga tewali buweweetu newankubadde ng'obujjanabi bufuniddwa?

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Bbewaba nga tewali buweweetu newankubadde nga mufunye obujjanabi, temunakuwala, era mweyongere okufuna obujjanabi. Kigambibwa mu butuufu nti Rooma teyazimbibwa mu lunaku lumu. Bwemuva ku

¹ Part 27, Surah Al-Hadeed, Ayah 3

² Part 13, Surah Ibraheem, Ayah 19, 20

buijanjabi, kiringa bwemwewaddeyo eri sitaani ajja okubabuza. Nolw'ekyo, tulina okukola kawefube.

Wano waliwo mu bumpimpi kiki Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ kyeyawandiika mu kitabo kye 'Minhaj-ul-'Aabideen' ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Bwolaba nti sitaani ayongera okukusombuwa newankubadde ng'osabye Allah amukukingirize, kitegeesa nti Allah عَزَّوَجَلَ ayagala okugezesu Zuhd¹ yo, amaanyi go n'obumiikiriza. Kitegeesa nti, Allah عَزَّوَجَلَ ayagala okugezesu oba olwanyisa sitaani oba akumegga nakuwangula. (*Minhaj-ul-'Aabideen – Arabic*, pp. 46)

Riya-kariyaun say bacha Ya Ilahi

Siyah-kariyaun say bacha Ya Ilahi

Okuvvunnula: Ya Allah! نَتَّاصَا اكْوَفَا كُوْرَاجَا نَأْبِكُولْوا إِبِبِيْ.

أَمِينٌ بِحَجَّاَهُ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيبِ	صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيبِ
أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ	تُوبُوا إِلَى اللَّهِ
صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيبِ	صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيبِ

Amakulu g'okusiinza

Abaagalwa b'oluganda abasiraamu! Tusomye ku bimu ku bikwaata ku kweraga mu bungi bwabyo. Nga okweraga bwekuberawo mu kusiinza, kyetagisa okumanya amakulu g'okusiinza. Njagadde okunokola n'enjeri ezimu ez'okusiinza wamu n'okunyonyola okukwata ku bigendererwa, nga bweneyongera okukowoola eri obulongoofu. Nga banyonyola amakulu g'okusiinza, abamanyi ab'ebitiibwa baagamba: Okuggulumiza [i.e. okuwa omuntu ekitiibwa] omuntu yenna ng'omutwaala ng'agwaanira okusinzibwa kiyitibwa 'okusiinza' naye okuggulumiza omuntu yenna nga tomutwaala ng'asaana

¹ Okwewala amasanyu g'omubiri olw'ensonga z'eddiini.

okusinzibwa tekubeera 'kusiinza' wabula kubeera 'kuggulumiza', ie. Okuwa ekitiibwa. Okugeza, okuyimirira ng'ofunyizza emikono mu Salah kikolwa kya kusiinza naye ekikolwa ky'ekimu eky'okufunya emikono tekibeera kusiinza omuntu bwaab ng'ali mu maaso g'Enkoondo eza Zaabu oba mu masiro ga Wali wa Allah yenna oba okusoma Salat-o-Salam oba okulaba ebantu ebitukuvu oba okusisinkana Peer Sahib wo (omulungamyi mu by'omwooyo), omusomesa oba omuzadde etc. wabula kubeera 'kuggulumiza' mu mbeera zino.

Buli mulimu ogukolebwa okusanyusa Katonda kubeera kusinza

Amakulu 'g'okusiienza' magazi nnyo era galimu ebikolwa byonna ebikolebwa okusanyusa Katonda. Kiwandikiddwa mu muvumbo ogwa 29th ogwa *Fatawa Razawiyyah* n'okunokola okuva mu bitabo bya *Ghamz-ul-'Uyoon* ne *Rad-dul-Muhtar*: Okusiinza ky'ekikolwa ekikolebwa ekifunisa omusiinza empeera ate ekyo kisinzira ku kigendererwa ky'empeera. Kiwandikiddwa mu kitabo *Taj-ul-'Aroos*: Ekikolwa kyonna ekikolebwa omusiinzi okusobola okufuna okusiimibwa Katonda kiyitibwa okusiinza.

(*Fatawa Razawiyyah*, vol. 29, pp. 647-648)

Omunyonyozi amanyiddwa ennyo, omulwoozi omunene owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan عَزَّوجَلَ اللَّهُ عَلَيْهِ بَرَحْمَةً yagamba, 'Buli kikolwa ekikolebwa okusanyusa Allah عَزَّوجَلَ kitwaalibwa nga okusiinza. (*Summarized from: Tafseer-e-Na'eemi*, vol. 1, pp. 77)

Obulombolombo obw'okukkiriza kw'omulimu

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mujjukire nti ekigednererwa eky'okufuna emmpeera ya Akhirah teekiyinza kulekebwa eri omulimu okukkirizibwa. Gezzako okulaba obwetaavu bw'ebigendererwa ebirungi ng'osoma Ayah eya 19th eya Surah Bani Israel, ekitundu 15 n'enziunnula okuva ku mpapula 529 eza *Kanz-ul-Iman wamu ne Khaza'in-ul-Irfan* efulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Allah عَزَّوجَلَ agamba:

وَمَنْ أَرَادَ الْآخِرَةَ وَسَعَى لَهَا سَعْيَهَا وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَئِكَ كَانَ سَعْيُهُمْ مَشْكُورًا ﴿١٩﴾

Ate oyo yenna ayagala Akhirah nagikolerera nga bwalina okugikolerera, ate nga mukkiriza – olwo okulafubana kwabwe kwokka kwe kujja okufuna obuwanguzi.

[*Kanz-ul-Iman* (Translation of Quran)] (Part 15, Surah Bani Israel, Ayah 19)

Ng'anyonyola ku Ayah eyo waggulu, omunyonyozi wa Quran amanyiddwa ennyo, 'Allamah Maulana Sayyid Muhammad Na'eemuddin Muradabadi ﷺ yagamba: Waliwo obulombolombo busatu obw'omulimu okukkirizibwa:

- ❖ Okubeera omunoonyi wa Akhirah, i.e. okukola ekigendererwa ekirungi.
- ❖ Okukola omulimu ogwo obulungi nga bwegulina okukolebwa.
- ❖ Obukkiriza, kyekikolo kya byonna. (*Khaza'in-ul-'Irfan, pp. 554*)

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mukiteke mu ntegeka zammwe okutambula ne Madani Qafila ezagazisa Sunnah n'abaagazi ba Rasool, okujuzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli kanaku nga mukola Fikr-e-Madinah era mukaweeyo eri ow'oluganda omusiraamu avunanyizibwa ku bbwo mu nnaku ezikumi ez'omweezi gw'obu siraamu. Ku lw'Omwaagalwa Mustafa ﷺ, ojja kufuna omuze ogw'okukola ebigendererwa ebirungi wamu n'okwesamba ebigendererwa ebibi, إِنَّمَا الْأَعْمَالُ بِالْبَيِّنَاتِ.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Buli mulimu gulamulwa olw'ekigendererwa

Hadees esokera ddala mu kitabo 'Sahih Bukhari', ekitabo ekisiinga okubeera ekituufu oluvannyuma lwa Quran Entukuvu, eri ﴿إِنَّمَا الْأَعْمَالُ بِالْبَيِّنَاتِ﴾ ekitegeeza, emirimu gilamulwa olw'ebigendererwa. (*Sahih Bukhari, vol. 1, pp. 6, Hadees 1*)

Ng'anyonyola Hadees eyo waggulu, omunyonyozi wa *Sahih Bukhari*, Mufti Sharif-ul-Haq Amjadi ﷺ yagamba, 'Hadees eno etegeeza nti empeera ey'emirimu emirungi yesigamye ku bigendererwa. Oyo akola emirimu nga talina kigendererwa kirungi tasaan mpeera yonna.' (*Nuzhat-ul-Qaari, vol. 1, pp. 172*)

Ebigambo bisatu ebya Mustafa ﷺ ebikwaata ku bigendererwa ebirungi

Wano waliwo ebigambo bisatu ebya Omwaagalwa Mustafa ﷺ ebikwaata ku bulungi bw'ebigendererwa ebirungi, nga bijjiddwa okuva mu mpapula 173 okutuusa ku

174 ez'akitabo eky'empapula 853 ekiyitibwa 'Jahannam mayn Lay Jaanay Walay A'maal' [i.e. Ebikolwa ebitwaala omuntu mu muliro], ekyafulumizibwa Maktaba-ul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami:

- ❖ Ekigendererwa eky'amazima gw'emulimu ogusinga kwagalibwa.

(Al-Jami'-us-Sagheer, pp. 81, Hadees 1284)

- ❖ Ekigendererwa ekirungi kijja kuteeka omuddu okuyingira eJannah.

(Al-Jami'-us-Sagheer, pp. 557, Hadees 9326)

Ekikendererwa kye kki?

Ekigendererwa kitegeeza okumalirira oba okwagala okunyweevu okw'omutima okukola ekikolwa kyonna. Mu Shari'ah, ekigendererwa ky'okusiinza kiyitibwa kigendererwa (Niyyat). (*Nuzhat-ul-Qaari*, vol. 1, pp. 169)

Ekigendererwa ekirungi kifuula ekikolwa kya Mubah okubeera okusiinza

Mubah ky'ekikolwa ekikkirizibwa okukolebwa oba obutakikola byonna nga ky'ekimu. Mu bigambo ebirala, oyo akola ekikolwa kya Mubah tafunamu mpeera wadde kibi. Ebantu bingi biri Mubah okugeza nga okulya, okunywa, okweebaka, okutambulamu, okukunganya eby'obugagga, okugaba ebirabo, okwambala engoye enungi, okutereka engoye endala etc. Omuntu bwewayegendereza obulungi, asobola okuddira ekikolwa kya Mubah n'akifuula ekikolwa ky'okusiinza era nafunamu empeera ngakoze ekigendererwa ekirungi nga tannaba kukikola.

Ng'anyonyola egeri y'okukikola, A'la Hadrat, omukulembeze w a ba Ahl-e-Sunnah, eyazza obujja eSunnah, eyajjwo Bid'ah, omumanyi wa Shari'ah, Maulana Shah Imam Ahmad Raza Khan رحمۃ اللہ علیہ yagamba: Bwezikolebwa n'ekigendererwa ekirungi, buli kikolwa kya Mubah (i.e. ekikolwa ekikkirizibwa okukolebwa oba obutakikola byonna nga ky'ekimu) kifuukamu Mustahab. (*Fatawa Razawiyyah – referenced*, vol. 8, pp. 452)

Abalamuzi b'obusiraamu ﷺ bagamba: Okulamula kw'enikolwa bya Mubah kuyinza okwawukana nga kisinziira ku bigendererwa eby'enjawulo. Nolw'ekyo, ekikolwa

kya Mubah bwekiba nga kikoleddwa okusobola okufuna obuyambi obw'okukola ekikolwa ky'okusiinza oba okukisobozesa okukolebwa, olwo Mubah eyo ajja kutwaalibwa ng'aokusiinza. Okugeza, okulya, okunywa, okweebaka, okukunganya eby'obugagga, okwegatta ne mukyaalawo etc. (*Ibid, vol. 7, pp. 189; Rad-dul-Muhtar, vol. 4, pp. 75*)

Aba abatakola bigendererwa birungi eby'ebikolwa bya Mubah bafirwa

Bweguba gukoleddwa n'ekigendererwa ekibi, omulimu gwa Mubah gutwalibwa ng'omubi, ate bweguba gukoleddwa n'ekigendererwa ekirungi, gujja kutwaalibwa ng'omulungi. Ate, bwegukolebwa nga tewali bigendererwa, newankubadde gujja kusigala Mubah (oggukkirizibwa) kijja kuleeta obuzibu obw'okubalibwa ku lunaku lw'enkomerero. Nolw'ekyo, omuntu omugezi y'oyo agezaako okukola ebigerdererwa ebirungi ebitonotono nga tannaba kukola mulimu gwa Mubah. Bwekiba kisoboka, omuntu alina okukola ebigerdererwa bingi ebirungi kubanga gyakoma okukola ebigerdererwa ebingi n'empeera zajja okufuna enyingi. Wano waliwo omugaso omulala ogw'ekigendererwa: Omuntu bwaba yali atasobola kukola kikolwa kyonna olw'ensonga yonna ng'amaze okukiklera ebigerdererwa ebirungi, ajja kusigala ng'afuna empeera z'ekigen dererwakye. Rasool waffe Omwaagalwa ﷺ يَأَيُّهَا مَنْ حَمِلَ عَذَابَهُ، ﴿نَبِيُّ الْمُؤْمِنِينَ حَبَرٌ مَّنْ عَمِلَهُ﴾. *Ekigendererwa ky'omusiraamu kirungi okusinga ekikolwakye.*

(*Al-Mu'jam-ul-Kabeer lit-Tabarani, vol. 6, pp. 185, Hadees 5942*)

Okunokola okutangaaza ku bigendererwa

Omunonyerezi amanyiddwa bonna ennyo ow'ebiyasayansi by'obusiraamu, omumanyi akulembra mu Hadees 'Allamah Shaykh 'Abdul Haq Muhaddis Dihlvi رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يَأَيُّهَا مَنْ حَمِلَ عَذَابَهُ، يَأَيُّهَا مَنْ حَمِلَ عَذَابَهُ، yagamba: Kigambibwa nti malayika bwezigenda mu ggulu n'ebitabo by;emirimu gy'abantu nezibitwaala mu maaso g'obwakatonda, Allah عَزَّوَجَلَ agamba, ﴿إِنَّمَا تَلْكُ الصَّحِيفَةُ الْأُقْرَبُ﴾. *Tilka al-sahifat al-qaribat* ekitegeeza, *ekitabo kino eky'emirimu mukisuule; ekitabo kino eky'emirimu mukisuule*. Malyika ziddamu mu buwombeefu, 'Ya Allah (عزوجل)! Tuwandiise emirimu gino emirungi eg'omuddu Wo nga tugilabye era nga tugiwlizza.' Allah عَزَّوَجَلَ agamba, ﴿لَمْ يُرِدْ وَجْهِي﴾. nti, *omuddu ono teyakola kigendererwa kya kunsanyusa ng'akola emirimu gino.*' Nabwekityo gino tegikkiriziddwa mu maaso Gange.Oluvannyuma, Allah عَزَّوَجَلَ

alagira malayika endala, ﴿أَكُنْتُ لِفُلَانٍ كَذَا وَ كَذَا﴾ nti, wandiika omulimu guno ne guno mu kitabo ky'emirimu eky'omuntu gundi. Malayika ziddamu nezigamba mu buwombeefu, 'Ya Allah (عَزَّوَجَلَّ)! Omuddu ono takoze mulimu guno.' Allah عَزَّوَجَلَّ agamba, 'Newan kuadde nga takoze mulimu guno, yali alina ekigendererwa eky'okugukola, nabwekityo nja kumuwa empeera y'omulimu guno olw'ekigendererwakye.

(*Hilyat-ul-Awliya*, vol. 2, pp. 356, Raqm 2548 etc.)

Sayyiduna Shaykh 'Abdul Haq Muhaddis Dihlvi رحمه الله تعالى yayongera nagamba: Kiwandikiddwa mu Hadees emu: ﴿نِيَّةُ الْمُؤْمِنِ خَيْرٌ مِّنْ عَمَلِهِ﴾ *Ekigendererwa ky'omusiraamu kisinga ekikolwakye.* (*Al-Mu'jam-ul-Kabeer*, vol. 6, pp. 185, *Hadees 5942*) Kirabirwawo, empeera y'omulimu omulungi ejja kuweebwa nga gukoleddwa n'ekigendererwa ekirungi lwokka. Bwegukolebwa n'ekigendererrwa ekibi, omulimu omulungi gujja kuteeka omukozi wagwo aleme kufunamu mpeera. Mu mbeera zonna, empeera ejja kuweebwa olw'ekigen dererwa ekirungi newankubadde ng;ekikolwa kikoleddwa oba nedda. Ekigendererwa ky'omusiraamu kirungi okusinga ebikolwabye. Eyo yensonga lwaaki abalongoofu abamu bagamba: حَمْدُ اللَّهِ تَعَالَى

*Her kara ander 'amal ikhlas nayst
Dar jahan az bandagan-e-khaas nayst*

Okuvvunnula: *Oyo atalina bw'amazima mu mirimu gye tali omu ku baddu ba Allah ab;enkizo.*

*Her kara kaar az baraye Haq buwad
Kaar-e-au paywastah ba-raunaq buwad*

Okuvvunnula: *Ekikolwa ky'oyo akikola ng'ayagala kusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ kibeera kirungi nnyo era nga kyabyamagero.*

(*Ashi'a-tul-Lam'aat*, vol. 1, pp. 39)

Baagalwa ab'oluganda basiraamu! Ekigendererwa ekirungi kijja kuleeta ebyengera byakyo ate ekigendererwa ekibi kijja kuleeta ebibi eby'ejjusibwa ebyakyo. Oluusi, obubi

bw'ekigendererwa ekibi butuukirwako ku ssaawa eyo y'ennyini. Wano waliwo wbyafaayo bibiri ebikwaata ku musomo guno.

1. Ente etaali ya buliggyo

Sayyiduna 'Abdullah Bin 'Abbas رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ يَأْمَدْ يَأْمَدْ yagamba: Waaliwo kabaka omu lumu eyalambula obwakabaka bwe. Mu kulambula kuno, yawangalira mu maka g'omuntu omu (eyali tamanyi nti omugenyi we ye kabaka). Olweggulo, omuntu oyo yakama enteeye. Kabaka yewunya nnyo okulaba nti obungi bw'amata ago bwaali bulinga obwaali buva mu nte 30! Kabaka yakolerawo ekigendererwa ekibi eky'okubba ente eno etaali ya buliggyo okuva ku muntu ono eyali amukyazizza. Enkeera, obungi bw'amata bwakendeera nebuufuka butono ng bwakitundu okugerageranya n'obungi obwaali bukamiddwa olunaku olwaali luyise. Kabaka kyamwewunyisa nnyo. Oyo eyali amukyazizza yaddamu, 'Kabaka ayagadde okutulugunya bantube, ekyo kireese obungi bw'amata okukendeera okutuusa ku kitundu. Kabaka ava kuba mutulugunyi, emikisa givaawo.' Ng'awuliriza amazima gano ag'ewunyisa ennyo, kabaka yakyuusa ekigen dererwa kye era nasalawo obutabba nte eyo eyali teli ya buli ggyo n;obulyazamanyi. Enkeera, obungi bw'amata agajjibwa mu nte eyo bwaali bwe bumu nga ku lunaku olwasooka, i.e. nga bwenkana ente 30. Ng'akubiriziddwa bino ebyagwaawo, kabaka yayiga omusomo omunene era nalekerawo okutulujunya abantu abaali wansiwe (abakozibe). (*Summarized from: Shu'ab-ul-Iman, vol. 6, pp. 53, Raqm 7475*)

2. Omubissi gw'ekikajjo ogwaali guwooma era nga gunnyogoga

Edda ennyo, ba kabaka ba Misiri (Egypt) ne Yiraani (Iran) baali bayitiba 'Fir'awn' ne 'Kisra' mu mutendera ogwo. Bweyali ng'atambula n'amaje ge, Kabaka Kisra omu yabula neyesanga ku lujji olw'ennimiro mweyasabira eggilaasi y'amazzi. Akawala akato kamuleetera eggilaasi y'omubissi gw'ekikajjo ogwaali guwooma era nga gunnyogoga. Kabaka yagunywa nagusanga nga guwooma nnyo. 'Mugukola mutya?' Kabaka oyo yabuuza omuwala. Omuwala yamuddamu, 'Ennimo eno emeza ebikajjo eby'omtindo omulungi ennyo. Omubissi tugukola nga tukamula ebikajjo bino n'engalo zaffe.' Kabaka yasaba eggilaasi endala. Omuwala yaddayo munda. Mu kiseera ekyo, kabaka yakola ekigendererwa ekikyaamu eky'okuwamba enniniro eyo nga bwawa endala eri nannyini yo mu kuwanyisaamu. Omuwala yakomawo ng'ali mu kukaaba nga bwagamba, 'Kabaka

waffe ekoze ekigendererwa ekikyaamu.' Kabaka yabuuza, 'Okitegedde otya?' Omuwala yamuddamu, 'Nnali nkamula omubissi ogwo n'obwaangu, naye mbadde sisobola kugu kamula newankubadde nga ngezezzako nnyo n'amaanyi gange gonna okugukamula.' Kabaka mangu ddala yasuula ekigendererwa ekyo ekibi eky'okuwamba ennimiro eyo. Yamala nasaba omuwala okuddayo agazeeko n'era. Omuwala bweyayingira, yakamula bulungi omubissi ogwo n'obwangu era naguwa kabaka oyo. (*Hayat-ul-Haywan-ul-Kubra*, vol. 1, pp. 216; *Al-Muntazam fi Tareekh-ul-Muluk wal-Umam li Ibn Al-Jawzi*, vol. 16, pp. 310)

Abaagalwa ba'oluganda abasiraamu! Buli bwewabaawo omukisa g;womuntu okukolera ku Sunnah, kyetagisa ekigendererwa kibeerewo mu mutima gwe mu kiseera ekyo. Okugeza, okuteeka omukono gwa ddiyo mu kifundikwa kya ddiyo eky'olugoye ng'olwambala oba okujamu omukono gwa kkono okuva mu kifundikwa kya kkono ng'ojjamu essaati, oba okwambala engatto ya ddiyo nga gyosoosa ate n'oooka okujamu eya kkono byonna biri Sunnah, naye omuntu bwatakola kigendererwa eky'okukolera ku Sunnah mu mutima gwe ng'akola emirimu gino, kijja kuyitibwa 'ekikolwa eky'omuze', era nga ssi kusiinza, ate tewali mpeera ya Sunnah aija kuweebwa.

Fatwa ey'okumanya okungi ekwaata ku kigendererwa

Wano waliwo Fatwa ey'okumanya okungi eyafulumizibwa 'Dar-ul-Ifta Ahl-e-Sunnat'ed dukanyizibwa Dawat-e-Islami. Amazima, tewali moeera ewebwa olw'omulimu omulungi ogukolebwa nga tewali kigendererwa. Ekirala, ebikolwa by'okusiinza (ebikoleddwa awatali kigendererwa) bifuukamu ebikolwa eby'omuze. Ekyetagisibwa ddala okukola ekigendererwa ekituufu eky'omulimu omulungi kwe kufumitiriza ddala okuva ku ntobo y'omutima gwo ku kikolwa ekyo, era n'okikola ng'olubirira kintu kimu kyokka nga kwe kusanyusa Allah ﷺ. Ekigendererwa kino kirubirirwa okwawula omuze okuva ku kikolwa eky'okusiinza. Nabwekityo, kirabikirawo nti okufumitiriza ddala n'okola ekikolwa olw'okusanyusa Allah ﷺ bwekiri ekigendererwa ekituufu ddala ekyawula omuze okuva ku kusiinza. Nolw'ekyo, ekigendererwa bwekikolebwa ng'ekikolwa tekinnaba kukolebwa, empeera ewebwa; ekigendererwa bwekiba tekikoleddwa, empeera tewebwa, era kifuula ekikolwa ekyo okubeera omuze.

'Allamah 'Ali Qaari رحمه الله تعالى yagamba:

الْبَيْنَةُ لِغَةٌ: الْقَصْدُ وَشَرْعًا تَوْجُهُ الْقُلُوبُ إِتْبَاعًا لِوَجْهِ اللَّهِ وَالْقَصْدُ بِهَا تَمْيِيزُ الْعِبَادَةِ عَنِ الْعَادَةِ

Ekitegeeza nti, amakulu ag'okungulu ag'ekigambo 'Niyyat' 'ky'ekigendererwa' ate amakulu gakyo aga Shar'i kwe kufumitiriza ddala okuva ku ntobo y'omutima ku kikolwa kyogenda okukola, era n'okikola olw'okwagala okusanyusa Allah عَزَّوجَلَ. Ekigendererwa kino kirubirirwa okwawula omuze okuva ku kikolwa eky'okusiinza.

(*Mirqat-ul-Mafatih*, vol. 1, pp. 94)

Naye, kirina okujjukirwa nti waliwo ebikolwa bingi ebikolebwa ng'emize naye nga amazima ekigendererwa ky'okusiinza kibaawo mu kukola ebikolwa bino. Ensoonga lwaaki okuwulira ekigendererwa kugenda kunafuwa eri nti okufumitiriza nobwegen dereza obwaali buterebwa ku kikolwa ekyo oba ku ntandikwa yakyo tekikyasigazibwawo olw'okukikola emirundi emingi nga kiddiringana. Nay, bwewaba nga tewali kigen dererwa yadde n'ekimu, tewali mpeera eweebwa mu mbeera eno. ﴿وَاللَّهُ تَعَالَى أَعْلَمُ وَرَسُولُهُ أَعْلَم﴾

Ani alina omukisa okubeera n'ebigendererwa ebirungi?

Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رحمه الله تعالى yagamba: Omuntu asobola okukola ekigendererwa ekirungi waakiri kimu oba ebingi nga tannaba kukola kikolwa kya Mubah (ekyo ekitali kibi ate nga tekireeta na mpeera). Ekigendererwa ekirungi kifuula ekikolwa kya Mubah okufuukamu ekikolwa ky'okusiinza ekinene, nekitwaala omuntu ku madaala aga waggulu. Abo abakola ebikolwa bya Mubah nga babuyabuya ng'ebisolo ekifo ky'okuni fuulamu ebikolwa ebireeta empeera nga babikoze n'ebigendererwa ebirungi bafiirwa nnyo, beremesa okufunamu empeera. Tekisaanira muntu okutwaala wadde ekirowoozo, alaseera oba oluta lwatutte nti tebirina mugaso kubanga ajja kubibuuzibwakwo bino ebikolwa ku lunaku lw'enkomerero. Lwaaki yabikola ate kigendererwa kki kyevali alina? Engeri eno (ey'okufuula ekikolwa kya Mubah okufuukamu eky'okusiinza ng'okola ebigendererwa ebirungi) esobola okukozesebwa ku bikolwa ebyo byokka ebitalina

kitamwa mu bbyo. Eyo ye'nsonga lwaaki Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa yagamba، حَلَّهَا حِسَابٌ وَ حَرَامُهَا عَذَابٌ ﴿٢٣﴾ Waliwo okubalibwa olwa Halal ow'oku nsi n'okubonerezebwa olwa Haraam wayo.'

(*Al-Firdaus bima Soor-il-Khitab*, vol. 5, pp. 283, Hadees 8192)

Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Muhammad Ghazali رحمه الله تعالى عَلَيْهِ يَأْتِيهِ الْمَوْتُ مَوْتًا يَعْلَمُ بِهِ الْمُحْكَمُونَ يَأْتِيهِ الْمَوْتُ مَوْتًا يَعْلَمُ بِهِ الْمُحْكَمُونَ yayongera nagamba: Okukola ebigendererwa nga bino kyangu eri oyo ayayana okukunganya obulungi mu Akhirah yeNaye, oyo omutima gwe nga gwabutikirwa ebyengera by'oku nsi tasobola kusanga bigendererwa bino mu mutima gwe, Newankubadde ng'ajjukanyiziddwa omuntu omulala, tawulira kuyayana mu mutima gwe eri ebigendererwa bino, ate liali kola ekigendererwa kyonna, kibeera kirowozo burowoozo ekitalina kyonna kikwaata ku kigendererwa ekituufu! (*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 5, pp. 98)

Ebigendererwa nga tonnaba na kugenda mu kabuyonjo

Olina okukola ebigendererwa nga tonnaba na kugenda mu kabuyonjo. Omulongoofu omu رحمه الله تعالى عَلَيْهِ yagamba, 'Njagala okukola ebigendererwa nga sinnaba kukola kintu kyonna nga okulya, okunywa, okweebaka n'okugenda mu kabuyonjo.'

(*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 5, pp. 98)

Omusajja eyali asanyirira enviirize waggulu w'ebbaati ly'enjuye yasaba mukyalawe amuletere ekisanyirizo. Mukyalawe yamubuuza, 'Nendabirwamu nayo njireete?' Oluvannyuma lw'okusirikiriramu katono, omusajja yaddamu, 'Iyye'. Omuntu omu yamuzuuzuza ensonga lwaaki yali teyaddamu mangu ddala. Yagamba, 'Nakoze Niyyah (ekigendererwa) nga sinnaba kusaba mukyala wange kundetera 'kisanyirizo. Naye bweyambuzizza oba aleete n'endwabiraamu, nabadde sirina kigednererwa kya ndwabiraamu mu kiseera ekyo. Nabweityo,, nafumitirizza nsobole okukola ekigendererwa ekirala. Allah عَزَّوجَلَّ yansobozesezza okukola ekigendererwa ekyo, era namusabye okundetera endwabiraamu nayo.' (*Qoot-ul-Quloob*, vol. 2, pp. 274)

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Abasiraamu b'edda baali basoma okumanya kw'ebigendererwa (Niyyah)

Sayyiduna Sufyan Sawri ﷺ yagamba, ‘Abasiramu b’edda baali bafuna okumanya okukwaata ku bigendererwa mu ngeri y’emu nga bwebaali bafuna okumanya kw’eddiini.

(*Ibid, pp. 268*)

Sayyiduna Sari Saqati ﷺ yagamba, ‘Okusaala Rak’aat bbiri eza Salah n’ekiged nererwa ekirungi kikusingira okukungaanya Ahadees 70 oba ne Ahadees 700.’

(*Ibid, pp. 276*)

Sayyiduna Ibn Mubarak ﷺ yagamba, ‘Waliyo emirimu emitono ennyo egifuuka eminene olw’emikisa gy’ekigendererwa.’ (*Ibid, pp. 275*)

Omusiinzi mu mpuku

N’emirimu eminene ng’ensozi tejikkirizibwa bwegiba gikoleddwa n’ekigednererwa eky’okusanyusa abantu n’okweraga. Wano wateredwawo ekyafaayo okuva mu Bani Israel eyali asiinza Allah ﷺ okumala emyaaka 40 mu mpuku. Malayika zaali zigenda mu ggulu nga zitwaala emirimu gye naye nga tegikkirizibwa. Malayika zagaamba. ‘Ya Allah ﷺ! Tulayira obuyinza Bwo! Tuleese emirimu emituufu Gyooli.’ Allah ﷺ yaziddamu, ‘Abange ba malayika Bange! Mwogedde ekituufu naye ayagala ekitiibwa kye kimanyibwe (kitegeeza, anoonya kweraga na ttutumu.)’ (*Ibid, pp. 264*)

Ekyafaayo ekinyuma eky’okusonyiyizibwa olw’ekigendererwa

Kigambibwa nti ‘Ajami omu (atali muwalabbu) yayita ku kibinja ky’abawalabbu abaali basaaga nga betawaanya. (ng’awuliriza ebigambo by’oluwalabbu okuva ku bbo) omuntu oyo omu ‘Ajami eyali tabimanyi yallowooza nti baali bakola Zikr ya Allah ﷺ. N’ekigendererwa ekirungi, naye yatandika okwogera byebaali bogera, Kigambibwa nti Allah ﷺ yasonyiwa ‘Ajami oyo olw’ekigendererwa kye ekirungi. (*Ibid, pp. 263*)

Okukola ebigererwa – omulimu omuzibuu

Okufumitiriza kw’enirowoozo kwetagisibwa ng’okola ebigererwa ebirungi. Oyo atamanyidde kukola bigednererwa birungi alina okugufuula omuze n’okulafubana

okumu mu ntandikwa. Mu ntandikwa, kigasa nnyo okukakkanya omutwe, okubikka amaaso n'okuta ebirowoozo byo okuva ku bintu eby'enjawulo, era ofumitirize ku kigendererwa. Oyo agezaako okukola ebigerdererwa mu kupapa ng'addusa amaaso ge, ng'aweweeta oba ng'atakula ekitundu kyonna eky'omubirigwe, ng'asitula oba ng'ateeka wansi ekintu kyonna tajja kusobola kukikola. Okusobola okufuna omuze ogw'okukola ebigerdererwa omuntu yetaga okumalirira okungi ennyo nga bwalaba omugaso n'obwetaavu bw'ebigerdererwa. Sayyiduna Nu'aym Bin Hammad ﷺ yagamba, 'Kitusingira obwaangu okukubibwa ku migongo gyaffe okusinga okukola ekigednererwa ekirungi.' (*Tanbih-ul-Mugharrin*, pp. 25)

Okukendeera kw'ebiyengera bya Kahirah olw'ebiyengera by'oku nsi

Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رحمه الله تعالى عَزَّوَجَلَّ yagamba: Newankubadde omuntu anyumirwa ebiyengera bya Allah عَزَّوَجَلَّ si mukozi wa kibi, ajja kubuuzibwa, ate oyo anabuuzibwa ku kubalibwa, ajja kuzikirira. Newankubadde oyo anyumirwa ebantu bya Mubah ku nsi, tajja kubonerezebwa ku lunaku lw'enkomero, ebiyengerabye ebya Akhirah bijja kukendezebwa ebyenkanankana n'ebantu ebyo ebya Mubah [byeyali anyumiddwa ku nsi] Lowooza mu bukakkamu! Omuntu ayanguyiriza okunyumirwa ebiyengera ebiggwaawo eby'oku nsi, nekiretera ebiyengera bya Akhirat okukendeera. Okwo nga kufiirwa kunene nnyo! (*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 5, pp. 98)

*Dunyawi lazzaat ka dil say mita day shauq Tu
Ker 'ata apni 'ibadat ka Ilahi zauq Tu*

Okuvvunnula: Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Omutima gwange gugyeemu okwagala amasanyu g'ensi ate mpa omukisa ogw'okuyayanira okusiinza.

أَمِينٌ بِحَاجَةِ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Ebigendererwa by'okusiiga akawoowo

Akawoowo kimu ku byengera ebyewunyisa ebitabalikika ebituweebwa okuva ewa Allah عَزَّوَجَلَّ. Okukozesa akawoowo kiri Mubah (i.e. si kibi ate tekireeta mpeera). Omuntu alina okukozesa ekynegera kino ng'akufuulamu ekikolwa ky'okusiinza era afunemu empeera

ya Akhirah. Okukola kino, yetagisa okukola Niyyah enungi. Buli bw'oba ng'ogenda okukola omulimu omuluni, togutandikirawo awo. Wabula, fubmitirza n'obukakkamu okumala akaseera ng'oka Niyyah enungi nga tonnaba kugukola. Okugeza, bwoba ng'ogedan kusiiga kawoowo, mu bukakkamu kola Niyyah enungi n'okufumitiriza nga bwokakkanyiza omutwe gwo, ate bwekiba kisoboka, amaaso ng'ogabise nga tonnaba kusitula cupa ey'obuwooowo. Bwoba ng'omaze okugjisitula, olwo nno kola Niyyah nga tonnaba kugiggulawo.

Ng'atukubiriza okufuna empeera mu kusiiga akawoowo, 'Arif-Billah, omunonyereza owa sayansi z'obusiraamu akkirizibwa mu njuyi zonna era amanyiddwa ennyo, omumanyi akulembra mu Hadees 'Allamah Shaykh 'Abdul Haq Muhaddis Dihlvi رحمه الله تعالى عليه yagamba: Omuntu aija kufuna empeera olw'okukola Niyyah enungi newankubadde nga tannaba kukola bikolwa bya Mubah. Okugeza, ng'asiiga akawoowo. Omuntu bwatoolaa Niyyah ey'okugoberera Sunnah, okuwa Masjid ekitiibwa (nga gyayolekera), okuza obujja ebirowozo bye wamu n'okuziyiza ab'enganda abasiraamu okuwunyiriza akasu akabi, aija kuweebwa empeera ey'eyawuliridde eya buli emu ku Niyyah ezo waggulu. (*Ashi'a-tul-Lam'aat, vol. 1, pp. 37*)

Osobola okutoola Niyyah nyingi ezisingawo bwekiba kisoboka. Okugeza:

- ❖ Njakusoma ﴿بِسْمِ اللَّهِ﴾ nga sinnaba kusitula kacupa;
- ❖ Njakuggulawo ecupa oluvannyuma lw'okusoma ﴿بِسْمِ اللَّهِ﴾;
- ❖ Njakusiiga akawoowo oluvannyuma lw'okusoma ﴿بِسْمِ اللَّهِ﴾;
- ❖ Njakusanyusa abasiraamu ne malayika nga bwensiiga akawoowo;
(Engoye z'omuntu bweziba ziyisa akasu k'entuuyo naddala mu biseera by'akasana, naye asobola okutoola Niyyah eno eddako wansi.)
- ❖ Njakuziyiza abasiraamu okuva ku kugeya nga nejjako akasu akabi;
(Omuntu asobola okutoola Niyyah eno eddako nga tannaba kusiiga kawoowo ng'agenda kusaala Salah.)
- ❖ Njakufuna obulungi mu Salah;

- ❖ Njakuwunya akawoowo nga sinnaba kusoma Salat-'Alan-Nabi;
- ❖ Njakusoma ﴿الْحَمْدُ لِلّٰهِ﴾ okulaga okwebaza (nga mmaze okukoza oba okuwunyiriza akawoowo kubanga kyengera);
- ❖ Njakusiiga akawoowo amagezi gange n'okutegera kwange byeyongere era nfune obwangu mu kutegeera ennamula z'eddiini (nga emisomo n'enjigiriza z'eddiini, emisomo eyagazisa Sunnah etc.).

Kiwandikiddwa mu kitabo *Ihya-ul-'Uloom* nti Sayyiduna Imam Shaafi'i رَحْمَةُ اللّٰهِ تَعَالٰى عَلَيْهِ يَأْتِي مَنْ يَعْلَمُ وَمَنْ لَا يَعْلَمُ yagamba, 'Amagezi n'okutegeera kw'oyo akoza oba akalungi byongerebwa.'

(*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 5, pp. 98)

Okulaba Niyyah embi ez'okusiiga akawoowo

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Omuntu bwaba ng'asiiga akawoowo, atera okukemebwa sitaani okutoola Niyyah embi. Nolw'ekyo, alina okwgendereza ennyo eNiyyah enungi nga tannaba kusiiga kawoowo. Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Abu Haamid Muhammad Bin Muhammad Bin Muhammad Ghazali رَحْمَةُ اللّٰهِ تَعَالٰى عَلَيْهِ يَأْتِي مَنْ يَعْلَمُ وَمَنْ لَا يَعْلَمُ yagamba, 'Oyo asiiga akawoowo ne Niyyah ey'okuwanibwa abantu oba bamutwaale ng'omugagga abeera mukozi wa kibi, eraakawoowo [kabeera asiize] kajja kuba nga kawunya bubi nnyo n'okusinga omubiri gw'ekisolo ekivuunze ku lunaku lw'enkomerero.' (*Ibid*)

*Dunya pasand kerti hay 'itr-e-gulab ko
Laykin mujhay Nabi ka paseenah pasand hay*

Okuvvunnula: Ensi eyagala nnyo akawoowo ka rooza naye nze njagala nnyo entuuyo za
Nabi Omwaagalwa حَلَّ اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَى مُحَمَّدٍ

Emikisa gyu Niyyah ey'okutambula ne Madani Qafilah

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mukifuule kya buli jjo eky'okutambula ne Madani Qafila za Dawateislami ezagazisa Sunnah, okujuzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli

kanaku nga mukola Fikr-e-Madinah era mukaweeyo eri ow'oluganda aomusiraamu abuvunanyizibwakwo mu nnakue kkumi ezisooka ez'omweezi gw'ekisiraamu. Ku lw'okusaasira kwa Mustafa Omwaagalwa ﷺ, mujja kufuna empisa ey'okutoola Niyyah enungi wamu n'okwewala Niyyah enkyaaamu، اَنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

Wano waliwo mu bufunze kiki ow'oluganda omusiraamu okuva mu Korangi, Bab-ul-Madinah (Karachi) kyeyagamba. Yagamba: Nnali ndi mu maje. Newankubadde nnali musajja wa mutiindo nnali nsaala Salah. Nanakuwazibwa obulwadde bwa mmaama wange. Ng'akola kawefube wa ssekinoomu, ow'oluganda aomusiraamu yageezako okunkubiriza okutambula ne Madani Qafilah naye nagaana nga mmugamba nti mmaama wange yali mulwadde nnyo, era nti sisobola kutambula na Madani Qafilah nga mmuleka mu mbeera bweti eyali etiisa. Ng'awuliriza kyennali nekwaasa, ow'oluganda omusiraamu oyo yangamba, ‘Toola butoozi Niyyah mu kiseera kino kati, era otambule ne Madani Qafilah lwonna lwonaaba ofunye akakisa; saala Salat-ut-Tahajjud ekiro kya leero era kola Du'a ng'osabira mmaama wo awone. Emikisa gjija kufukumuka ku ggwe ne mmaama wo، اَنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.’

Bino yabyogera mu ngeri ey'omukwaano ate ey'amazima (ikhlaas) era ne bikwaata omutima gwange, nekinsikiriza okutoola Niyyah ey'oku tambula. Mu kiro, bwennazuukuka nasaala Salat-ut-Tahajjud nencola ne Du'a mu maziga. Oluvannyuma nagenda mu Masjid okusaala Salat-ul-Fajr. Bwennali nzirayo ewaka, newunya nnyo okulaba mmaama wnage eyali omulwadde ennyo nga tasobola na kwetwala mu kabuyonjo nga wano yali ayoza engoye, ng'atudde bulungi nnyo. Namugamba, ‘Mmama wange omwaagalwa! Nkusaba owummule embeerayo ereme kufuuka mbi, nze kennyini njakuzeyleza engoye.’ Yanziramu، الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّ وَجَلَّ Mutabani! Sirina bulumi n'obumu, ate mpulira bulungi nnyo era ng'aziddwa obujja leero.’ Nga mpulira bino, amaziga g'essanyu gakunganya mu maaso gange, nekireeta essanyu eringi mu mutima gwange nga kiraga nti Du'a yange yali ekkiriziddwa olw'emikisa gya Niyyah ey'okutambula okwo. Bwennasisinkana ow'oluganda omusiraamu y'omu oyo nemu gamba bino byonna, yanzizaamu amaanyi ate nampa ekiteeso eky'amazima nti ntambule ne Madani Qafilah awatali kulinda kwonna. Nolw'ekyo, natambula ne Madani Qafilah eya Dawat-e-Islami eyagazisa Sunnah n'abaagazi ba Rasool.

الْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَ! Ku lw'emikisa gy'okutambula okwagazisa Sunnah mu kinywi ky'abagazi ba Rasool, embeera ya Madani ezze mu maka gange. Nze, omusajja ow'omutiindo, nasikibwa nenukuze ekirevu, nensiba ekitambaala era nentandika okuwereza Sunnah. Mmaama wange ne mukyala wange bombi baatandika okwetaba mu Ijtima' y'abannyina abasiraamu. Kirowozeko! Natoola butoozi niyyah ey'okutambula ne Madani Qafilah, ate nenfukumirwa emikisa emingi ennyo, kati nno butya obunene bw'ebiyamagero by'okutambula ne Madani Qafilah bwebyandi bade! Singa buli ow'oluganda omusiraamu addiringana okutambula ne Madani Qafilah ey'ennaku 3 buli mweezi.

*Achchhi niyyat ka phal pao gey bay-badal
Sab karo niyyatayn, Qafilay mayn chalo*

*Door beemariyan aur nadariyan
Haun talayn mushkilayn, Qafilay mayn chalo*

Okuvvunnula: Ojja kukungula empeera za Niyyah enungi, nabwekityo toola Niyyah ey'okutambula ne Madani Qafilah. Ebizibu ng'endwadde n'obwaavu bijja kumalibwa, tambula ne Madani Qafilah.

صلوا على الحبيب صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kilabye! Oyo atoola Niyyah ey'okutambula ne Madani Qafilah yaweebwa emikisa mingi nnyo. Ng'ojeeko okuwona kw'obulwadde bwa mmaama we, famire ye yonna yatandika okugoberera ekkubo ly'obulongoofu. Niyyahe nungi mazima mukisa munene nnyo. Nga kkirungi nnyo okutambula ne Madani Qafilah ng'olina Niyyah enungi!

Okusooka okwambala engato ya ddiyo kiri Sunnah

Omuyizi omugezi ow'Omukkulumu Muhaddis-e-A'zam Pakistan 'Allamah Maulana Sardar Ahmad Qaadiri Chishti رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ yagamba: Bwennamaliriza Daura-e-Hadees mu 1955 najja mu maaso ga Muhaddis-e-A'zam Pakistan. Bwennari nfuluma, nayambala engato ya kkono nga gyensoosezza mu nsobi. Ng'alaba kino yampitirawo

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ. Nange nalaba ensobi yange. (Oluvannyuma, ng'akowoola eri obulongoofu) yagamba بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ, ‘Bwoba ng'oyambala engatto kiri Sunnah okusooka okwambala engatto ya ddiyo ate bwoba ng'ozijjamu kiri Sunnah okusooka okujjamu engatto ya kkono.’ (*Hayat-e-Muhaddis-e-A'zam*, pp. 85)

Ebigendererwa by'okwambala engatto

Buli bw'oba ng'ogenda okukola ekintu kyonna, tokitandikirawo. Wabula, sooka ofumitirize mu bukakkamu okumala akaseera nga bwotoola Niyyah enungi nga tonnaba kukikola. Okugeza, bwoba ng'ogenda okwambala engatto, toola Niyyah zino nyingi nnyo nga bwosobola nga tonnaba kuzambala:

- ❖ Njakwamabala engatto nga nkolera ku Sunnah.
- ❖ Nga Rasool Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ bweyali tayagala ddoboozi lifuluma ng'omuntu atambuza enngatto, njakwegendereza obutafulumya maloboozi nga bwentambula oba nga nninya oba nga nzika wansi ku madaala.
- ❖ Njakusoma بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ nga sinnaba kwambala ngatto.
- ❖ Njakukuma ebigere byange okuva ku bivune oba obukyaafu nga nyambala engatto, olwo nno nfune obuyambi mu kusiinza.
- ❖ Bwemba nga nyambala engatto, njakwambala engatto ya ddiyo okusooka nga nkolera ku Sunnah.
- ❖ Njakuklera ku Sunnah ey'obuyonjo, i.e. njakukuma ebigere byange okuva ku bukyaafu.

Mu ngeri y'emu, Niyyah endala enungi ziyinza okutoolebwa okusinziira ku mbeera y'omuntu gyalimu. Ky'ekimu nga, bwaaba ajjamu engatto omuntu atoola Niyyah ez'okusoma بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ, okujjamu engatto ya kkono nga yesoose ate bwekiba kisoboka, okutereka engatto nga zitunudde mu Qiblah nga bwagoberera enkola y'abalongoofu abaatusooka.

Wano waliwo ekyafaayo ekimpi ekikwaata ku kutereka engatto nga zitunudde mu Qiblah. Sag-e-Madinah [omuwandiisi] lumu yafuna omukisa ogw'okumala ennaku ezimu mu kinywi eky'emikisa ekya Mufti 'Abdul Lateef Sahib Owekitiibwa era Amayyiddwa ennyo أَكْلَانُ اللَّهُ عَمَّا يَنْهَا eyali omuyizi omugezi ennyo era nga mugoberezi wa Muhaddis-e-A'zam Pakistan 'Allamah Maulana Sardar Ahmad رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ. Mu kiseera kyange eky'okuwangaala naye, nnalaba nti yakyusanga engato zaffe ezaali zisuluddwa nga tezitegekeddwa nazitunuza mu Qiblah ng;akozesa engaloze ez'emikisa. Nga newunyizza, bwennamubuza ku nsonga yakyo, yaddamu nti Ow'emsusso Muhaddis-e-A'zam Pakistan 'Allamah Maulana Sardar Ahmad رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yali ayagala nnyo okutereka engatto n'ebintu ebirala nga bitunula mu Qiblah. Wano nawo waliwo ekyaafu kya Sayyiduna Ghaus-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ ekikwaata ku kino.

Ekidomola kyakyuka ne kitunula mu Qiblah

Olukungana lw'anbantu ba Jeelan lwajja mu maaso ga Ow'ekitiibwa Sayyiduna Ghaus-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ. Nga basanze ekidomola kye nga tekitunudde mu Qiblah, basika okufaayo kwa Sayyiduna Ghaus-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ eri ekidomolakte. Ku kino, ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yatunuulira omukoziwe n'obusuungu. Nga tasobola kugumira busungu bwa Sayyiduna Ghaus-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, omukozi oyo yagwirawo wansi nafa. Sayyiduna Ghaus-e-A'zam رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yamala natunulira ekidomola ekyo, era nekikyuka nekitunula mu Qiblah. (*Bahjat-ul-Asraar*, pp. 101)

Okwefananyiriza ekirungi kirungi

Buli jjo, omuntu bwaba ng'ayagala omuntu ayagala buli kitendo kye. سَلَامُ اللَّهِ عَزَّ وَجَلَّ! Sag-e-Madinah غَيْرَهُ يَعْلَمْ yetgomba [i.e. ayagala] Sayyiduna Ghaus-e-A'zam ne Muhaddis-e-A'zam Pakistan رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى. Nolw'ekyo, nange ntandise okutereka ekidomola kyange, silipa n'ebintu ebirala nga bitunula mu Qiblah kubanga mmanyi ekitedno kino ekya Muhaddis-e-A'zam Pakistan. Okukoppa abalongoofu ne Niyyah enungi kireeta emikisa eminene kubanga Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ دَارَهُ وَشَاءَ Emikisa giri n'ababasooka abalongoofu.' الْبَرَگَةُ مَعَ أَكَابِرِ كُمْ'

(*Al-Mu'jam-ul-Awsat*, vol. 6, pp. 342, Hadees 8991)

Emibuli bya Madani 7 ebikwaata ku kwambala engatto

Okuva ku mpapula 20, 21 ne 22 ez'akatabo k'empapula 32 akayitibwa '101 Madani Phool [Ebimuli bya Madani] akafulumizibwa Maktaba-ul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami, wano waliwo ebimuli bya Madani 7 ebikwaata ku kwambala engatto:

- ❖ Rasool wa Rahmah ﷺ yagamba, 'Mukozese nnyo engatto. Oyo ayambadde engatto alinga omuntu eybagadde ekidduka (i.e. akoowa katono).'

(Sahih Muslim, pp. 1161, Hadees 2096)

- ❖ Kunkumula engatto nga tonnaba kugyambala ojjemu akawuka konna oba akayinja akali munda. Kigambibwa nti omusajja omu yali alya emmere ku mukolo. Bwehayambala engattoye yakaaba mu bulumi ng'okugulu kwe kuyiwa omusaayi. Amazima, omuntu yali akasuse eggumba essongovu nerigwa mu ngattoze zeyayambala nga tazikunkumudde. Kino kyekyaleeta obuvune ku kigere kye.
- ❖ Kiri Sunnah okusooka okwamabala egatto ya ddiyo oluvannyuma nozaako eya kkono. Bwoba ng'ozijjamu, sooka ojjemu eyngatto ya kkono, oluvannyuma ozeeko eya ddiyo. Rasool Omutukuvu ﷺ yagamba, 'Oyo yenna mummwe bwaba ng'agenda okwambala engatto, alina okusooka okwambala engatto ya ddiyo, ate bwaba ng'azijjamu, alina okusooka okujjamu engatto ya kkono olwo nno kibeere nti okugulu kwa ddiyo kwekujja okusooka engatto bweba ng'eyambalwa ate nga kwekusembayo bweba ng'ejjibwaamu.' *(Sahih Bukhari, vol. 4, pp. 65, Hadees 5855)*

Kiwandikiddwa mu kitabo *Nuzhat-ul-Qaari*: Omuntu bwaba ng'ayingira Masjid, alina okusooka okuteeka okugulu kwe okwa ddiyo, ate bwaba ng'afuluma Masjid, aina okusooka okuteeka okugulu kwe okwa kkono. Kizibu okukolera ku Hadees eno (ng'ozigala okolera ku nkola ey'okwambala n'okujjamu engatto). Nolwe'kyo, ng'awa enyanukula ey'ekizibu kino, A'la Hadrat, Imam Ahmad Raza Khan رحمۃ اللہ علیہ yagamba, 'Nga tonnaba kuyingira Masjid, sooka ojjemu okugulu kwa kkono okuva mu ngatto era okuteeke ku ngatto eyo ng'okyaali ebweeru wa Masjid. Oluvannyuma, jjamu okugulu okwa ddiyo okuva mu ngatto eyo era okuteeke munda mu Masjid. Bwooba ng'ofuluma okuva mu Masjid, sooka oteeke okugulu

kwa kkono ku ngatto eyo ewabweeru wa Masjid, ate omale oyambale engatto y'okugulu kwa ddiyo ewabweeru wa Masjid. Oluvannyuma yambala engatto yo ey'okugulu kwa kkono.' (*Nuzhat-ul-Qaari*, vol. 5, pp. 530)

Sayyiduna Ibn Jawzi رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ يagamba, 'Omuntu atera okusooka okwambala engatto ya ddiyo ng'azambala, ate nasooka okujjamu engatto ya kkono ng'azijjamu, ajja kusigala ng'akuumibwa okuva ku bulwadde bwa 'spleen.'

(*Hayat-ul-Haywan*, vol. 2, pp. 289)

- ❖ Abasajja balina okwambala engatto z'abasajja, ate abakazi balina okwambala engatto z'abakazi.
- ❖ Omuntu omu yagamba Sayyidatuna 'Aaishah Siddiqah رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nti waaliwo omukazi omu eyali ayambala engatto z'abasajja. Yamuddamu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ nti Rasool Omutukuvu حَلْلَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَامٌ yakolimira omukasi eyafananyiriza abasajja.

(*Abu Dawood*, vol. 4, pp. 84, *Hadees 4099*)

Omumanyi ow'ebayaayo era akulembera mu kumanya kwa Shari'ah ne Tareeqah, 'Allamah Maulana Mufti Muhammad Amjad 'Ali A'zami رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Abakazi tebalina kwambala ngatto z'abasajja. Abasajja n'abakazi bombi bagaanibwa okwefanana mu bintu byonna ebiraga enjawulo wakati wabwe. Abasajja tebalina kufanana bakazi era n'abakazi tebalina kufanana basajja.' (*Bahar-e-Shari'at*, vol. 3, pp. 422)

- ❖ Bwotuula wansi, jjamu engattozo. Kino kijja kuweweza ebigere byo.
- ❖ Engatto bweba ng'eri wansi ng'eri kikukujju, gikyuuse (edde mu mbeera yayo entuufu). Obutakyusa ngatto kutunula waggulu nga bwerina okutunula ng'ogirabye yesulise kireeta obukendeevu mu by'enfuna.

Okusobola okuyiga ekumi n'enkumi za Sunan, gula era osome ebitabo ebyafulumizibwa Maktaba-ul-Madinah ebiyatibwa 'Bahar-e-Shari'at' omuvombo ogwa 16 ogulimu empapula 304 ne 'Sunnatayn aur Adaab' ekirimu empapula 120.

Ekibuuzo eri A'la Hadrat

A'la Hadrat, mukulembeze wa Ahl-e-Sunnah, eyazza obujja eSunnah, Maulana Shah Imam Ahmad Raza Khan ﷺ lumu yabuzibwa ebibuuzo kino: Abasiraamu abamu abaavu baagenda ku nsalosalo z'ekibuga ku bigere nga bagumira enyonta wamu n'obudde obwaali bwookya olw'ensonga emu yokka nga ya kubulirira busiraamu nga tebalina kigendererwa kirala [i.e. okuganyulwa kwabwe bwokka]. Baakomawo enkeera. Abamu ku bbo baali bayala ate nga n'enyoonta ebaluma. Olw'obulungi bwa kawefube wabwe, abasiraamu nga kikumi baatoola Niyyah ey'okusaala Salah. Tukusaba otubulire mpeera kki gyebasaana. Ng'alabye omulimu gwabwe guno omulungi, omuntu omu yagamba, 'Lwaaki mu kola kawefube ono? Omuntu bwaba ng'ayagala okusaala Salah, ajja kujisaala yekennyini ku lulwe. Kirungi ki ekiri mu kukola kino?' Ebigambo ebimu birekeddwa...

Okwanukula okuva ku A'la Hadrat

A'la Hadrat, mukulembeze wa Ahl-e-Sunnah, eyazza obujja eSunnah, Maulana Shah Imam Ahmad Raza Khan ﷺ yawa okwanukula kuno ku kibuuzo ekyo: Waliyo empeera nene nyo eri abo abayita abalala okusaala Salah ne Niyyah enungi. Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba, 'Allah عَزَّوَجَلَّ bwalungamya omuntu omu bwaati ng'ayitira ku ggwe, kino kikusingira okubeera n'engamiya emyuufu.' (*Sahih Muslim, pp. 1311, Hadees 2406*) Bajja kuweebwa ebirungi kkumi ku buli luta lwebatwaala nga bagenda mu nsalosalo okulungamya era nga bakomawo. (Mu Ayah eya 12th eya Surah Yaseen, ekitundu 22, Allah عَزَّوَجَلَّ agamba):

وَنَكْتُبُ مَا قَدَّمُوا وَأَثَارَهُمْ

Ate tuwandiika kiki kyebasindise n'obubonero kki bwebalese emabega.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 22, Surah Yaseen, Ayah 12)

'Lwaaki mukola kawefube oyo' bigambo bya sitaani. Okukowoola abantu eri obulongoofu n'okubaziyiza ebibi kiri Fard, ate okuziyiza ekikolwa ekya Fard kikolwa kya sitaani. (Newankubadde kyaali kyagaanibwa), abo okuva mu ba Bani Israel abavuba ebyenyenja ku Lw'omukaaga bafuulibwa mu enkima ate abo abawakanya okubulirira

abavubi nabo bazikirira. (Abawakanyi byebagamba biri mu Ayah eya 164 eya Surah Al-A'raf, ekitundu ekya 9):

لِمَ تَعْظُّونَ قَوْمًاٌ إِنَّ اللَّهَ مُهْدِكُهُمْ أَوْ مُعَذِّبُهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا

*Lwaaki mubulirira abantu abo Allah bagenda okuzikiriza oba bagenda okussaako
ekibonerezo ekinene?*

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 9, Surah Al-A'raf, Ayah 164)

Abo abawakanya omulimu omulungi ogw'okuziyiza abakozi b'ebibi okukola ebibi baazikirizibwa, ate abo ababulirira abakozi b'ebibi bafuna obuwanguzi. Ate ebigambo 'kirungi kki ekiri mu kukola bino byonna', byebisinga okubeera ebibi ennyo. Oyo abyogedde alina okuzza obujja obukkirizabwe ne Nikah ye [i.e. okuwasa] ﴿وَاللَّهُ تَعَالَى أَعْلَم﴾.

(Summarized from: Fatawa Razawiyyah - referenced, vol. 5, pp. 117)

Okunyonyola 'engamiya emyuufu'

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu Fatwa eyo waggulu ey'emikisa, A'la Hadrat رحمه الله تعالى عليه alangiridde ku bigambo '*Lwaaki mukola kawefube oyo?* nti bigambo bya sitaani, navumirira abo abaziyiza abasiraamu abalongoofu okubulirira obusiraamu. Ebiseera ebimu, abantu abamu bogera ebigambo na bino eri ababulirizi okugeza: *Mumuleke. Tawuliriza kuwabulwa kwa muntu yenna. Tewali mugaso mu kumuwabula.* (*Tava ku kukola ebibi. Taligoberera kkubo ggolokofu etc.*) Ebigambo nga bino bikyaamu nnyo. Amazima okubulirira omusiraamu tekiribeera kintu ekitalina mugaso. Bwobulirira omuntu ne Niyyah enungi okulongoosa empisaze, kikuleetera empeera. Abaffe empeera ya Akhirah terina mugaso? Kiki kyotegeesa nti omuntu gundi tajja kugoberera kkubo lya bulongoofu? Okufuula omuntu omulongoofu si buvunanyizibwa bwa mubulirirzi. Alina kusomesa busomesa njigiriza za busiraamu. Tokimanyi nti Allah عز و جل yasobozesa abantu okugoberera ekkubo ly'obulongoofu! The Fatwa eyo waggulu ey'emikisa erimu Hadees ewandikiddwa mu kitabo kya *Sahih Muslim*, 'Allah عز و جل bwalungamya omuntu omu bwaati ng'ayitira ku ggwe, kikusingira okubeera n'engamiya emyuufu.' (*Sahih Muslim*, pp. 1311, *Hadees* 2406)

Ng'anyonyola Hadees eno, 'Allamah Yahya Bin Sharaf Nawavi ﷺ yagamba, 'Engamiya emyuufu zaali zitwalibwa ng'ekintu ky'omuwendo ennyo mu bawalabbu era zayogerwakwo mu ngeri ya eby'ennono mu Hadees eyo waggulu. Okugerageranya ekintu kya Akhirah n'ekintu ky'obulamu b'wensi kulubirira kunyinyola mbeera eyo. Amazima, n'akasirikitu k'obulamu obutagwaawo obwa Akhirah kasinga obukadde bw'obulamu obugwaawo buno obw'oku nsi.' (*Sharh Muslim lin-Nawawi*, vol. 15, pp. 178)

Ng'ayogera ku Hadees eyo waggulu, omunyonyozi amanyiddwa ennyo, omulowoozi omunene owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan ﷺ yagamba, 'Okusiramula omuntu atakkiriza kisinga eby'obugagga ebisinga obunene ku nsi. Kino kisinga okumutta. Bwasiramuka, olwo nno emirembe gy'olunyiriri lwe eginaffa nagyo gijja kubeera misiraamu.' (*Mirat-ul-Manajih*, vol. 8, pp. 416)

Seekhnay Sunnatayn Qafilay mayn chalo

Lootnay rahmatayn Qafilay mayn chalo

Haun gi hal mushkilayn Qafilay mayn chalo

Pao gey barakatayn Qafilay mayn chalo

Okuyiga Sunnah, tambula ne Madani Qafilah

Okufuna emikisa, tambula ne Madani Qafilah

Okumalawo ebizibu byo, tambula ne Madani Qafilah

Okukungula emikisa, tambula ne Madani Qafilah

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Niyyah 41ez'okutambula ne Madani Qafilah

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Fatwa eyo ey'emikisa eya A'la Hadrat ﷺ eraga nti abasiraamu b'edda nabo baali batambula ne Qafilah okusobola okuyita abantu eri oobulongoofu. Leero, olw'emikisa gya A'la Hadrat ﷺ, Dawat-e-Islami etereddawo okusobola okukola omulimu guno Madani. Obubaka bwa Madani obwa Dawat-e-Islami kati butuuse mu nsi nga 150 ez'ensi yonna! Abo abatambula ne Madani Qafilah ezagazisa Sunnah bafuna ebirungi ntakira ebitabalikika, nga bakungula empeera

enyingi ennyo. Gy'okoma okutoola Niyyah enyingi ez'olutambula luno olwa Madani gyokoma okufunamu empeera enyingi. Niyyah zino wansi ziyanza okutoolebwa, okusinziira ku mbeera y'omuntu.

- ❖ Bwentambula olugendo luno olwa Shar'I, njakusaala Rak'aat bbiri eza Nafl Salah nga sinnaba kusombula mu lugendo lwange.
- ❖ Njakwesasulira enfulumya z'entambula yange nze kennyini.
- ❖ Njakwesasulira eby'endya byange okuva mu nsawo yange. I
- ❖ Buli lwenninya ku kidduka, njakusoma Du'a y'okutambula, era nteeka n'abalala okugisoma, bwekiba nga kisoboka.
- ❖ Ow'oluganda omusiraamu omu bwaba nga tasobola kusanga ntebe, njakumuwa entebe yange mukubirize okutuula.
- ❖ Bwendaba omusiraamu omukadde oba omulwadde mu bbaasi oba egaali y'omukka, njakumuwa entebe yange.
- ❖ Njakuyamba abatambudde ne Madani Qafilah.
- ❖ Njakugondera Ameer wa Qafilah.
- ❖ Njakuteka kkufulu ya Madani ku lulimi lwange, amaaso gange n'olubuto, i.e. nja kwewala okwogera ebitagasa, n'okutunula, ate nja kulya katono ku apetayiti yange.
- ❖ Njakukolera ku Madani In'amaat mu lugedno lwonna.
- ❖ Kulw'emikusa gy'ekinywi ky'abaagazi ba Rasool, nja kutereesa ensobi zange mu kufuna Wudu, okusaala Salah n'okusoma Quran Entukuvu. (Oyo amanyi amateeka amatuufu ag;okugisoma alina okutoola Niyyah ey'okuyigiriza abalala.)
- ❖ Njakuyiga Sunan ne Du'a.
- ❖ Abalala njakubayigiriza Sunan ne Du'a.

- ❖ Njakukolera ku Sunan n'okusoma Du'a mu bulamu bwange bwonna.
- ❖ Njakusaala Salah za Fard ne Jama'at ne Takbeer esooka mu lunyiriri olusooka olwa Masjid.
- ❖ Najkusaala Tahajjud, Ishraq, Chasht ne Salah ya Awwabeen.
- ❖ Sijja kwonoona kaseera konna. Bwemba nnina ebiseera ebtalinamu kyakkola, njakugamba ﴿الله أَكْبَر﴾ era nsome Salat-'Alan-Nabi. (Kigambibwa nti kirungi okuwuliriza Dars, Bayan etc. ng'osirise nga tolina kyosoma kyonna.)
- ❖ Njakuyita Sada-e-Madinah, i.e. Njakuzuukusa abasiraamu okusaala Salat-ul-Fajr.
- ❖ Buli lwendaba Masjid yonna ku kkubo, njakwatula ﴿صَلُّوا عَلَى الْحَبِيب﴾ era nsome ﴿صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّد﴾ nabalala mbasobozese okugisoma.
- ❖ Bwemba nnina okugenda mu katale, njakukakkanya maaso gange wansi era nsome Du'a y'akatale. Bwenfuna akakisa, njakuteeka nabalala bagisome.
- ❖ Abasiraamu njakubasisinkana n'essanyu lingi.
- ❖ Njakukola kawefube mungi owa ssekinnoomu.
- ❖ Njakukubiriza abasiraamu okutambula ne Madani Qafilah mu kaseera ako kennyini.
- ❖ Njakukowoola abantu eri obulongoofu.
- ❖ Njakubulira Dars.
- ❖ Bwenfuna akakisa, njakubulirira omusomo ogwagazisa abantu okukolera ku Sunnah.
- ❖ Nze, wamu n'abalala abetabye mu, Madani Qafilah, tujja kulambula amasiro g'omulongoofu yenna owa mukitundu ekyo Madani Qafilah mwejjja okubeera.

- ❖ Njakusisinkana omumanyi yenna omu Sunni.
- ❖ Omutambuze yenna owa Madani Qafilah bwalwaala, njakumulabirira.
- ❖ Omutambuze yenna owa Madani Qafilahbwaggwaako essente, njakumuyamba mu by'ensiimbi nga nebuizza ku Ameer wa Qafilah.
- ❖ Njakukola Du'a nga nesabira, nga nsabira aba ffamire yange wamu ne Ummah y'obusiraamu yonna mu lugendo.
- ❖ Njakuyonja Masjid eya Qafilah wamu n'ekifo kya Wudu.
- ❖ Newankubadde omuntu antulugunyizza awatali nsonga yonna, njakugumiikiriza.
- ❖ Bwempulira obusuungu olw'obukoowu etc. njakwefuga obusuungu bwange nga nteeka kkufulu ya Madani ku lulimi lwange.
- ❖ Madani Qafilah bweba nga tekkirizibwa kubeera mu Masjid eyo, sijjakuwakana na muntu yenna. Wabula, nja kukola Du'a era ngende, nga nkitwaala ng'ekiva mu bukendeevu bwa Ikhlaas mu nze.
- ❖ Omuntu yenna bwannyombesa, sija kumuyombesa newankubadde nga nze mutuufu, nsobole okugwanira amawulire ago amalungi agawereddwa mu Hadees eno Rasool Amanyiddwa ennyo era Ow'ekitiibwa ﷺ mwagamabira nti, 'Oyo atayomba newnkubadde nga ali ku butuufu, mukakasako amaka mu nsnda ya Jannah.' (*Abu Dawood, vol. 4, pp. 332, Hadees 4800*)
- ❖ Newankubadde ng'omuntu ankubye ng'antulugunya, njakwebaza Allah ﷺ okunsobozesa okukolera ku Sunnah ya Bilal رضي الله تعالى عنه eyasigala nga munyweevu ku busiraamu newnkubadde nga yali akubiddwa mu kkubo lya Katonda.
- ❖ Bwemba nga nyiizizza omusiraamu yenna, njakumwetonderawo mangu ddala.

- ❖ Nga bwewaliwo obusobozi okulyazamanya abalala olw'okuwangaala wamu mu kiseera kyonna, njakusaba buli omu ansonyiwe sekinnomu mu ngeri ey'obu wombeefu nga tetunnaba kuddayo basobole okunsonyiwa.
- ❖ Nga sinnaba kuddayo okuva ku lugendo kwa Shar'i, njakukolera ku Sunnah ey'okutwalira ab'enganda zange ebirabo.
- ❖ Oluvannyuma lw'okukomawo okuva mu lugendo (olwa Shar'i), njakusaala Rak'aat 2 eza Nafl (kyeyagalire) mu Masjid mu kiseera ekitali kya Makruh.

صَلُّو عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obwawufu bwa Ummah y'obusiraamu

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ng'anyonyola obwaawufu bwa Ummah eno, Allah عَزَّوجَلَّ yagamba mu Ayah eya 110 eya Surah Aal-e-'Imran, ekitundu 4:

كُنْتُمْ خَيْرَ أُمَّةٍ أُخْرِجْتُ لِلنَّاسِ تَأْمُرُونَ
بِالْمَعْرُوفِ وَتَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَتُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ

Mmwe abasing obulungi mu bibiina bona ebyali bijjiddwa mu bantu – mualgira okukola ebirungi ate nemuziyiza ebibi ate mukkiriza mu Allah.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 4, Surah Aal-e-'Imran, Ayah 110)

الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوجَلَّ Twesiimye

الْحَمْدُ لِلَّهِ عَزَّوجَلَّ! Twesiimye okubeera nti tuzaliddwa mu Ummah ya Rasool asinga obunene mu kitibwa ﷺ. Amazima, Nabi waffe Omwaagalwa era Ow'emikisa عَلَيْهِ السَّلَامُ، era y'asinga obunene mu kitibwa mu ba Ambiya bona عَلَيْهِ السَّلَامُ، era kulw'obulungi bwe, Ummah ye nayo esinga Ummah endala ezagisooka. Nsonga kki ey'obusukkulumu bwa Ummah eno? Nsukkulumu kubanga mujja kubeeramu banaggagga bangi oba abasawo oba ba yinginiya oba abalwaanyi mu Ummah eno? Oba

bajja kubeera nga basomye nnyo oba nga b'amaanyi mangi oba nga tebatitiira oba nga bagezi nnyo? Nedda si nakamu! Ensonga ebafula okubeera basukkulumu eri nti bajja kubeera nga batukiriza obuvunanyizibwa obwa ﴿أَمْرٌ بِالْمَعْرُوفِ وَنَهْيٌ عَنِ الْمُنْكَر﴾ (i.e. *Okukowoola abantu eri obulongoofu wamu n'okubaziyiza ebibi*). Nsaba tulabe obukulu bw'omulimu gwaffe guno omunene!

Amakulu ga ﴿أَمْرٌ بِالْمَعْرُوفِ وَنَهْيٌ عَنِ الْمُنْكَر﴾

Ng'anyonyola Ayah eyo waggulu, omunyonyozi amanyiddwa ennyo, omulowoozi omunene owa Ummah, Mufti Ahmad Yar Khan رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ yagamba mu 'Tafseer-e-Na'eemi': ﴿الْمَعْرُوف﴾ [Al-Ma'roof] kirimu ebirungi byonna ebiri okuva mu mirimu egisiimibwa okutuusa ku nzikiriza z'obusiraamu, ate ﴿الْمُنْكَر﴾ [Al-Munkar] kirimu ebibi byonna okuva ku mirimu egitamwa okutuusa ku buli kika ky'obutakkiriza. Amakulu g'ennyini ag'ekigambo ﴿أَمْر﴾ gategeeza 'okulagira' wano ekitegeeza buli ngeri egoberera Shari'ah mwosobola okukowoola abantu eri obulongoofu wamu n'okubaziyiza ebibi. Olina okukikola ng'oyogera, n;amaanyi, mu kuwandiika, ng;osaba abakadde, ng'oku biriza abato wamu n'okubulirira eminywanyi, okusinziira ku mbeera. Mu bigambo ebirala, olina okukoza engeri zonna ezisoboka okututumusa buli kika ky'ekintu kintu ekirungi ate ojjewo buli kika ky'ekintu ekibi, ng'oziyiza abantu okukikola.

Ye رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ yayongera nagamba: Kiringa Ayah eyo waggulu egamba nti, 'Owange Ummah ya Rasool wange Omwaagalwa اصل اللہ تعالیٰ علیہ وآلہ وسلم! Mujja kuba nga mwolesa ekitendo Kyange ekya Hidayah [Okulungamya eri obulongoofu]. Nolw'ekyo, mmwe abasing obulungi mu Umam zonna. Abantu bona bajja kusigala nga baganyulwa okuva ku mmwe. Njakuyitira mu mmwe okubawa Iman, Quran ne 'Irfan. Njakubalaga ekkubo erigend amu Jannah nga nkозesa ekitangaala kya Iman yammwe. Oyo yenna ayaglaa okunsisinkana alina okubegattako.' (*Tafseer-e-Na'eemi, vol. 4, pp. 89-95*)

Sunnatayn 'aam karayn Deen ka ham kaam karayn

Nayk ho jayain Musalman Madinay walay

*Tusasanye Sunnah era tubulirire n'obusiraamu
Tufuuke abalongoofu, Ya Rasool Omwaagalwa*
صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ
صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abasiraamu abasinga obungi tebakolera ku busiraamu

